

OKUKUZA ABAANA NABWO BUWEREZA MU BITUNDU  
**OKUKANGAVVULA OKW'OMU  
BAIBULI**  
EKITABO EKY'OKUJJUZAMU

**OMUZINGO 4**

“Kale mugende, mufuule abantu b'amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe. Era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo” (Matayo 28:19-20).

Okukangavvula Okw'omu Baibuli Muzingo 4 Ogw'Okukuza Abaana Nabwo Buwereza  
Mu Bitundu.

**Emitwe emilala mubuwereza bwokuza abaana**

*Enkuza y'Abaana Ekyusa (Omuzingo 1)*  
*Empuliziganya ey'Okwagala (Omuzingo 2)*  
*Tendeka Abaana Bo (Omuzingo 3)*  
*Ekitabo ky'Omukulembeze*

**Obutabo Obulala Obwa FDM.world**

Omukristayo kumusingi ogwamazima: Omusingi ogwa namaddala ogwokuyigiriza aka Craig  
caster.

Obufumbo nabwo buwereza aka Craig caster

Okutegeera abavubuka aka Craig caster.

Obutabo bwona obwa FDM world bukirizibwa okusomebwa omuntu kinomu, oba abangi  
ngekikozesebwa mukuyigirizibwa era nokuwabula.

**Kino Kikulu:** Amabanga age'mpapuula okuva mukatabo ke emirimu akasooka gagidwamu.  
Enamba ezempapuula ezimu zandiba zibukidwamu ku lwe nsonga eno.

# **Okukangavvula Okw'omu Baibuli**

Okukuza Abaana Nabwo Buwereza Mu Bitundu Omuzingo 4  
*Amaka ag'Obuwangwa, Agagattibwa, n'Agakuzibwa Omuzadde Omu*

Craig Caster

Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe: era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo. (Matayo 28:19-20).

# OBUWEREZA MUKUYIGIRIZIBWA KW'AMAKKA

Esimu: (619) 590-1901

Emayilo: info@FDM.world

Website: www.FDM.World, www.discipleshipworkbooks.com

Empisa mu byawandikibwa mu Okukuza Abaana Nabwo Buwereza Mu Bitundu Omuzingo 4, aka Craig caster.

ISBN 978-1-7331045-9-3

Okukubisa ne nkola eya kali magezi obwananyini ©2020 bwa Craig caster. Obwananyini bwona busigalizidwa. 09012020 kadidwamu.

Okugyako mungeri endala ewandikidwa, byonna ebyawandikibwa bigidwa okuva mu nkola empya eya king James version. Obwananyini 1982 bya Thoma Nelson. Bikozesedwa awali olukuusa. Obwananyini bwona busigalizidwa.

Ebyawandikibwa ebilabidwa na kabonera NASB bigidwa mu New American standard Bible obwananyini 1960,1962,1963,1968,1971,1972,1973,1975,1977,19995 bya musinji gwa Lock man. Bikozesedwa awali olukuusa.

Ebyawandikibwa ebilambidwa ne NIV bigidwa okuva mu Baibuli entukuvu, New international Version. NIV obwananyini 1973,1978,1984,2011 bya Biblica. Bikozesedwa awali olukosa. Obwananyini bwona busigalizidwa ensi yonna.

Awatali kukoma kulukusa lwa bwa nanyini obusigalizidwa wagulu, tewali kitundu kukufulumya kuno - newankubade mu bukubisiswa oba munkola eya e-book, oba ekintu kyona ekikubisidwa ekyawukana - kyandi nadamu Okufulumizibwa, okuterekebwa munda oba nekyanjulibwa mu mutendeera ogwo'kukiza oba nekisindikibwa, mu ngeri yona oba mungeri zonna (mubyamasanyalaze, ebyuma, okwokesamu, okukwata a maloboozi oba nengeri endaala) awatali lukuusa luwandiike.

# Ebirimu

Entandikwa.....	6
Enyanjula.....	8
Essomo 1: Enyanjula ey'Okukangavvula.....	11
Essomo 2: Embala ey'Ekikulu.....	20
Essomo 3: Lwaki Okukangavvula?.....	32
Essomo 4: Ebikozesebwa Bina eby'Okutendeka.....	39
Essomo 5: Okutendeka Awatali Kwekiriranya.....	47
Essomo 6: Sigala Ku Mulamwa.....	55
Essomo 7: Okutendekesha Kw'abaana Abato.....	61
Essomo 8: Ennono z'okukuba.....	73
Essomo 9: Okugerageranya Okuwa Empeera N'okuterezebwa.....	78
Essomo 10: Okutendekesha Okuyitira Mu Myaka gy'Obutiini.....	85
Essomo 11: Okutandika Obugya.....	96
Essomo 12: Okwatuula N'okusonyiwa.....	102
Essomo 13: Okugaba Okusonyiwa.....	107
Essomo 14: Olukiiko lw'Amaka.....	113
Ebyongerezeddwako Eby'okukozesa.....	118
Ekyongerezeddwako F: Okwekebeera Mu Bulungi Bw'okuwuliriza.....	119
Ekyongerezeddwako G: Okulongoosa Empuliziganya Yo ey'Okwagala.....	125
Ekyongerezeddwako M: Okukangavvula Enneyisa.....	127
Ekyongerezeddwako N: Amateeka n'Ebivaamu.....	131
Amateeka N'ebivaamu:.....	135
Olukalala Lwe Bivaamu Ebitereza.....	135
Olukalala Olwokujjuzamu Lwe Bivaamu Ebitereza.....	136
Ekyongerezeddwako O: Okukubiriza Enneyisa Ennungi Okuyitira Mu Kugaba Empeera.....	137
Ekyongerezeddwako P: Olukalala lw'emirimu gy'awaka.....	138
Olukalala Lw'emirimu Gy'amaka Gaffe.....	140
Ekyongerezeddwako Q: Ebibuzo Eri abatiini.....	142
Ekyongerezeddwako R: Ebibuuzo eri abavubuuka.....	143
Ekyongerezeddwako S: Okwekebeera kw'abazadde.....	144
Ekyongerezeddwako T: Enkuluze.....	146
Ebisembayo.....	152
Ebikwata Kumuwandisi.....	153

## Entandikwa

Abazadde abasinga obungi bandikkiriziganyizza ku bintu bibiri: okukuza abaana kiyinza okuba *eky'ekitalo era ekizibu*. Waliwo enkyukakyuka eziteekwa okukolebwa ku buli njawulo y'omwana, era okukuuma abaana nga basanyufu kiyinza okuba ekizibu. Naye ekisinga okusomooza kwe kukuliiza abaana mu mpiisa. Abafumbo balina okukola nga ttiimu, abazadde abali obwannamunigina bakolera awatali buyambi era buli muzadde alina okusoomoozebwa okukuuma n'okutendeka buli mwana okuva lwe yazaalibwa okutuuka lw'akula. *Ddi, wa, ngeri ki, bungi ki, emirundi emeka*, okumala ebanga ki era nga *ddala kino kikola*, bye bimu ku bibuuzo ebijjude ebiroowoza by'omuzadde bw'atunuulira omwana ow'omuwendo era omujeemu. Ekituufu kiri nti, abazadde abasinga obungi ennaku zino tebamanyi wa gye bayinza kudda, bakkiriza nti bazadde baabwe baakola omulimu omulungi, era bawulira nga tebalina bisaanyizo.

Naye waliwo obuyambi eri abo abanaawuliriza. Katonda, omutonzi w'ebintu byonna, tatulese nga tetulina ndagiriro. Ye mutonzi w'ekitongole kye tuyita amaka era atuwadde ebiragiro ebitegeerekeka mu Kigambo kye ku ngeri y'okutuuka ku buwanguzi. Kino tulina okukitwala nga kikulu kubanga tulina omulabe. Bayibuli egamba nti Setaani atulwanyisa era yandyagadde okusaanyaawo amaanyi g'amaka, era nga kino kye kikolwa eky'okulumba ekkansa, abantu, n'obujulirwa bwaffe obw'Ekikristaayo eri ensi eyabula. Naye Katonda, ng'amanyi byonna bye twetaaga, atuwa Ekigambo kye n'Omwoyo Omutukuvu, ekimala okuwangula olutalo lwonna.

Eky'ennaku, Abakristaayo abasinga obungi tebamanyi nti Bayibuli ya mugaso mu kukuza abaana, n'olwekyo badda mu bintu ebyayita oba endoowoza z'ensi okufuna obuyambi. Naye kino kye kiseera okuwuliriza n'okunoonya amagezi ga Katonda n'endagiriro okunyweza amaka gaffe. Bwe tuba nga tetuli beetegefu kugondera Mutonzi waffe, kiki kye tusubira mu biseera eby'omu maaso? Bwe tukola ebintu ebitali bya Katonda, ebivaamu biba bya bujemu n'okuzikiriza. Kiyinza okujja mpolampola, n'olwekyo ne tutakiraba, naye enkomerero buba bulumi.

Enteekateeka y'Okukuza Abaana Buwereza ejja kukuyamba okuyiga enteekateeka ya Katonda ey'okukuza abaana. K'obe ng'okola ng'amaka ag'obuwangwa, amaka ag'omagatte, amaka ag'omuzadde omu, oba bajjajja abakuza abazzukulu, emisingi gya Katonda egy'okukuza abaana gikola bulungi era gyankomerede. Ffenna tuli baana ba Katonda, ng'amwotwalidde abazadde awamu n'abaana, era tayinza kutuleka nga tetulina busobozi bwa bulamu bwa ssanyu, bw'obuwanguzi obujjudde essanyu.

Katonda akuwe omukisa okuyitira mu nnono ze ez'ekitalo, ezikyusa obulamu bwo n'okuwa amaka go omukisa nga bw'omukkiriza okukufuula omuzadde gw'ayagala.

Musabire wamu essaala eno.

*Mukama waffe Yesu, tusaba obuyambi bwo n'amagezi okubeera abazadde abakussaamu ekitiibwa n'okukugulumiza. Tukasaba otuwe okukkiriza okukwesiga n'ekisa okukyusa ebintu ebyo bye tukola obubi. Tuyambe okutandika okukola by'oyagala mu ngeri gye twagala n'okutendekamu abaana baffe. Amiiina*

# Enyanjula

Akatabo kano kakoledwa okkulunḡḡamya mukuyigirizibwa, ekitegeeza okutambulira mu nnono za katonda. Bwe tukozeza ebigambo nga okutambula, tusuubira nti okitegeera nti okubeera wansi w'ennono zino kikulu nnyo ng'okuyiga okutambula.

Bino by'ebiruubirirwa by'ekitabo kyaffe eky'okujjuzamu:

1. Okukulaga nti Katonda atuwa ennono z'okukuza abaana.
2. Okutegeka obeere nebikozesebwa n'okuteeka mu nkola ennono zino, era
3. Okulunḡḡamya amaka go mu kusonyiwa, okuwonya, n'okuba obumu okuyitira mu buwulize eri Katonda.

Obuwereza mukuyigirizibwa kw'amakka obwa Famire discipleship ministries buliwo okuyamba mu kusomesa omubiri gwa Kristo mu bintu ebikulu, okulemererwa okuyigiriza abalala kikwatagana buterevu nokulemererwa mu bufumbo ensangi zino. Era tumanya tutya kino? Olwebyo byetulabye, byetuyiseemu, n'ebyo bye tuzudde mu miwendo egikakasiddwa leero.

## Omutendera

Essomo lyawuddwamu emirundi ettaano. Tutandika n'omuzingo ogusooka netweyongerayo nemizingo emilala nga bwegiddiringana. Gwe okubuuka emizingo egimu notagisoma kubanga tojagadde kiba kikemo gyoli era tekiba kirungi kubanga buli ssomo lilina kyelikuyigiriza era lizimbidwa ku linalyo. Okugeza wandiyagadde okumanya ebyetaago byomwami oba omukyala byeyegomba, naye waliwo ennono zebyawandikibwa eziyamba omuntu okuyiga nga tonaba kumanya nyo mwagalwawo byayagala mu nkola ey'obwakatonda.

Fuba okumaliriza omusomo gumu buli lunaku okumala ennaku ttaano. Okusobola okuyiga obulungi buli lunaku kikulu nnyo mu by'omwoyo.

Ennono zino zigezeseddwa era nezikakasibwa bulungi. Nzikozesezza mu bufumbo bwange era nyambye bangi nga nzisomesa emirundi mingi nga mpabula abafumbo n'okusomesa mu bibiina. Tegeera kino nti kano si katabo "*ak'ebintu bitaano ebyangu okukola mu bufumbo.*" Okubeera omuyigirizwa wa Baibuli mulimu muzibu era kyetaagisa okwewaayo eri Katonda by'ayagala nga bw'okyusa ezimu ku ndowooza zo n'enneeyisa yo. Ekyo kijja kwetaagisa okwewaayo, okwefiiriza, n'obwetoowaze.



## Okutandika buli lunaku:

- Tunuulira buli kusoma kwa buli lunaku ng'ekiseera ky'omala ne Katonda wo, era Musuubire okwogera naawe okuyitira mu Kigambo Kye.
- Olunaku lutandiike ne saala, osabe mukama akulage wa wolina okukyusamu era akuwe n'amaanyi okuteeka mu nkola by'oyize.
- Fumiitiriza. Toyanguyiriza kuyita mu bintu ogambe nti omalirizza. Katonda muwe obudde okwogera naawe, era fumiitiriza ku ebyo bye muyiga.

## Ebintu by'Olina Okumanya:

- Okusoma kuno kintu kipya mu byokola era kijja kwetaagisa okiwa obudde. Eby'okuyiga birina okukolebwa buli lunaku. Bw'osubwa olunaku, tobuuka mpapula, wabula fuba okumaliriza byonna by'osoma mu ntegeka y'abyo.
- Ebiseera ebimu tutandika pulojekiti ne tutamaliriza. Lowooza ku bukulu bw'obuvunaanyizibwa bwo obw'okukuza abaana era osaleewo okumaliriza okusoma kuno n'obwesigwa. Sabira entegekazo n'ebintu ebirala by'olina okukola. Saba omuntu okusaba nawe bwe kiba kyetaagisa.
- Bw'oba mufumbo, jjukira nti omwagalwawo wa mugaso nnyo mu kufuba kuno. Muyige wamu oba mu ngeri ey'enjawulo, buli kiseera mukubaganye ebirowoozo naye ku ebyo bye muyize bwe bikwata ku nsonga z'obufumbo n'okuza abaana n'enkyukakyuka zonna eziba zeetaagisa.
- Eby'okuyiga biyinza okwawukana ku bungi bw'ebiweereddwa. Oluvannyuma lw'okumaliriza buli ssomo, tunula mu ky'okuyiga ekiddako osobole okuteekateeka obudde bwo ne Katonda, ofunemu ekisinga obulungi.
- Ekifo kiweebwa okuddamu ebibuuzo n'okuwandika ebirowoozo byo n'okusaba. Bw'oba ofunye ekitaboo kino ekyokujjuzaamu okuva kuyintaneti n'okiprintinga, tukuwa amagezi okukinyeza n'obuuma busaatu obwa binding n'oteekamu empapula endala zonawandikamu obuwandika bwo.

## OKUSIMA EBUZIBA

Ekitundu kino kiwa akakisa okusoma Ebyawandiikibwa n'okubikwataganya n'ensonga eyogerwako. Ojja kweyongera okumanya Baibuli, ennono za Baibuli ezikwata ku bufumbo, n'ekyo Katonda ky'akusuubiramu ng'oli mufumbo.

### Okwekebera

Bw'oba osoma ennono za Baibuli, ekitundu kino kikuwa obudde okwekebera, okuzuula ebifo ebyetaagisa okulongoosaamu. Ekifo kiweebwa okuwandikaamu

### FAYIRO Y'AMAZIMA

Obubokisi nga buno, buwa ennyinnyonyola y'ebigambo oba ebigambo ebiva mu Baibuli. Tufaayo nnyo okukozesa enkuluze za Bayibuli ezimanyikiddwa ennyo, ez'eddiini, ennungi n'eby'okuddamu okusobola okutegeera obulungi ebyogerwako bwe kiba kisoboka. Bingi ku binnyonyola bino biri mu Ekyongerezeddwako R: *Enkuluze*.

olukalala lw'ebyo byoyize, okwatula kwo, n'okusaba amaanyi n'amagezi okukola enkyukakyuka ezo. Ekimu ku bintu ebinyinza okubaawo ng'omuyigirizwa kwe kuwa embalira ey'obwassekinonu. Katonda bw'akuraga nti wasobya omwagalwawo oba abaana bo, kkiriza ekibi kyo obasabe okusonyiyibwa. Kino kikole buli kiseera ne bwe kiba nga tekimanyikiddwa.

## **Enteekateeka y'Okukola**

Oluvannyuma lw'okusoma ennono za Baibuli, ekitundu kino kikusoomooza okubaako ky'okolawo n'okussa mu nkola by'oyize mu bufumbo bwammwe. Okusobola okubeera abayigirizwa ab'amazima tuteekwa okutegeera nti Katonda takoma ku kwagala nti ffe tweyongere mu kumanya, naye era atulagira okutambulira mwebyo bye tumaanyi.

## **Ebikozesebwa Ebyongerezedwaako**

Nkusaba okozese ebintu ebikozesebwa ebiri ku nkomerero y'ekitabo. Biriwo kulwo'kukula kwo, era tubyoogerako mu bitabo byonna eby'okujjuzamu. Nga tonnatandika lugendo luno olulungi, jjuza *Ekyongerezedwako A: Ebbaluwa ey'Okwewaya* (omuzingo 1).

## **Okulungamizibwa kw'Omukulembeze**

Akatabo k'*okulungamizibwa* kw'omukulembeze kasangibwa ku FDM.world wansi wa *Free Ministry Downloads* nga kitegeza nti *osobola okawanula okuva ku intaneeti kubwereere*. Ebintu byonna ku mukutu gwaffe ogwa Intaneeti biteeka essira ku kuyigirizibwa era biweebwa ku bwereere.

## Essomo 1: Enyanjula ey'Okukangavvula

Abazadde batera okussa essira ku kukangavvula okusinga okuyigiriza, naye weetegereze nti twasooka kusoma ku buyigirizwa mu muzingo 3, *Tendeka Abaana Bo*. Okubeera abagirizwa gwe musingi gw'okubeera mu bulamu obw'Ekikristaayo, era buli kimu kizimbibwa ku bulamu obwo. Yesu yagamba abagoberezi be nti: "Kale mugende mufuule amawanga gonna abayigirizwa." (Matayo 28:19. Ekiragiro kino kikwata ku buweereza mu maka gaffe.

Ng'abazadde, buvunaanyizibwa bwaffe okufuula abaana baffe abayigirizwa. Kino okusobola okukikola, tulina okuba abayigirizwa ba Kristo, okuyitira mu kwesomesa Baibuli n'okuba abawulize. Ekivaamu kwe kuba n'enkolagana ennungi ne Kristo, etusobozesa okulabirira obulungi amaka gaffe. Obuyigirizwa buno kikulu nnyo: Yesu eri omuzadde, n'omuzadde eri omwana. Enkolagana yaffe ne Kristo bw'egenda nga etukyusa, tuleeta ekitiibwa eri elinnya lye.

Mu kitabo kino, tujja kuzuula okukangavvula okuva mu Baibuli kye kuli ne kye kitali. Mu butamanya, ebintu bingi abazadde bye bakola tebivaamu kalungi konna era tebijja kutuusa baana baabwe mu ku kula. Naye Katonda atuwadde byonna bye twetaaga okusobola okutuuka ku buwanguzi. Alina enteekateeka gye tulina okugoberera.

### Ekiwojolo

Ka tutandike n'endowooza eyeewuunyisa ku kukangavvula. Omulenzi ow'emyaka omwenda yali ava ku ssomero olunaku lumu n'asanga ekiisu nga kireebeta okuva ku ttabi. Yali alabye akatambi ku ngeri ekiwojjolo gye kivva mu kiisu kyakyp, n'amanya ettabi n'alireeta awaka n'aliteeka mu jaaga erina ekisandikira ekirimu ebituli. Buli lunaku yakomangawo awaka okuva ku ssomero n'atunuulira ekiisu ng'asuubira nti ajja kusobola okulaba ekyamagero kino nga kikolebwa.

Lumu waaliwo olwaatika lutono mu kiisu, era akawojjolo kaali kagezaako okufuluma. N'olwekyo yatuula okumala essaawa eziwerako ng'atunula, kyokka omulenzi ow'emyaka omwenda obwongo bumala ebiseera bitono eby'okwetegereza. N'ekisembayo, yali takyasobola kugumiikiriza. Yabikula jaaga n'aggyayo ekiisu n'atandika okukiyuza ne makansi. Bweyamala okugula ekiisu, n'asikayo ekiwojjolo naye kyali kirabika ngerigeri. Omubiri gwali munene nnyo, era ebiwaawaatiro byali biwootofu. Kyali kizito nnyo ne kiba nti kyali tekisobola na kusitula buzito bwakyo.

Yagenda mu maaso n'okutunula ng'alowooza nti ajja kulaba ekintu kino ekirabika obulala nga kifuka ekiwojjolo ekirungi. Yatuuka n'okukikwata n'agezaako okuyamba naye nga tewali kyekikola. Oluvannyuma Ky'afira mu maaso ge.

Ekiwojjolo ky'affa kubanga enkola ya Katonda etuukiridde—okulwana, okukaluubirizibwa n'obuzibu bw'okufuluma okuva mu kiisu—ewaliriza amazzi okuva mu mubiri ne gayingira mu biwaawaatiro. Oluvannyuma bw'ekifuluma ebweru, empewo ekwata ku biwaawaatiro byayo

n'ebikaaza okusobola okubuuka. Bwe yaggyawo okulafubana Katonda kwe yali akoze, omulenzi oyo yatta enkiwojjolo.

**OKUSIMA EBUZIBA**

Nyonyola kiki enyiriri zino kyezitegeza.

Okukakangavvulwa kwonna mu biro ebya kaakano tekufaanana nga kwa ssanyu wabula kwa nnaku, naye oluvannyuma kubala ebibala eby'emirembe eri abo abayigirizibwa mu kwo, bye bibala eby'obutuukirivu. (Abebulanyi 12:11)

---

---

---

Olw'okulemererwa okukangavvula abaana nga Katonda bwe yakola era n'abalagira, abazadde mu butuufu babeera balesa abaana okukula mu by'omwoyo. Tewali ayagala kukangavvula era abasinga tulwana n'obuyinza. Kya butonde bwaffe obw'obuntu. Emirundi mingi abaana bajja kwanukula eri okukangavvula n'obuyinza mu ngeri ey'okutabulwa n'okugaana. Kya bulijjo abazadde (naddala bamaama) okwagala okumalawo olutalo luno. Naye bwe bakola bwe batyo, okufaanako n'ekiwojjolo, abazadde basobola okuyamba omwana okuzikirizibwa.

Bwe tutassa mu nkola kukangavvula kusaanira, teba tetuyigiriza mbaala Katonda z'ayagala mu baana baffe. Olw'okuba nti abaana tebesanga bw'essanzi nga bakuze, bateekwa okutendekebwa okusinziira ku Kigambo kya Katonda n'enteekateeka ye. Kino bwe kinaaba nga tekikolebwa, bangi bajja kubonaabona. Obutatendekebwa kiyinza okuleetawo ebizibu bingi mu bulamu. Ekyewuunyisa, amakomera tegajjula bantu "ababi" bokka, wabula n'abantu bangi aba bulijjo abatafuna kutendekebwa kutuufu okusobola okukulaakulanya embaala ez'ekikulu.

**OKUSIMA EBUZIBA.**

Menya emitendera ne ebivamu mu kugujjula okulungi n'okubi. Obuvunanyizibwa bwo muzade kyeki?

Omuggo n'okunenya bireeta amagezi: Naye omwana alekebwa awo, aswaza nnyina. (Engero 29:15)

---

---

---

Atabonereza mwana we, aba amukyaye; Naye oyo amwagala amukangavvula ebiro nga bikyali. (Engero 13:24)

---

---

---

Kangavvulanga omwana wo, nga wakyaliwo essuubi; So tomuleka kuzikirira.  
(Engero 19:18)

---



---



---

Okutendeka abaana baffe kye kintu Katonda kye yatuyita okukola (Engero 22:6; Abaefeso 6:4). Ebiseera ebisinga tekisanyusa era ebiseera ebisinga kiba kizibu. Ng'ebiwajjolo bwe birina okulwana okuva mu biisu byabyo, n'abaana baffe tebanyumirwa kukangavvulwa mu nteekateeka ya Katonda entuufu ey'okukula obulungi (Olwebbulaniya 12:11). Naye tulina okukakasa nti kino kikolebwa.

Kabaka ow'amagezi Sulemaani, olw'okuba yali amanyi engeri gye twali tunyoomamu okukangavvula, yakubiriza mutabani we okulowooza ku nsonga lwaki bataata abalungi batereeza abaana baabwe.

<sup>11</sup>Mwana wange, tonyoomanga kubuulirira kwa Mukama,  
So n'okunenya kwe kulemenga okukukooya.

<sup>12</sup>Kubanga Mukama gw'ayagala amukangavvula,  
Era ng'omuzadde bw'akangavvula omwana we gw'ayagala. (Proverbs 3:11-12)

Bwe tuba tetulina kiruubirirwa kya kukangavvula n'okutendeka omwana okutuuka ku bukulu, olwo tekijja kubaawo.

Wansi wa graph, tulina emyaka gy'abaana baffe, okuva lwe bazaalibwa okutuuka lwe bakula. Ku ludda olwa kkono kwe kusalawo kw'abaana okugerageranyizibwa kw'ebyo abazadde baabwe bye babasalirawo. Mu kusooka, okusalawo kwonna kukolebwa bazadde, era ekyo kiba kya magezi. Abaana baffe bwe bakomawo okuva mu ddwaaliro, kirabika tebannaba kwesalirawo. Naye waliwo ku graph, emisitale egyo ziyitingaana era ne kigenda mu maaso okutuusa ng'abaana baffe batuuse okwesalirawo.

Abaana bo bwe beeyongera okukula, ekigendererwa kwe kusalawo mu ngeri ennungi, ey'obuvunaanyizibwa, ey'amagezi awatali kulabirirwa. Kino kiyinza okulabika ng'amagezi aga bulijjo, naye awatali nteekateeka, enkola ey'okutendeka n'okuyigiriza omuntu embeera z'ekikulu, kino tekijja kubaawo. Olina okuba n'enteekateeka.

Abavubuka bangi tebamanyi kwesalirawo mu ngeri ey'amagezi. Abaana baffe tulina okubatwala mu kukula nga tubakangavvula mu ngeri entufu. Amaka ky'ekifo eky'okutendekabwa ekisooka abaana baaffe we bakulira. Oba wakiri bwe kirina okuba. Tetulina kukkiriza baana baffe kubumbibwa abantu b'ebweru okukkiriza ebirowoozo n'ebikolwa ebitali wansi w'obulagirizi n'obuyinza bwaffe.

## Okutendeka n'Okufuga = Okukula n'Obutakula

Katonda yatulagira okutendeka abaana baffe, so si kubafuga. Enjawulo eriwo wakati w'abino okusingira ddala y'endowooza y'engeri gye tutwalamu omulimu gwaffe ng'abazadde.

Abazadde abafuga be bannakyemalira so si batendesi. Obubonero bw'akino kwe kulemererwa okukkiriza okulemererwa. Okusinziira ku ndowooza y'omufuzi, okulemererwa mu mwana kibi, kikyamu era kilwanyisa butereevu obuyinza bw'abazadde. Bakubirizibwa kwefaako

### **FAYIRO Y'AMAZIMA**

*Okufuga—Okukozesa obuyinza ku balala, okussa wansi oba okufuga, okuziyiza; amaanyi agaziyiza.*

bokka, so si Katonda by'ayagala. Ensobi z'abaana baabwe bazitwala ng'ezomugenderevu, nga kiri nga abaana baabwe abagezaako okubalumya mu bugenderevu. Abazadde ab'ekika kino batera okufaayo ku ki abalala kye balowoozamu so si ku kituufu.

Munno mu bufumbo yali akugambye nti olina efugabbi? Bali bakugambyeko nti olina amateeka oba olina ebintu by'osuubira mu baana bo ebitali bituufu? Ebiseera ebisinga enneeyisa eno evva ku ngeri gye wakuzibwamu, oboolyawo nga towulira nga eyatuukirizza bazadde be bye basuubira.

### **Okwekebeera 1.**

Olina ebizibu eby'effuga bbi? Saba era weekenneenye engeri gy'oyanakulamu eri okulemererwa mu baana bo. Lowooza ku ebyo ebyogeddwako waggulu. Nnyonnyola Katonda by'ateeka ku mutima gwo.

---

---

---

---

---

---

---

---

Bw'oba oli mukambwe oba ng'olina efugabbi, saba Katonda akulage ensonga lwaki olaba ensobi z'abaana bo mu ngeri eno n'ensonga lwaki oyanukula bw'oty. Oboolyawo tonasonyiwa bazadde bo. Oboolyawo oyinza okuba ng'okiriza ebintu byo eby'omu butonde n'okwerowoozaako okufuga enkuza y'abaana mu kifo ky'okubikola mu ngeri y'obwa Katonda. Kikulu nnyo okukola ku nsonga eno.

### **Eneyiisa y'Ekito.**

Abazadde, omulimu gwaffe kwe kutendeka ng'ekitundu ky'obuwereza bwaffe. Kino okusobola okukikola obulungi, tulina okutegeera enneeyisa y'ekito mu baana. Omwana ayinza okuba omusirusiru, omujeemu oba awakanya. Okulemererwa kw'omwa, n'obujeemu mu bugenderevu, si kye kimu n'okuwakanya obuyinza bwo. Bw'oba okikkiriza nti ky'ekimu, ojja kuddamu abaana bo mu ngeri enkyamu, ebiseera ebisinga mu busungu.

Kikulu nnyo okutegeera enjawulo eriwo wakati w'obujeemu n'obusirusiru, era n'obusobozi bwo obw'okukyusa mu ngeri gy'oyanukulamu. Ate singa okukangavvula kwonna tekusooka kukwatibwa na kwagala, okwogera obubi kuyinza okuleetera omwana wo okuwulira nga tayagalwa.

### **FAYIRO Y'AMAZIMA**

*Okugyeema*—Omwana  
bw'ajeemera okukangavvula  
okugoberera ekikolwa kyabwe  
eky'obusirusiru eky'obuto.

Twasoma ennono za Baibuli ezikwata ku mpuliziganya ey'okwagala (omuzingo 2) ogusangibwa mu 1 Abakkolinso 13. Era ffenna tetulemeredwa mu ngeri emu oba endala okugoberera biragiro bya Katonda? Kino tekitegeeza nti twajeemera Katonda ne tugamba nti, "Sifaayo ku ebyo Bayibuli by'eyogera. Nja kukikola mu ngeri yange!" Wabula olw'okuba tetulina bukulu mu by'omwoyo n'embaala etusobozesa okukikola. Kyokka, nteebereza nti olabye enkyukakyuka, era tusuubira nti okitegeera nti oyita mu kutendekebwa kwa Katonda.

Mu ngeri y'emu, okulemererwa tekitegeeza kujeema. Ne bwe kiba nti abaana bo babadde bategeezebwa enfunda n'enfunda kyebatalina kukola, ensobi zaabwe zitera kuva ku butakula oba obusirusiru. Katonda annyonyola bulungi nti abaana basirusiru era nti abazadde balina okubatendeka mu magezi ga Katonda.

"Obusirusiru busibibwa mu mutima gw'omwana omuto; Naye omuggo ogukangavvula gulibugobera wala okuva gy'ali." (Engero 22:15)

Ekgambo obusirusiru kitegeeza "okuwebuuka mu kutegeera, obutaba na magezi, obutaba na bwongo, obutalwoowa ku bintu by'okola, obutategera kya kusalawo." Ekyo oluusi tekinyonyola bulungi abaana baffe? Tebalina mbaala era tebanakula. Kati olwo lwaki tunyiiga nnyo bwe beeyisa mu ngeri ey'obusirusiru? Ekgambo kya Katonda kigamba nti bazaalibwa nga bali bwe batyo.

Ekitundu ekisigadde mu 22:15 zikubiriza abazadde nti: "Naye omuggo ogukangavvula gulibugobera (obusirusiru) wala okuva gy'ali." Wano okukangavvula kutwalibwa ng'ekintu ekirungi, kubanga kujja kugoba obusirusiru mu mwana. Omuggo gukiikirira obuyinza bw'abazadde n'okukangavvula. Tubatendeka nga tukozeza okukangavvula okwa Baibuli, so si kufuga. Weetegereze omuwandiisi w'ebitabo Omukristaayo H. A. Ironside ky'agamba:

Okuleka omwana ku lulwe kitegeeza okukakasa nti abula, kubanga obusirusiru busibiddwa mu mutima gwe. Okukangavvula, okuweebwa obulungi kijja kutereza omuze gw'omubutonde ogw'okuwaba. Kya lwatu, omuggo tekikoma ku muggo gwetumanyi. Ebiseera ebimu tekyetaagisa kubonereza mubiri, era oluusi kiyinza obutaba kya magezi. Naye obukulu bw'okukangavvula okunywevu ky'ekintu ekyawandiikibwa kye kitegeeza. Omuggo, mu Byawandiikibwa byonna, gwogera ku buyinza n'amaanyi; mu mbeera eno abazadde bwe balina okukugira omwana ng'era ekyo omwana ky'abanja omuzadde. Obutabeera na bino kye kyaviirako Abusaalomu ne Adoniya okukola ebintu ebibi. (2 samwiri 14:1,1Basekabaka 1:6).

## Okwekebeera 2

Engero ziwa ekifaananyi ky'omwana obutakula bulungi n'obwetaavu bw'okutendekebwa. Ku buli ngeri eri mu lukalala lw'obutakula (obusirusiru), wandiika erinnya ly'omwana wo gwekikwatako.

Babulwa okusalawo (10:21). \_\_\_\_\_

Banyumirwa obusirusiru (12:23). \_\_\_\_\_

Batwaririzibwa mangu okukiriza ekintu (14:15) \_\_\_\_\_.

Bewala abagezi (15:12) \_\_\_\_\_

Bagenda mu makubo gabwe (15:21) \_\_\_\_\_

Bakubwa mangu bwebaziribwa mu busirusiru (17:12). \_\_\_\_\_

Bakosebwa nebigambo byabwe (18:6-7) \_\_\_\_\_.

Balina amalala ne tebalina njogera (21:24) \_\_\_\_\_.

Batambulira mu kubo ely'emitawana (22:5) \_\_\_\_\_.

Bavva mu buntu bwe bakwatibwa mu nsobi (22:10). \_\_\_\_\_

Bessula mu katyabaga olw'ebigambo byabwe (22:13) \_\_\_\_\_.

B'amalala era betwalira wagulu (22:14) \_\_\_\_\_.

Batambulira mu kkubo erizibu \_\_\_\_\_.

Baleetawo obutakkaanya n'okuyomba \_\_\_\_\_.

Balina omuze gw'obugayaavu \_\_\_\_\_.

Balina okwaka (22:14) \_\_\_\_\_.

Balina omululu (22:16) \_\_\_\_\_

Banyoma akuburirirwa okulungi (23:9) \_\_\_\_\_.

Oluusi balina okulung'amizibwa okuyitira mu bizibu n'ebisomooza (26:3) \_\_\_\_\_.

Bafuula amazima okuba agatalina mugaso (26:7) \_\_\_\_\_.

Badiringana obusirusiru bwabwe (26:11) \_\_\_\_\_.

Balemeera mu basirusiru (27:22). \_\_\_\_\_.

Beesiga bo bennyini. (28:26) \_\_\_\_\_.

Baleeta obusungu (29:8) \_\_\_\_\_.

Bajjayo obusungu bwabwe (29:11) \_\_\_\_\_



## Okutendeka Kyeki.

Ekigendererwa ky'omutendesi omulungi kwekutukiriza okwagala kwa Katonda, si kuyayana kwo oba by'osubiira. Yesu yakola okwagala kwa taata we (Yokaana 5:20, 30; 6:38) bweyatendeka abayigirizwa be, era nafe tuli bakukola ky'ekimu. Ekigendererwa kya Yesu kwali kugulumiza kitaffe (Yokaana 12:28), nga nafe bwetulina okukola nga tutendeka abaana bafe.

### FAYIRO YAMAZIMA.

*Okutendeka*—Okuleetawo okukula nga bwe kyagalwa; Okukola oba okutekebwaterkebwa oba okuwebwa obukugu.

Bwe kiba nti kino kye kigendererwa kyaffe, olwo tujja kutuukiriza ebigendererwa bya Katonda mu kukuza abaana n'okwagala n'obugumiikiriza (naddala abaana ab'emputu).

Singa obade olina omuti ogwe myaka ebiri emanju wobeera nga gulina enyiigo eyenkana inkii satu mubukika nga gwewesemuko, kyandibade kya busiru okukwata omuti n'ogezaako ogukaka okuterezebwa omulundi gumu. Omuti gwandi menyese okuva ku kikolo wandigusanyizawo.

Omutendesi okufaananako omulimi (ekitegeeza "alabirira olusuuku"), akimanyi nti bw'asanga omuti nga gwewesee, waliwo engeri entuufu netali nungi ey'ogukitereezaamu. Enger entuufu yandibadde ey'okusindika omuti n'amaanyi ag'ekigeera naye mun ngeri ey'obutasirisa, nga oguzza gy'oyagala gudde. Omuti bwe gugendera ku maanyi g'ogutaddeko, amaanyi gayinza okw'ongerezebwa mpolampola okutuusa omuti lwe gutuuka mu kifo ky'oyagala- era nga tegukyewese.

Eyo y'engeri gye twetaaga okutegeeramu abaana baffe: bajja gye tuli nga bakyamyey. Naye tetwagala kubalaba nga bewese. Twagala baterere kati. Olw'okuba "bewese," oba nti b'eyisa nga emyaka gyabwe, twogera ebigambo nga, "Teweyisa bw'tyo!" ne tuweereza obubaka obukyamu.

Katonda atulagirira okuyita mu Baibuli okutegeera omulimu gwaffe n'endowooza yaffe ku kutendekebwa. Tusobola okukiraba nti abaana baffe balina okulemererwa n'obusirusiru, era ekyo kya bulijjo.

Mu muzingo 3, essomo 1, twayiga okuva mu Abeefeso 6:4: "Nammwe, bakitaabwe, temusunguwazanga baana bammwe, naye mubalerenga mu kukangavvulanga ne mu kubuuliriranga kwa Mukama waffe." "mubalerenga" kitegeza "okukuza." Kino kye kiruubirirwa kyaffe. Tusomesa abaana baffe empisa n'embaala nga tubatendeka. "Okutendeka" oba okukangavvula okutuufu y'engeri gye tutuukirizaamu ekigendererwa. Ekisembayo, "okubuulirira kwa Mukama waffe" kunnyonnyola nti kino tuteekwa okukikola nga Mukama bw'alagira— okusinzira ku Katonda bw'ayagala— so si nga bwe twagala.

## Okuyigiriza Empiisa (Embaala) Kifaananako Okutendeka Ebinya.

Kuba akafaananyi ng'oli mutendesi ate ng'abaana bo b'ebazanyi ba ttiimu yo. Ekigendererwa kwe kubatendeka okusitula akazito ak'ekilo 90 nga bagalamidde ku benki. Bwe bakerewa okutuuka n'ebayisaamu ddakiika kkumi ku lunaku olusooka, n'omala ekitundu ky'ekiseera kyo ng'obabulirira, kiki ky'obeera okozze okutendeka ebinywa byabwe? Kiba kitya singa okuboggolera n'olekana n'okutiisatiisa okubaggyako buli kye balina? Era tewali kibaawo ku

binywa byabwe. Okutuusa lwe batandika okugalamira ku benki ne basitula n'obuzito obutono, okutendekebwa tekunabaawo.

Okukangavvula kitegeeza kubatendeka era buli lwe balemererwa guba mukisa gwaffe okubatendeka. Ebyo bye basalawo n'ebikolwa byabwe eby'obusirusiru biwa emikisa egyo. Twetaaga okubeera n'endowooza ya Bayibuli ku nneeyisa y'abaana baffe ey'obusirusiru—okugitunuulira ng'omukisa gwaffe ogw'okukangavvula n'okubatendeka okukula mu by'omwoyo—obutanyiiga oba okuggwaamu amaanyi.

Bw'oteeka kilo 90 ku kifuba ky'omwana wo ow'emyaka ekkumi, oyinza okumulagira nti, "Situla, ye obadde ki? Yanguwa, olina okuba ng'osobola okukikola kino?" Awatali kubuusabuusa, tosobola kukola bwotyo. Oyo ow'emyaka 10 tasobola kusitula kilo 90 nga agalamidde ku benki. Mu ngeri y'emu, tulina okutwala ensobi zaabwe oba obusirusiru bwabwe ng'akabonero akalaga nti okutendekebwa kukyagenda mu maaso. Singa tunyiiga era ne tuvva mu mbeera, tuba tuwa obubaka nti tusuubira omwana okutuukiriza ekitasoboka. Era tutegeeza nti si ba muwendo gye tuli, tetubaagala oba waliwo ekikyamu kye balina. Olowooza ebigambo ng'ebyo biyinja kukosa bitya enkolagana yo n'omwana wo? Ate singa ebintu tebikolebwa bulungi ku myaka emuto, byeyongera kwonooneka.

Tukimanyi nti okutendekebwa kutandika n'obuzito obutonotono, mpolampola nga bweyongera omuntu bw'alaga obusobozi bw'okusitula obusingawo okutuusa lwe batuuka ku kiruubirirwa. Mu ngeri y'emu, embaala y'omwana yeyongera okula buli lw'omutereeza nga asobeza. Bwe tubogola, ne tweyisa mu ngeri elaga nti batuyiye, era ne tunyiiga, buba butamanya bwaffe n'embeera ye kibi. Okulemererwa kw'omwana bukakasa bukakasa nti tebanatuuka ku buobozi obusitula kilo 90 nga bagalamide ku benki. Tebannafuna mpisa na mbaala. Eyo y'enjawulo.

Katonda ayagala tubeere n'endowooza ye. Kikyusa endaba yaffe, enkola zaffe, n'endowooza yaffe ku kukangavvula. Kisobola okumalawo obusungu, obujeemu n'okulowooza nti okulemererwa kw'omwana tekukkirizibwa. Obusirusiru busibiddwa mu mitima gy'abaana baffe. Tendereza Mukama olw'okutubuulira amazima gano n'okutulaga nti omulimu gwaffe kwe kubateekamu embaala y'omuntu omukulu.

### **Okwekebera 3**

Kiki ky'obadde olowooza omwana wo bw'amenya amateeka oba ng'ajeemera ebiragiro?

---

---

---

Ndowooza ki katonda gy'ayagala obeera nayo omwana wo bwagyema?

---

---

---

Wandiika essaala ng'osaba Katonda akuyambe okukyusa endowooza yo.

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

## Essomo 2: Embala ey'Ekikulu

Abazadde bangi tebategera embeera z'omuntu akuze. Okusobola okuyamba abaana baffe okufuna embaala ey'ekikulu, tulina okusooka okunyonnyola okukula. Ekiruubirirwa kye ki?

### Okwekebera 1

Wandiika ky'okiriza okuba embaala y'omuntu omukulu akuze mu mbaala.

---

---

---

Bw'oba omufumbo, omwagalwawo naye awandiise okunyonyola kwe kumu? \_\_\_ Yee \_\_\_ Nedda

Omuntu omukulu eyali akuze, era ng'alina embaala etuukiridde, yali Yesu Kristo. Ye mutindo gw'obukulu bwe tulina okunoonya. Ekanisa eyitibwa okutendeka abatukuvu (Abaefeso 4:11–12) okuba n'ekigendererwa kino: "Okutuusa lwe tulituuka fenna mu bumu obw'okukkiriza, n'obw'okutegeera Omwana wa Katonda, lwe tulituuka okuba omuntu omukulu okutuuka mu kigera eky'obukulu obw'okutuukirira kwa Kristo:" (Olunyiriri 13).

Kino kye kiruubirirwa kyaffe, era Kristo bw'anaakomawo tujja kuba tutuukiridde era nga tutuse ku kigera eky'obukulu. "Tumanyi nti bw'alirabisibwa tulifaanana nga ye; kubanga tulimulaba nga bw'ali." (1 Yokaaana 3:2). Okutuusa mu kiseera ekyo, tweyongera okukula mu kifaananyi kye (Abaruumi 8:29).

### FAYIRO Y'AMAZIMA.

*Atuukiridde oba akuze mu birowoozo—Teleios (Oluyonaani). Ekilubirirwa oba ekigendererwa; okiwedde, ekyo ekituuse ku nkomerero yaakyo, ekiseera, ekkomo; n'olwekyo, eki-jjuvu, Awatali kuwebuuka kwonna.*

Ffenna tulina okuyita mu mutendeera gwe gumu, okuva mu buto okutuuka mu kigera eky'obukulu. Lukka 2:52 egamba nti: "Awo Yesu ne yeeyongerangako amagezi n'okukula, ne mu kisa eri Katonda n'eri abantu." Yesu yeeyongera okukula mu magezi (mu ndowooza) ne mu mubiri. Yeyongera mu kisa eri Katonda (nga kwe kukula mu by'omwoyo) n'eri abantu (okukula mu nkolagana n'abalala). Tulina obuyinza butono mu kukula kw'omubiri gw'abaana baffe. Naye tulina kinene kye tukola mu bintu ebirala bisatu: eby'obwongo, eby'omwoyo, n'eby'enkolagana n'abantu. Si kya butanwa nti embaala zino z'ogerwa ku Yesu; we biri ku lw'okuyigiriza kwaffe. Katonda ayagala abaana baffe bakule mu nsonga zino.

Twagala okwogera ku baana baffe nga Pawulo bwe yeyogerako nti, " Bwe nnali omuto, nnayogeranga ng'omuto, nategeeranga ng'omuto, nnalowoozanga ng'omuto: bwe nnakula, ne ndeka eby'obuto." (Abakkolinso 13:11). Mu bulamu bwe, yakiraba nti waaliwo enkulaakulana. Okuyitira mu kukangavvula n'okutendekebwa okw'obwa Katonda, tujja kulaba ng'abaana baffe baggyawo mpolampola ebintu by'ekito ne bakula ne bafuuka abakulu.

## Embala Y'ekikulu Kinyonyolwa.

Ebintu bino ebisatu ku mbaala zirina okukulaakulanyizibwa okusobola okukuba eliiso ly'aseddume ely'okukula. Bikolera wamu okusobola okuzaala embaala ey'ekikulu.

1. Enono n'empisa.
2. Obuvunanyizibwa bw'obwa ssekinnomu
3. Okwefuga



### Enono n'empisa.

Okusooka, tulina okuteeka enona ne empisa ebya bayibuli mubaana bafe okubawa omusinji ogwo kumanya ekituufu okuva kukikyamu. Buli lunaku balumbibwa ne nono ne empisa ebye ensi okuyita kumikutu, amasomero agolukale, ne bibinja byabwe.

Twekenneenyezza obukulu bw'okuyigiriza abaana baffe n'okuteeka ekigambo kya Katonda mu mitima gyabwe. Tusaanidde okugoberera ekyokulabirako kya Yesu nga bwe yasaba Kitaawe ku lwa abayigirizwa be:

Obatukuze mu mazima: ekigambo kyo ge mazima. (Yokana 17:17).

era mulitegeera amazima, n'amazima galibafuula ba ddembe. (Yokaana 8:32)

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Enono*—kye kitufu oba ekikyamu okuva mu ndowooza ya Katonda.

*Empisa*— Ennono oba ebikolwa by'otambulirako. Enneeyisa yo eraga ekyo ky'osinga okwagala.

*Obutukirivu*—Okuba nga tolina ky'akunenyezebwa mu maaso ga katonda

Abaana baffe bwe banaamala okuyigirizibwa mu mazima agali mu Byawandiikibwa, bajja kuba n'eddembe okumanya ekikontana n'Ekigambo kya Katonda n'ekiva mu kujeemera Katonda. Bajja kusobola okwawula amazima ku nsobi n'okutegeera ebikemo ebiva mu nsi, omubiri ne Setaani.

Abaana baffe bajja kubuusuusa empisa n'ennono za Baibuli, era tuteekwa okunywerera ku ekyo Katonda ky'agamba nti kituufu era kikyamu—si kuwa ndowooza oba endaba y'ensi. Bayibuli bw'egamba nti ekintu kituufu oba kikyamu, tetusaanidde kwekkiriranya.

Katonda yalagila kitafe mu kukiriza, Ibulayimu, ku bikwata ku baana be: abaana be.

Kubanga kyennava mmumanya, alyoke abalagire abaana be n'ennyumba ye eriddawo, okukwatanga ekkubo lya Mukama, okukolanga eby'obutuukirivu n'eby'ensonga; Mukama alyoke aleete ku Ibulayimu bye yamwogerako. (Olubereberye 18:19).

Katonda yagamba Ibulayimu okuzimba ennyumba ye abaana be babeere batuukirivu era bagoberere ekkubo lya Mukama. Ibulayimu yatendekebwa okuyamba abaana be okuba n'endowooza ennungamu era n'okuba n'enneeyisa ennungi mu maaso ga Katonda. Kino kyogera ku ngeri abantu gye beeyongera okuba n'amagezi n'okwagala Katonda. Tweyongera okutegeera ekimusanyusa era ne tukikola.

Era kyetuva tufuba, oba nga tukyali muno, oba nga tuli wala, okusiimibwa ye. (2 Abakkoliso 5:9)

Jjukira nti tuyigiriza abaana baffe okuyita mu ky'okulabirako kyaffe, okulagirira, n'okuyiga Baibuli. Ddamu wekenneeny essomo 6–10 mu muzingo 3 nga bwekiba kyetaagisa.

**Obuvunaanyizibwa bw'obwa kinnomu.**

Eky'okubiri, embaala y'obuvunaanyizibwa obw'obwa kinnomu etekeebeba mu mwana okuyita mu kutendeka n'okukangavvula okutakoma okwesigamye ku bya wandikibwa. Graph eri mu ssomo 1 eraga omuwendo n'okweyongera kw'okusalawo ku lw'abaana baffe okuva lwe bazaalibwa okutuuka lwe bakula. Buli omu ajja mu nsi eno nga yeesigamye ku balala, naye tuteekwa okuyiga okwesalirawo mu ngeri ey'obuvunaanyizibwa. Kiba kya nnaku era kizibu okutunuulira omuvubuka at'ayiga buvunaanyizibwa bwe era ebiseera ebisinga kyeyoleka bulungi nti tebanakula bulungi olw'obutaba na kutendekedwa waka.

Bw'oba omwesigwa mu kutendeka, abaana bo bajja kukula okutuusa lwe babeera nga tebetaaga kukangavvula kungi, era ojja kufuna empeera olw'okukula kwabwe.

**FAYIRO Y'AMAZIMA**

*Obuvunaanyizibwa bw'obwa ssekinnomu*—Obusobozi bw'okwerabirira; okutukiriza ebintu bye weeyama okukola oba ebyetaagisa nga tewali muntu mulala akukubiriza; Okutwala obwannannyini, okubeera omuvunaanyizibwa n'okukkiriza obuvunaanyizibwa ku bikolwa byo.

**Okwekebera 2**

Wandiika empisa bbiri buli omu ku baana bo z'alina ezilaga obuvunaanyizibwa. (Ebyokulabirako: Setaaga kubagamba kwala buliri bwabwe, kulongoosa kisenge kyabwe, okuggyamu kasasiro oba okukola emirimu gy'awaka).

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

Wandiika ebintu bibiri ebiraga nti buli mwana talina buvunaanyizibwa. (Ekyokulabirako: Nneeyongera okubagamba . . .)

---

---

---

---

---



---



---



---

Okutendeka omwana kusigala kugenda mu maaso era okusoomoozebwa okw'enjawulo kujja kulabika ku buli mutendera omupya ogw'okukula. Ensonga emu enkulu eri abavubuka kwe kugaana okukkiriza nti bakyamu. Abaana bwe bafuuka abatiini, batera okusikira amagezi aga waggulu—mu birowoozo byabwe—ne balwooza nti bakimanyi buli kimu. Bwe babaka ensonga gye babuzibwa, banenya omuntu omulala, ne beekwasa ensonga endala, era ne beewala okutwala obuvunaanyizibwa. Kino okusobola okukivvuunuka, tuteekwa okutegeka amaka gaffe ng'ekifo eky'okutendekebwa, so si court y'okukubaganyizamu ebirowoozo oba okuteesa.

Abaana abasinga bafaanagana. Okwekwasa abalala ke kakodyo Adamu ne Kaawa ke baasooka okukozesa oluvvanyuma lw'okwonona nga bajeemera Katonda. Mu lusuku Adeni, Katonda yagamba nti "naye omuti ogw'okumanya obulungi n'obubi togulyangako: kubanga olunaku lw'oligulyako tolirema kufa." (Olubereberye 2:17). Adamu ne Kaawa be bali bavvunanyizibwa okugondera ekiragiro ekyo. Sitaani yajja eri Kaawa n'amukema n'alya ekibala ekyagaanibwa (Olubereberye 3:1-5). N'alya, n'alyoka akiwa bba, bombi ne bagwa mu kibi nga bajeemera Katonda. Katonda bwe yayogera ne Adamu ne Kaawa ku kibi kyabwe, ba mwanukula bwe bati:

Omusajja n'ayogera nti Omukazi, gwe wampa okubeeranga nange, ye ampadde ku muti, ne ndya. 13Mukama Katonda n'agamba omukazi nti Kiki kino ky'okoze? Omukazi n'ayogera nti Omusota gunsenzesenze, ne ndya." (Genesis 3:12–13)

Wetegereze engeri Adamu gye yanenya Katonda ng'agamba nti, "Omukazi . . . gwe wampa." N'omukazi n'annenya omusota ng'agamba nti, "Omusota gunsenzesenze." Baali beewala okuvunaanyizibwa olw'ekibi kyabwe. Mu kifo ky'okutwala ebikolwa byabwe ng'eby'obwannannyini n'okuvunaanibwa mu maaso ga Katonda, b'ekwasa abalala.

Bwe tutegendereze, abaana baffe basobola okufuna omuze ogw'okwesa embeera, oba abalala, okwewala okuvunaanyizibwa olw'ebikolwa byabwe. Abaana mu butonde bajja kwagala okwekwasa muganda waabwe: "Yakikola." "Yandeetera okukikola." "yali nsobi ye, si yange." Okukangavvula okutuufu okw'ebyawandikabwa kujja kuyamba omwana okuyiga obuvunaanyizibwa obw'obwa kinnomu obw'okwetikka obuvunaanyizibwa.

Okuyigiriza omwana obuvunaanyizibwa kyetaagisa okutendekebwa okutakoma, obudde, n'obugumiikiriza. Kino tuteekwa okukiraga mu maaso g'abaana baffe, nga tubaberera ekyokulabirako. Obulamu bwaffe busobola okubalaga obuvunaanyizibwa bw'obwa kinnomu okuyitira mu ngeri gye tulabiramu amaka gaffe, emirimu gyaffe, ebintu byaffe, n'obyeyamo bwaffe.

### Okwekebera 3.

Olowooza kikosa kitya omwana ow'emyaka 15 ng'omuzadde we Omukristaayo anyiiga, akozesa ebigambo ebirumya oba n'amubuusa amaaso ng'emu ku nteekateeka ye ey'okukangavvula, ate n'atatwala buvunaanyizibwa olw'ebikolwa ebibi?

---

---

---

Abazadde basobola okulaga obutali buvunaanyizibwa nga balwawo okugenda ku mulimu oba nga bali mu nnyumba etali ntegeeke kubanga tewali agikuumu nga nnyonjo. Temubadde ba buvunaanyizibwa mutya mu maaso g'abaana bammwe? Wandika ekyokulabirako.

---

---

---

Amaka gaffe ye nkambi esinga mu kutendeka kw'abaana okwetegekera emirimu n'obulamu. Ennono y'okutwala obuvunaanyizibwa obw'a kinnomu ekwata ku kusigala nga okola emirimu emirungi. Abazadde balina enkizo ey'amaanyi ey'okutendeka abaana baabwe okuba n'empisa ennungi ez'okukola emirimu. Eri abaana abasinga, okukola emirimu gy'awaka n'okwagala okuyamba ku mirimu gy'awaka si kikulu. Awatali kutendekedwa kutuufu, embaala yaabwe ey'obuto ejja kweyongera okukula. Ekimu ku bintu ebisinga okuleetera abavubuka bangi ennaku zino okubeera abakozi ab'ekibogwe kwe kuba nti tebaatendekedwa mu kutwala buvunaanyizibwa bwabwe n'okukola omulimu omulungi.

Pawulo bwe yawandiikira Tito, omusumba gwe yali atendese ku kizinga ky'e Kuleete, yafaayo nnyo okulaba ng'abakkiriza bakuuma emirimu emirungi.

Era abaffe bayige okussangako omwoyo ku bikolwa ebirungi mu bigambo ebyetaagibwa, balemenga obutabala. (Tito 3:14)

Weetegereze nti yali awandiikira Tito ebikwata ku kibiina ky'abakiriza, kyokka n'abayita "abantu baffe." Pawulo yakiraba nti ye ne Tito be baalina obuvunaanyizibwa okutendeka abantu okukola emirimu emirungi n'okukola ku byetaago by'abalala, n'olwekyo babale ebibala. Okukuuma emirimu emirungi kitegeeza "okubeera omuntu ow'obuvunaanyizibwa, okufaayo ku balala, n'obusobozi okukola ekyetaagisa." Abaana baffe beetaaga obuyambi bungi mu nsonga eno. Bazaalibwa nga tebalina buvunaanyizibwa, beefaako bokka, era tebafaayo ku balala. Omu ku bawandiisi ayogera bwati ku lunyiriri luno:

Tito yalina okuyigiriza Abakristaayo abalala (abantu baffe) okusembeza abagenyi, okulabirira abalwadde n'abo abalina ebizibu, n'okuba abagabi eri abo abaali mu bwetaavu. Mu kifo ky'okukola okusobola okutuukiriza ebyetaago byabwe byokka n'ebyo bye baagala, basaanidde okuba n'endowooza ey'Ekikristaayo ey'okufuna ssente basobole okugabana n'abatalina mwasirizi (Laba Efeso 4:28b). Kino



kyandibawonyezza okuva mu nnaku y'okwerowoozaako n'ebizibu by'obulamu obw'okwonoonebwa n'obutabala bilala.

Okubiriza ekyetaagisa okukolebwa mu kisibo ky'ekkanisa, kino nakyo kye tulina okufuba okukola mu maka gaffe. Tusobola okuyigiriza abaana baffe okubeera n'obuvunaanyizibwa obw'obwa kinnoomu—bwe tuba tumanyi engeri y'okukikolamu. Bwe tukola bwe tuti tuba tussa ekitiibwa mu Katonda, nga tugulumiza erinnya lye, era nga tuwa abaana baffe omukisa.

**OKUSIMA EBUZIBA.**

Nnyonnyola engeri olunyiriri luno gye lukwata ku kukuza abaana.

Era buli kye munaakolanga, mu kigambo oba mu kikulwa, mukolerenga byonna mu linnya lya Mukama waffe Yesu, nga mwebaza Katonda Kitaffe ku bubwe. (Abakolisayi 3:17)

---

---

---

Mu Byawandiikibwa bino wammanga, nnyonnyola obuvunaanyizibwa omuntu bw'alina era n'ebibala ebiva mu kubufuna.

Ayavuwala oyo akola n'omukono oguddiridde:  
Naye omukono gw'abanyiikivu guleeta obugagga. (Engero 10:4)

---

---

---

Omuntu alikkuta ebirungi olw'ebibala eby'akamwa ke:  
N'ebikolwa eby'emikono gy'omuntu alibisasulibwa. (Engero 12:14)

---

---

---

Omukono gw'abanyiikivu gulifuga:  
Naye omugayaavu balimukoza omulimu ogw'obuddu. (Engero 12:24)

---

---

---

Omuntu omugayaavu tayokya ekyo ky'akutte ng'ayigga;  
Naye ebintu eby'omuwendo omungi eby'abantu biba bya munyiikivu. (Engero 12:27)

---

---

---

Emmeeme ey'omugayaavu yeegomba n'eteba na kintu:  
Naye emmeeme ey'abanyiikivu eneegejjanga. (Engero 13:4)

---

---

---

Omulumu gwonna guliko kye gugasa:  
Naye okubuyabuya kw'emimwa kwavuwaza bwavuwaza. (Engero 14:23)

---

---

---

Ekkubo ery'omugayaavu liri ng'olukomera olw'amaggwa:  
Naye oluwenda olw'abagolokofu lufuuka oluguudo. (Engero 15:19)

---

---

---

Ebirowoozo eby'omunyiikivu bireeta bungi bwereere  
Naye buli muntu ayanguyiriza ayanguya okwetaaga obwetaazi. (Engero 21:5)

---

---

---

Okwegomba okw'omugayaavu kumutta;  
Kubanga emikono gye gigaana okukola emirimu. (Engero 21:25)

---

---

---

Wabaawo ayaayaana ennyo okuzibya obudde:  
Naye omutuukirivu awa n'atamma. (Engero 21:26)

---

---

---

Olaba omuntu anyiikira mu mulimu gwe? aliyimirira mu maaso ga bakabaka;  
Taliyimirira mu maaso ga bakopi. (Engero 22:29)

---



---



---

Alima ensi ye aliba n'emmere nnyingi:  
Naye agoberera abantu abataliiko kye bagasa aliba n'obwavu obulimumala! (Engero 28:19)

---



---



---

### Okwefuuga

Eky'okusatu ku mbaala y'abaana baffe gye balina okukulaakulanya kwe kwefuga, nga mw'otwalidde n'obusobozi bw'okukuuma empiisa z'abwe (okufuga enneewulira n'ebikolwa by'omuntu). Okwefuga kikulu nnyo okusobola okutuuka ku buwanguzi okusenziira ku mpisa n'ennonno za Katonda.

#### FAYIRO Y'AMAZIMA

Okwefuga—Obusobozi bw'okwefuga mu birowoozo, mu mubiri ne mu mwoyo; obusobozi okugaana okutambulira mu kkubo eritalimu kuziyizibwa.

Amakulu gaabyo gategeerekeka. Okukola okusalawo okutukaana ne Baibuli kyetaagisa okwefuga okusobola okunywera n'otakwata kkubo eririmu okuziyizibwa okutono oba okukulemberwa omubiri. Katonda ky'ayagala kwe kubeera wansi w'amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu—mu nneewulira, mu mubiri ne mu mwoyo.

Okwefuga kizingiramumu okubeera n'obusobozi bw'okuziyiza enneewulira z'omuntu. Ebiseera ebimu tuddamu eri abantu n'embeera mu n'eneyiisa ey'ekibi. Mu muzingo 2, essomo 3, tweekenneenya enjawulo eriwo wakati w'okuddamu obuubi n'okwanukula obulungi. Okuddamu obubi kiraga obut'efuga, nga kya mubiri; Naye katonda bw'abaako ky'ayanakula kiva ku kwagala, ekibala ky'Omwoyo. Bwe tugenderera ku nnewulira zaffe, tuteera okigobereza n'ebikolwa eby'ekibi.

### OKUSIMA EBUZIBA.

Nnyonnyola engeri olugero luno gye lukwata ku nneewulira z'okwefuga.

musirusiru ayatula obusungu bwe bwonna:  
Naye omuntu ow'amagezi abuziyiza n'abukkakkanya. (Engero 29:11).

---



---



---

## Okwekebera 4

Nnyonnyola embeera mwewali okiriza ennewulirayo okufiga, ekyaviirako okweyisa mu ngeri y'ekibi eri omuntu omulala.

---

---

---

---

---

---

## OKUSIMA EBUZIBA

Nnyonnyola ebiva mu butaba na kwefuga.

Ataziyiza mwoyo gwe  
Ali ng'ekibuga ekimenyese so nga tekirina bbugwe. (Engero 25:38)

---

---

---

Kale, abaagalwa, kubanga musoose okutegeera, mwekuumanga muleme okugwa okuva mu bunywevu bwammwe mmwe nga mutwalibwa obukyamu bw'ababi. (2 Peteero 3:17)

---

---

---

Peteero yagamba tulina okuba n'okwefuuga, naye awatali kutendekabwa kulungi na kuyayana kukifuna, Tetugya kukufuna.

Kale musibenga ebimyu by'amagezi gammwe, mutamiirukukenga, (1 Peteero1:13 NLT)

Naye ebibala by'Omwoyo kwe kwagala, okusanyuka, emirembe, okugumiikiriza, ekisa, obulungi, okukkiriza, 23obuwombeefu, okwegendereza: ku biri ng'ebyo tewali mateeka. (Abaggalatiya 5:22-23)

Kiki olunyiriri luno kyelusubiza eri abaana ba katonda bona?

nga ntegeeredde ddala kino ng'oyo eyatandika omulimu omulungi mu mmwe aligutuukiriza okutuusa ku lunaku lwa Yesu Kristo: (Abafirpi 1:6)

---



---



---

Mu kitabo kye the Believer's Secret to Holiness (Ekyama ky'omukiriza Eri Obutukuvu), Andrew Murray agamba:

Okwefuga mu Mukristaayo kitegeeza nti mu kifo ky'okulemera ku kukola ebintu nga bwe twagala, tusalawo ekkubo lya Katonda; Tunulira ye okufuna ebiragiro byaffe eby'okukumba ne tugondera ebiragiro bye eby'okwagala. Tukkiriza okuganya Omwoyo wa Katonda Omutukuvu okubeera mu ffe n'okukola Katonda by'ayagala okuyitira mu ffe. Omwoyo we bwafuna obufuzi obutaliko agamba, asobola okutusembeza ku biruubirirwa bya Katonda eby'obutuukirivu, n'obutukuvu.

Enonga zino essatu ez'embaala—empisa n'ennono, obuvunaanyizibwa bw'obwa kinnomu, n'okwefuga— bye bigendererwa byaffe, we tulina okussa essira era ye goal yaffe gye tulina okuteebamu. Buli kikulwa eky'obusirusiru mutabani wo oba muwala wo ky'akoze okutuusa kati, era ky'ajja okukola mu biseera eby'omu maaso, kizingiramu okumenya ekimu ku bino. Kubanga baazaalibwa nga tebabirina. Buvunaanyizibwa bwaffe ng'abazadde okubibayigiriza n'okubibatekamu okuyitira mu kutendekebwa.

Kino tuteekwa okukitegeera. Obutabeera na kirubirirwa ky'oyagala okutuukako kitegeeza obutamanya gy'olaaga, era tujja kumaliriza nga tuli mu kifo kye tutayagala kubeeramu. Okutegeera obulungi ky'olubirira era kireetawo obumu wakati w'abaami n'abakyala, ne kibayamba okukolera awamu okutuuka ku kiruubirirwa kye kimu.

### **Okwekebera 5**

Awatali biruubirirwa bitegeerekeka era n'enteekateeka ey'okubituukako, tupima tutya obuwanguzi bwaffe?

---



---



---

Ekitongole bwe kiba nga kyagala okutunda ebyamaguzi obukadde busatu mu bbanga lya myezi 12, kiba kirungi okubeera n'enteekateeka etegeerekeka obulungi n'okwekenneenya buli luvannyuma lw'emyezi enna okusobola okumanya we batuuse okumpi n'ekigendererwa ekyo. Kyandibadde kikulwa kya butali bugendererevu n'obutali buvunaanyizibwa okulinda okutuusa ku nkomerero y'omwaka okupima obuwanguzi. Mu ngeri y'emu, bw'oba olina ebiruubirirwa ebitegeerekeka obulungi n'engeri gy'oyinza okutendekamu abaana bo, osobola okupima obuwanguzi bwo. Mu ssomo eriddirira ojja kuyiga engeri y'okussa mu nkola omutendera ku lw'abaana bo okulaba w'otuuse mu ku semberera ebigererwa byo.

## **Abaana Baffe Betaaga Okumanya Ekilubirirwa.**

We nnawereza emyaka 14, endowooza yange enkyamu ku kuba omusajja yalimu okubeera omusajja omukambwe, okukozesa ebiragalalagala, okunywa omwenge n'okubeera n'abawala bangi. Ebyo byona n'abigoberera mu ngeri ey'obusirusiru. Nnali sirina muntu yenna gwe nnali nneesiga kunjamba kukola ekikontagana n'ekyo. Tewali n'omu yambulira ku kilubirirwa eky'empaala enunjamu oba okunkubiriza okukigoberera.

Mbuuzizza ebikumi n'ebikumi by'abavubuka mu myaka egiyise, era ebitundu 5 ku buli 100 tebituuka kumpi ku kunnyonnyola ky'ekitegeeza okubeera omuntu akuze. Bwe baabuuziddwa ddi lwe balina okumanya, abasinga baddamu nti, "Simanyi." Bwe baabuuzibwa oba kimala gagwa ku muntu oba balinawo kye balina okukola, baatera okuddamu nti, "Bw'osenguka n'ofulumu ewabazzadde bo oba bw'ofuna omulimu, bw'otandika okwerabirira oba olyawo bw'ofumbirwa n'ozala abaana."

Omulembe guno ogw'abavubuka gubula kubanga ensi etaliimu katonda ye bategeeza ekilubirwa ekikyamu kye balina okuteebamu. Amasomero, emikutu gy'amawulire, ennyimba, ttivvi, yintaneeti, ebitabo, magazini n'abantu abalina endowooza enkyamu. Sitaani alimba abaana baffe, abatabula, era ababuzaabuza.

Oyinda okuba nga toyigirizibwanga bukulu bw'okuyigiriza embaale zino, naye Baibuli etegeerekeka bulungi. Katonda ayagala abaana baffe bafune empisa ennungi, obuvunaanyizibwa, n'okwefuga. Abazadde balina okunnyonnyola ebiruubirirwa byonna eby'okukula n'engeri gye basobola okubituukako. Kijja kwetaagisa okugatta obuyigirizwa n'okukangavvula (okutendekebwa).

## **Ennono Ebiri Eziri Mu Nkola.**

Kubanga nga bw'alowooza mu nda ye, bw'ali bw'atyo: (Engero 23:7)

"Nga bw'alowooza mu mutima gwe" kitegeeza omuntu ky'akkiririzaamu ku kituufu n'ekikyamu. "Bwatyo bw'ali" kitegeeza enneeeyisa y'omuntu, oba ky'akola, ekiyinda okugambibwa okunnyonnyola ky'ali. Abazadde abasinga baagala nnyo okukyusa ekya "bwatyo bw'ali," enneeeyisa y'omwana waabwe, ate nga tebafaayo nnyo ku kutendeka omutima. Naye mu lunyiriri luno mulimu ennono biri. ""Nga bw'alowooza mu mutima gwe" kisooka "bwatyo bw'ali." N'olwekyo, ekintu ekikulu kye tulina okukulembeza kwe kuyigiriza abaana baffe, ekyo ne kikyusa enneeeyisa yaabwe. Tuteekwa okukyusa ngeri omwana waffe gy'alowoozaamu— n'okutereza enneeeyisa yaabwe.

Mutabani wo bw'ayita mwannyina erinnya erirumya, olina okukigobereza n'ekugunjula okulubirira okutereezaa enneeeyisa ye, naye era olina okuyigiriza omutima gwe ng'omuyigiriza mu kumanya ekituufu n'ekikyamu. Ekigambo kya Katonda kituyigiriza engeri y'okuyisaamu abalala, era tulina okuyigiriza abaana baffe n'obwesigwa mu mazima gano.

Buli kigambo ekivundu kireme okuvanga mu kamwa kammwe, naye ekirungi bwe kinaabangawo olw'okuzimba nga omuntu bwe yeetaaga, abawulira kibawenga ekisa.  
(Abefeeso 4:29)

Omwana bw'awulira Ekigambo kya Katonda, ayigirizibwa, oba afuulibwa omugirizwa, mu kutegeera ekituufu n'ekikyamu. Kino tekisobola kuba kijjuvu oluvannyuma lw'okusoma omulundi gumu. Ennono ey'obutakkiriza ebigambo ebivundu kuva mu kamwa kwammwe guzingiramu engeri y'okwogeramu ne munno. Okugaata okuyiriza n'okukangavvula kiyigiriza obuvunaanyizibwa obwa kinnomu n'okumanya nti omuntu bw'asalawo okujeemera Katonda buli kiseera afuna okukangavulwa.

## Essomo 3: Lwaki Okukangavvula?

Okutendeka abaana okusenziira ku nnono za Baibuli kikwata ku maka gonna omuli amaka g'abazadde ababiri n'ag'omuzadde omu. Era bwe baba bafumbo, abafumbo balina okukola nga ttiimu. Bombi balina obuvunaanyizibwa bw'okuyigiriza n'okutendeka abaana, wadde nga bataata be basokerwako mu kukulembera. Mu muzingo 3, essomo 1, twasoma ku mutindo gwa Katonda ogw'okutendeka n'okukangavvula abaana.

Nammwe, bakitaabwe, temusunguwazanga baana bammwe, naye mubalerenga mu kukangavvulanga ne mu kubuuliriranga kwa Mukama waffe. (Abefeeso 6:4)

Ekyo kye kiruubirirwa kya Katonda era ky'ekirina okuba ekyaffe. Mu ssomo eriyise, twayiga nti enkulaakulana epimibwa nga twetegereza enkyukakyuka y'omwana mu mpisa n'ennonno, obuvunaanyizibwa obw'obwa kinnomu n'okwefuga.

Okukangavvula y'enkola etegekebwa ng'ekwata ku bintu byonna ebikwata ku kutendeka omwana, nga mw'otwalidde n'okuyigirizibwa mu butuukirivu n'okuteeka embaala y'ekikulu mu mwana. Mu biseera by'endagaano empya, obuwangwa bw'Abayonaani bwali bufaayo ku kukangavvula abaana. Bwe yali awandiika Abeefeso 6:4, Pawulo yakozesa ekigambo ky'Oluyonaani paideia, ekivvuunulwa "okutendeka oba okukangavvula," okuva mu kigambo pais

(omwana), ng'ayogera ku kutendekwa kw'abaana okw'engeri entegeke obulungi. Kino kiraga okuterezebwa olw'ensobi ezikolebwa, era eky'eyengora okunnyonyolwa mu lugero nti: "Atabonereza mwana we, aba amukyaye; Naye oyo amwagala amukangavvula ebiro nga bikyali." (Engero 13:24). Nga bwe kirambikibwa mu nkuluze ey'eby'eddiini, okutendekwa "era kulaga engeri omwana gy'akuzibwamu n'engeri gy'akwatibwamu okutuusa lw'okula nga yeetaaga endagiriro, okuyigiriza, okusomesebwa n'ekigera ky'okuwalirizibwa mu ngeri ey'okukangavvula oba okugunjula."

Kino kitegeeza okuba n'enkola ey'okutereeza omuntu okuyitira mu bigambo ebisomesa, ekivaako okwongera okutegeera enneeyisa entuufu. Ku lw'ensonga gye tuliko, okuyigiriza kwonna kulina kuba "kwa Mukama." Okuyayana kwaffe kuteekwa okuba okuyigiriza mu kkubo lya Katonda. Tukola Katonda by'ayagala nga tuyigiriza abaana baffe embaala ey'obwa Katonda nga tukozesa enkola ya Katonda ey'okukangavvula.

"Atabonereza mwana we, aba amukyaye;  
Naye oyo amwagala amukangavvula ebiro nga bikyali." (Engero 13:24)

nga bwekinyonyolwa mu kitabo ekya basoma edini bwe kinyonyola, "okutendeka nakwo kabonera akokukuza no okukwasaganya omwana ekimanyidwa nga okukula ne okwetaga

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Ekigendererwa*—"Bakuze,"  
*ektrepho* (Luyonani), ekitegeza  
okureeta abaana mukukula.

*Enkola*—Katonda akozesa empisa  
okukuza n'okutendeka abaana be.

*Okulabulwa oba ekilagiro*—  
Nouthesia (Luyanani) okuva mu  
Abefeeso 6:4, kivunuulwa nga  
okulabulwa, okukubiriza oba  
ekigambo kyona ekikubiriza oba  
ekikakasa ekireta eneyiisa  
entuufu."



endagiriro, okusomesa, ebilagiro ne okupima engyawulo mu ngeri ye mpisa oba okubonereza okwamanyi okwenkana nkana.

Kino kitegeza kubeera nebisikiriza ebitufu ku omuntu omu okuyita mu bilagiro ebyogerwa, ekireta okweyongera mukutegera okweyisa obulungi. Kulwe migaaso gyafe, ebilagiro byona kwekuba "ba mukama" okuyayana kwafe kulina kuba kulaga kuubo lya katonda. Tukola okwagala kwa katonda bwetuteka embala yo bwakatonda mubaana bafe nga tukozesa enkola ya katonda eye empiisa.

## **Lwaki Abazadde Balina Okukangavvula Abaana Baabwe**

### **1. Katonda Atulagira Okukangavvula.**

Kangavvulanga omwana wo, nga wakyaliwo essuubi;  
So tomuleka kuzikirira. (Engero 19:18)

Omwana mugunjule mu kkubo erimusaanira,  
ng'akuze talirivaako. (Engero 22:6)

Tolekanga kukoma ku mwana;  
bw'omukuba n'akaggo tagenda kufa.  
Mubonereze n'akaggo,  
omuwonye amagombe. (Engero 23:13-14)

Ekigambo Empisa mululimi lwa abebbulaniya ye Yasar, omugaaso omukulu kitegeza kilagiro. Katonda atukubiriza okukangavvula abaana bafe okuva ku myaka egisooka nga bwekisoboka. Olunyiriri luno lulaga nti omwana alekedwa nga tayigirizidwa atuuka mukaseera, akatalimu bazade era tagyakuba nakwefuga okugaana ekibi, ekiyinza okuviramu okufa kwo omwoyo ne buliwo.

Bataata, mwawulira okukubiriza okwamanyi ne ebivamu kino bwekitageda maaso mu maaka gamwe?

### **2. Okukangavvula kulaga okwagala kwa Katonda.**

Kubanga Mukama gw'ayagala amukangavvula,  
Era akuba buli mwana gw'akkiriza." (Abebbulaniya 12:6)

Nga Katonda bw'atukangavvula olw'okuba atwagala, naffe tusaanidde okukangavvula abaana baffe olw'okuba tubaagala. Okukangavvula kitundu ku kwagala.

Otwala okukangavvula abaana bo ng'okwagala? \_\_ Yee \_\_ Nedda

Omuzadde bw'aba ng'anyiize, ng'ateyefuga, oba ng'atiisatiisa bwaba akangavvula, omwana ayinza okukitwala ng'okwagala? \_\_ Yee \_\_ Nedda

Abaana bangi abaali mu komera ly'abato bantegeezezza mu busungu nti, "Nkimanyi bazadde bange tebanjagala!" Bazadde baabwe tebaabalekerera, tebabakuba, tebayigiriza

biragalalagala, oba okubasengula okuva mu kifo ekimu okuda mu kilala. Abaana bano baali bakakafu nti bazadde baabwe tebabaagala kubanga tebaabakangavvula. Omwana akimanya omuzadde bw'amulagajjalira, nga tawaayo biseera na maanyi kumuyigiriza okwawula ekituufu okuva ku kikyamu, n'alemererwa okumutereeza n'okumutendeka, nga tassa mu nkola mateeka, era tamukangavvula. Bino byogerera mu ddooboozi ery'omwanguka nti omuzadde tafaayo era tabaagala.

### **3. Okukangavvula Kuvamu Abantu Abakulu, Abatya Katonda.**

Nga bwe tuyize okuva mu Abeefeso 6:4, tulera abaana baffe okutuusa lwe bakula okuyitira mu kukangavvula.

Lowooza ku mbalaasi (oba ennyumbu), etendekebwa n'elunjamizibwa n'ekyuma n'olukoba kubanga tebirina busobozi bwa kutegeera. Mu ngeri y'emu abaana baffe bateekwa okukulemberwa okukangavvula okutuusa nga bategedde. Ekirungi omwana asomesebwa n'okukangavvula okuva mu Bayibuli aweebwa omukisa ogusingayo obulungi olunaku olumu okuba nga teyeetaaga "ekyuma n'olukoba" lw'okukangavvula kw'abazadde naye asobola okubeera omuntu omukulu eyeetongodde ow'obuvunaanyizibwa.

Temuba nga mbalaasi, oba ennyumbu, ezitalina magezi,  
Z'oteekwa okusiba ekyuma n'olukoba okuzifuga,  
Awatali ebyo, tezirijja gy'oli. (Zabbuli 32:9)

Lowooza ku bantu bameka abasoba mu myaka kkumi na munaana abagaana obuyinza era ne batatwala buvunaanyizibwa mu bikolwa byabwe. Amakomera gaffe gajjudde abantu ng'abo.

Ng'abazadde, oluusi tukangavvula abaana baffe nga twanukula mu ngeri "ey'obusirusiru" nga twerabira nti ekigendererwa ky'okukangavvula kwe kukuza abantu abakulu abakuza. Emyaka gyokka tegifuula muntu mukulu. Wabula obukulu buli mulabisibwa mu mpisa, ennono, obuvunaanyizibwa obw'obwa kinnomi' n'okwefuga. Kyeyoleka bulungi mu bantu baffe nti abantu bangi batuuka ku myaka egy'obukulu era nga tebannakula.

### **4. Empisa Zikuma Emirembe Mu Maaka.**

Okukakangavvulwa kwonna mu biro ebya kaakano tekufaanana nga kwa ssanyu wabula kwa nnaku, naye oluvannyuma kubala ebibala eby'emirembe eri abo abayigirizibwa mu kwo. (Abebbulaniya 12:11ESV)

Okukangavvula okutuufu bwe kukolebwa obutayoosa, kujja kuvaamu ebibala eby'emirembe. Buli maka agalimu abaana gabeeramu okucamuka, okuwogana, obubenje, amaziga, enteekateeka ez'ikoya, n'ebintu ebirala bingi ebigwawo nga tebitasuubirwa. Naye, ng'Abakristaayo, amaka gaffe gayinza okuba ekifo emirembe gya Katonda we gifuga.

Oyinza okugamba nti amaka gammwe ga mirembe, ga mirembe, ma kakamu, era gali bumu?  
\_\_\_ Yee \_\_\_ Nedda.

## **Ebikozesebwa Mu Kukangavvula.**

Omusajja n'omukazi beegatta mu bufumbo, buli omu nga alina ebyafaayo bye n'endowooza ezikwata ku kukangavvula. Batera okukangavvula nga bakozesa enkola y'emu bazadde baabwe gye baakozesa era ne bagattako enkola ezisinga okozesebwa kati n'ebiteeso okuva mu b'enjanda zaabwe ne mikwano gyabwe. Oluvannyuma obutakkaanya buno buleetawo enjawukana wakati w'omwami n'omukyala.

Naye eno si y'engeri Katonda gye yategekamu amaka okukola. Bayibuli egamba nti: "Kubanga Katonda si wa luyooogaano, naye wa mirembe;" (1 Abakkolinso 14:33). Wadde nga tuyinza okufuna endowooza ezimu ku kukangavvula okuva mu bifo ebirala, zirina okuba nga zituukana n'Ekigambo kya Katonda, amazima agatuyigiriza mu makubo ag'obutuukirivu (2 Timoseewo 3:16–17). Katonda y'ensibuko y'okumanya kwafe, awa ennono za Baibuli—ebikozesebwa—mu kukangavvula abaana Be mu ngeri ye. Era Baibuli etulabula nti amakubo ge si ge makubo gaffe ag'obutonde. Katonga agamba, "Kuba eggulu nga bwe lisinga ensi obugulumivu, amakubo gange bwe gasinga bwe gatyo amakubo gammwe, n'ebirowooza byange ebirowoozo byammwe." (Isaaya 55:9). N'olwekyo, tuteekwa okubeera mu Kigambo kye buli kiseera okugoberera ebiragiro bye.

Kyangu okufiirwa endowooza yaffe ey'obwa Katonda n'okugwa mu bikolwa ebitali bituufu, eby'okwetuuma awamu n'endowooza enkyamu eri n'abaana baffe. Naye ekituufu kiri nti, baana be. Eno ennono nkulu nnyo. Engero zitulaga nti n'amakubo agalabika nga "amatuufu" gye tuli gayinza okukomekerezwa mu katyabaga.

## **OKUSIMA EBUZIBA.**

Nnyonnyola engeri abazadde gye bayinza okulimbibwa n'okunnyonnyola ebiyinza okuvaamu

Waliwo ekkubo omuntu ly'ayita eddungi,  
Naye kunkomerero, nga limutwala mu kufa. (Engero 14:12)

---



---



---

Buli kkubo ery'omuntu ddungi mu maaso ge ye:  
Naye Mukama y'apima emitima. (Engero 21:2)

---



---



---

## **Jjukira Omusingi**

Nga tetunnayiga ebikozesebwa eby'obwa Katonda ebiyinza okutuyamba okuzimba embala ey'ekikulu, tuteekwa okuba n'endowooza enyewevu ku ngeri y'okutendekamu abaana baffe.

Ekisooka, tubayigiriza mu butuukirivu. Eky'okubiri, tubateeka mu okugunjula okukwatagana n'ebya wandikibwa.

Obuyigirizwa kiteekwa okuba omusingi gw'okukangavvula. "Kubanga ng'omuntu bw'alowooza mu mutima gwe, bw'atyo bw'ali." (Engero 23:7). Okutuusa ng'omutima gukyusiddwa, omuntu ayinza okuyiga enneeeyisa, naye obutuukirivu obwa nnamaddala tebusobola kubaawo. Nga bwe twayiga mu ssomo eriyise, abazadde bangi bamala ebiseera byabwe ebisinga nga bagezaako okukyusa "bwatyo bw'ali," oba enneeeyisa, mu kifo ky'omutima. Omutima gukyusibwa okuyita mu kwagala n'okubeera abayigirizwa. Naye bw'okangavvula awatali kwagala, ojja kuleetawo obujeemu mu kifo ky'obuwulize.

Ddamu wetegereze omuzingo 3, essomo 6–9 okumanya ebisingawo ku buyigirizwa mu maka.

### **OKUSIMA OBUWANVU**

Nnyonnyola ebyawandiikibwa bino kye byogera ku mutima gw'omuntu n'ebikolwa bye.

Ng'omuntu bwe yeeraba ng'atunudde mu mazzi,  
Bwe gutyo omutima gwe bwe gumwoleka bw'ali. (Engero 27:19).

---

---

---

Kubanga munda, mu mitima gy'abantu, muvaamu ebirowoozo ebibi, obukaba. (Makko 7:21)

---

---

---

Weegenderenzenga by'olowooza,  
Kubanga obulamu bwo, bufugibwa ebyo by'olowooza. (Proverbs 4:23)

---

---

---

### **Goberera Ekyokulabirako Kye.**

Abaefeso 6:4 ekomekkereza n'ebigambo, "okubuulirira kwa Mukama waffe," nga kwe kutukubiriza okumutunuulira n'ekigambo kye n'okugoberera ekyokulabirako ky'engeri gy'atutendekamu n'okutukangavvula. Abebbulaniya etulaga endowooza zaffe n'engeri gye tusaanidde okweyisaamu nga Tukangavvulwa Katonda, era kiraga nti atwagala era nti ebigendererwa bye bya kutugasa kwoka.

Mwerabidde ebigambo ebibabuulirirwa ng'abaana,  
 "Mwana wange, tonyoomanga kukangavvula kwa Mukama,  
 So toddiriranga bw'akunenyanga;  
 6Kubanga Mukama gw'ayagala amukangavvula,  
 Era akuba buli mwana gw'akkiriza." (Abebbulaniya 12:5-6).

Ekigambo kya Katonda kwetumira ekituufu n'ekikyamu. Abantu abakulu bakozesa Ebyawandiikibwa okwelungmya n'okwetereza. Mu ngeri y'emu, abazadde balina okunyonnyola, okuteekawo, n'okubuulira ab'omu maka amateeka ga Baibuli agakwata ku mpisa, nga mwe muli n'enteekateeka ey'ebika by'okugunjula bwe kiba kyetaagisa. Ennon ez'omugaso okuva mu nnyiriri zino ziyamba abazadde okukola enteekateeka etegeerekeka obulungi ey'okukangavvula n'okubonereza' abaana babwe.'

Katonda akozesa obulumi obw'ekigero okutukubiriza okukkiriza okutendekebwa kwe tusobole okutuukana n'ekifaananyi kya Kristo. Mu ngeri y'emu, naffe tulina okukola kye kimu n'abaana baffe okubakubiriza okukkiriza okutendekebwa kwaffe.

Obuvunaanyizibwa bwaffe ng'abazadde bwa mirundi esatu:

1. Okunyonnyola amateeka agasinziira ku ndowooza ya Katonda ku kituufu n'ekikyamu.
2. Okussawo enteekateeka y'okutereza (ebivaamu) ng'etteeka limenyeddwa.
3. Kozesa ekibonerezo okuyamba omwana okufuna ekibonerezo ekimutereza (bw'aba agaanyi ekimuweleredwa olw'esonbi ye). Kino kyandikozesebwa mu kwewaggula oba obujjemu.

### **FAYIRO Y'AMAZIMA.**

*Okukangavvula oba empisa — Paideia (Greek).* Kikozesedwa mu Abefeeso 6:4, kitegeza kutereza oba okutendeka.

Waliwo Ekivaamu mu buli musango, ekimu kubika by'okutendeka /okutereza bijja kugoberera.

*Okunenyanya*—Okulumiriza, okukakasa nti omuntu ali mu nsobi.

*Okubonereza*—Okubonaabona kwonna, Katonda kw'asemba eri abaana be, okusibwawo bulijjo olw'obulungi bwabwe. Kizingiramu okugezesebwa n'okubonaabona kwonna, by'aleeta era ebigendererwa okukomerera ekibi n'okukuza okukkiriza.

### **OKUSIMA EBUZIBA**

Nyonyola ekigendererwa kya Katonda eri okutereza abaana be.

Kubanga Mukama gw'ayagala amukangavvula,  
 Era ng'omuzadde bw'akangavvula omwana we gw'ayagala. (Engero 3:12)

### **Okwekebeera**

Kino kyawukana kitya ku biruubirirwa byolina kati?

---



---



---

Wandiika ezimu ku ndwooza, entunula y'oku maaso, oba ebigambo by'okozesezza mu kukangavvula ebyetaaga okukyusibwa.

---

---

---

---

---

---

---

Jjukira ebigambo bya Yesu.

Nze bonna be njagala mbanenya, era mbabuulirira, kale nyiikira weenenye.  
(okubikkulirwa 3:19).

Essomo eriddako lilaga ebikozesebwa bina eby'okutendeka mu mwoyo guno ogw'okwagala.

## **Essomo 4: Ebikozesebwa Bina eby'Okutendeka.**

Ebikozesebwa okuzimba obuvunaanyizibwa obwa kinnomu n'okwefuga bisobola okwawulibwamu ebibinja bina:

1. Amateeka
2. Ebyokutereza ensobi
3. Ekibonerezo
4. Okunyikira

### **Ekikozesebwa 1: Amateeka**

#### **Amateeka galina okunyonnyolwa obulungi.**

Ekisooka, tuteekwa okuteekawo ensalo oba amateeka agawandiikibwa. Bino biwa omwana obukuumi n'obutebenkevu. Abazadde bayinza okulowooza nti abaana baabwe bamanyi amateeka, naye abasinga bakyamu.

Mu kuwabura, nsaba abazadde bantegeeze amateeka, oluvannyuma ndeete abaana mu kisenge. Abaana batera okunyonnyola amateeka mangi okusinga bazadde baabwe. Lwaki waliwo enjawulo? Omu ku bazadde bw'aba anyiize, atera okwogera ebigambo nga, "Bw'oddamu okukola ekyo, kino na kino bijja kubaawo." Oluvannyuma abazadde beerabira bye boogera mu busungu—naye abaana tebelabira. Amateeka geetaaga okuwandiikibwa obulungi. Katonda atuwa ekyokulabirako ekirungi eky'okugoberera.

N'ababuulira endagaano ye, gye yabalagira okukola, ge mateeka ekkumi; n'agawandiika ku bipande eby'amayinja bibiri. (Ekyamateeka 4:13)

Katonda yawandiika ebiragiro bye ku mayinja. Yali akimanyi nti twetaaga ekintu ekiwandiikidwa. Afuga ensi yonna n'amateeka gano ekkumi gokka. Naye amaka agasinga gayinza okuyitwo n'amateeka amatono kw'ago.

#### **Amateeka galina okuwandiikibwa olw'ensonga zino wammanga:**

1. Amateeka agawandiikibwa gakendeeza ku buzabuzibwa kw'abazadde n'abaana. Singa omuntu yenna ali mu bukulembeze, k'abe mu mirimu, mu gavumenti, oba mu kkanisa, tayogera ku bintu by'asuubira eri abo abali wansi w'obuyinza bwe, mazima ddala ajja kulemererwa. Amateeka n'ensalo ebitegererekeka obulungi bitegeeza enneeyisa essubirwa era biraga ddi eby'okutereza nsobi lwe bijja okuteekebwa mu nkola. Ng'ekyokulabirako, olina etteeka eryawandiikibwa nti: "Mulongoose we mucafuwaziza." Omwana wo asiga ekipooli ku mugaati n'akola ne sandiwich, n'aleka ebikopo ebweru ate n'ekiso ekisiigako ekipooli kungulu kw'emeza. Kya lwatu nti okwo kuba kumenya tteeka. Abaana bwe balemererwa, beetaaga okutereza ensobi, nga kino kye kikozesebwa eky'okubiri mu kutendekebwa.
2. Amateeka agawandiikibwa gazimba n'okukuuma obumu wakati w'abazadde, okutumbula omwoyo gw'okukolera awamu. Amateeka agataawandiikibwa gabuzaabuza

era gaawula abasajja n'abakyala ku baana. Abazadde bwe bakkiriziganya ku mateeka, bakubirizibwa okuwagira bannaabwe ng'etteeka limenyeddwa. Abaana bajja kugezaako okukozesa omuzadde omu obutagoberera mateeka. Kyokka bwe musigala nga muli bumu ne munywerera ku nteekateeka eno, kiyamba omwana okukula obulungi n'okuwa obufumbo bwamwe omukisa.

3. Amateeka agawandiikibwa gaggyawo okusosola n'obutali bwenkanya. Abazadde batera okukola ensobi ey'okuwa omwana asingayo obuto oba "omuwere" mu maka obusaasizi obutali bwa bwenkanya bw'ogeraageranya n'abaana abakulu. Awatali mateeka n'ebiyokutereza ensobi ebiteredwawo, abazadde bayinza okweyisa mu ngeri ey'enjawulo eri mwana omuzibu okusinga omwana omuwulize. Omwana omuzibu ajja kutandika okukitegeera nti omuzadde ayagala nnyo muganda we. Amateeka bwe gawandiikibwa, era n'eky'okutereza ekiyinda okuva mu kumenya amateeka kiteekebwawo mu kusooka era ne kisibwa mu nkola mu ngeri y'emu, obutali bwenkanya obusinga obungi bujja kuggibwawo. Kino kizingiramu okulagajjalira okukangavvula kw'abazadde olw'ensonga z'omubiri n'enneewulira ng'obulwadde, okukoowa oba okweraliikirira, abaana bye basobola okukozesa era bye bajja okukozesa, ekivaamu embeera etategerekeka era etali ya bwenkanya.
4. Amateeka agawandiikibwa gakuuma okulemerako n'okusigala kumulamwa. Abazadde n'abaana batera okussa mu nkola ekintu singa etteeka liwandiikibwa. Kino kizibu nnyo eri abazadde bangi kubanga kyetaagisa okunyiikira okumala emyaka mingi. Abafumbo bangi batandikira mu maanyi n'omusingi guno naye mpolampola ne baddayo mu mize emikadde. Era obutabanguko bukomawo. Abazadde bwe batakola nkyukakyuka, ne batasigala nga bavunaanyizibwa, era ne batalemerako, bayinza batya okusuubira okutendeka abaana baabwe okubeera mu bulamu obw'obuvunaanyizibwa n'okwefuga?

### **Entegeeka ey'okukola.**

Nnyonnyola engeri bazadde bo gye bakukangavvulam. Oluvannyuma nnyonnyola amateeka n'ebivvamu by'ossa mu nkola mu maka go mu kiseera kino. Bwe muba bafumbo, wandiika olukalala lwo nga lwawukanye ku lwa munno, oluvannyuma mugeraageranye.

---

---

---

---

---

---

---

Abaana bo bwe baba basoba mu myaka munaana, basabe bakuwe amateeka nga bwe bagamanyi. gageraageranyizibwa gatyga ku lukalala lwamwe? Mukikubaganyeko ebirowooza mwenbi ng'abafumbo.



---



---



---



---



---

## Ekikozesebwa 2: Eky'okutereeza Ekiyinda Okuva Mu Kumenya Amateeka.

Eby'okutereeza Ebiva Mu Kumenya Amateeka biringa enva endiirwa. Abaana abasinga tebabyagala naye bya mugaso nnyo mu kufuna obulamu obulungi. Abaana bayinda okukugamba nti tebaagala mateeka ne bivaamu, naye bakimanyi mu mitima gyabwe nti babyetaaga.

Mu Byawandiikibwa byonna, Katonda akiraga bulungi nti waliwo ebintu ebiyinda okuvaamu singa omuntu aba ajeemedde Katonda. Katonda awa omuntu eddembe okwesalirawo. Ennono nyangu. Nga n'ekibi tekinnayingira mu nsi, Katonda yassaawo ennono y'eteeka n'ekivaamu olw'okulimenya.

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Ekivaamu*—Ekyo kaddirira oluvannyuma lw'okumenya etteeka. Okusobola okussa mu nkola etteeka erikola obulungi, wateekwa okubaawo eky'okutereeza olw'okumenya etteeka eryo.

Mukama Katonda n'alagira omuntu n'amugamba nti, "Buli muti ogw'omu lusuku olyangako nga bw'onooyagalanga;<sup>17</sup>naye omuti ogw'okumanya obulungi n'obubi togulyangako, kubanga olunaku lw'oligulyako lw'olifa." (Olubereberye 2:16-17)

Etteeka eryaweebwa Adamu lyali ligamba nti: "Tolyanga" ku muti ogwo ogumu, era ekyavaamu kyali nti, "Olifa" bw'oligulyako. Adamu ne Kaawa bwe baamenya etteeka eryo, bombi baafuna ebivva mw'ekyo. Era waliwo n'ebizibu ebirala bingi ebyava mu kumenya etteeka eryo.

Katonda yeeyongera okugoberera ennono eno bwe Etteeka lye:

"Laba, leero nteeka mu maaso gammwe omukisa n'okukolimirwa.<sup>27</sup>Munaabanga n'omukisa bwe munaawuliranga ebiragiro bya Mukama Katonda wammwe, bye mbalagira leero. (Ekyamateeka 11:26-28)

Eteeka \_Amateeka ga katonda \_gegali amateeka agawebwa Musa, na gawandika wansi. Gasangibwa mu kitabo kye ndagano enkade ekyo okuva okuyita mu mu Ekyamateeka, nga ogaseeko amateeka ekumi. Katonda bulijo alaaga nti okugonda kureeta omukisa ne obugyemu buva mukusalibwa omusango oba okuterezebwa, ebiseera ebimu kuyitibwa ekikolimo. Emikisa ne ebikolimo bilabwa mu Ekyamateeka 27-28.

Katonda yagaba amateeka amawandike okuyamba abaana ba isilayiri okusigala munkolagana enungi naye, abalala, ensi ne noonoo ezibetolode. Yalina byebagala ebirungi mu ndwooza, ne bywandikibwa musa byalaga okwagala kwa katonda bulungi. Lwakuba, aba Isilayiri

abasinga bagenda mudungu lye ensi esubize emyaka anaapaka bwebafa abaana babwe nebakulemberwa munsu eyo.

**Eteeka lilambikidwa bulungi: bwomenya eteeka, ofuuna ebivamu.**

Eteeka—Amateeka ga Katonda—ge mateeka agaawebwa Musa era n'agawandiika. Gasangibwa mu bitabo by'Endagaano Enkadde eby'Okuva okutuusa mu Ekyamateeka, nga mw'otwalidde n'Amateeka Ekkumi. Katonda bulijjo alaga nti obuwulize buleeta emikisa, era obuuseumu buvaamu omusango, oba okutereeza, oluusi ekiyitibwa ekikolimo. Emikisa n'ebikolimo biwebwa mu Ekyamateeka 27-28.

Katonda yateekawo mu buwandiike amateeka agaayamba abaana ba Isiraeri okusigaza enkolagana ennungi naye, abalala, ensi, n'obuwangwa obwetoolodde. Yali abafaako mu bino byona era ebyo Musa bye yawandiika byalaga bulungi Katonda by'ayagala. Eky'ennaku, Abaisiraeri abasinga obungi bwe baali baayita mu ddungu nga bagenda mu nsi ensuubize, beewaggula enfunda n'enfunda, era ne babonaabona olw'ebyadirira. Katonda n'abaleka okwetolorera mu ddungu okumala emyaka amakumi ana okutuusa lwe baafa, abaana baabwe ne batwalibwa mu nsi.

Ennono nnambulukufu bulungi: omenya eteeka, ofuna ekivaamu.

Ng'enteekateeka yaffe ey'okukangavvula bwerimu amateeka agateekedwawo mu kusooka, naffe tuteekwa okuba n'ebyokutereza eby'amaanyi ebinyinza okuvaamu singa eteeka limenyebwa. Tulina okuwa abaana baffe ensalo ezitegeerekeka. Bwe bazibuuka, tuteekwa okukangavvula mu ngeri y'okutereeza. Ensobi zaabwe tuyinza oziitwala ng'omukisa ogw'okubatendeka, ekintu ekirungi, nga bwe tujjukira nti kuno kwagala.

Ennono eno yeyolekera mu mizannyo. Lowooza ku mupiira. Bw'okola ky'otalina kukola, omenye eteeka. Toyinza kwetondera ddiifiri n'omusuubira nti ajja kukutaasa okuva kw'ebyo ebinaavaamu. Mu kifo ky'ekyo, ddiifiri ajja kugenda mu maaso n'okutereeza ensobi ng'afuwa firimpi nga alaga nti ttimu endala egusambe okuva mu kifo ensobi wekoledwa. Si kuteesa. Okukaayana oba okugamba nti kabade kabenje tekijja kukyusa ebyo ebiva mu kukola ensobi. Ebivaamu bitegeeza n'okukubiriza abazannyi okubeera n'empisa basobole okusigala mu mateeka g'omuzanyo.

Mu ngeri y'emu, ebivaamu birina okutegekebwa dda ng'esobi tenakolebwa so si kusalibwawo mu kiseera ekyo. Ka tugambe nti eteeka lya ligamba nti "Tewali kubuukira ku ntebe." Lumu ku makya ng'oyita mu ddiro n'olengera omwana wo omuto ow'emyaka omusanvu, omwana omugonvu, ng'abuuka ku ntebe. N'oyogera mu mutima gwo, ekyo sagala ku kikolako kati. Sinnanywa cayi wange. Mu kuyitawo, n'ogamba bugambi nti, "Ekyo kikomye kati."

Bw'omala okunywa caayi, owulira bulungi. Kino kye kiseera okwetegekera okugenda mu kkanisa era oyanguya buli omu okwetegeka. Olaba omwana wo ow'emyaka omwenda, ow'emputu ng'abuuka ku ntebe. Mu kifo ky'okugamba obugambi nti "kikomye" nga bwe wakoze kw'oli, oghenda mu maaso n'okugamba nti "Nkugambye emirundi mingi obutabuukira ku ntebe eyo!" Oluvannyuma n'omukuba oba okumuteekawo ekibonerezo ekirala.

Ekyo ekivvamu eky'okutereza si kye kyali kitegekeddwa. Okwo kukuza baana mu ngeri ey'obutalooza n'okukozesa ennewulira ey'ekiseera ekyo. Ekivaamu oky'esigamiza ku ngeri gye weewuliramu mu kiseera ekyo—so si ku nkola ey'okwagala, eyategekeddwa. Okukuza abaana mu ngeri eno kireeta obuggya wakati w'abooluganda era kiyinza okukakasa omwana

ow'emputu, nga mu butonde y'ajja okufuna ebvaamu ebisinga obungi, nti abazadde babaagala kitono. Era kibanyiiza era kiyinza okubaleetera okuba n'omutima omujeemu.

### **Okwekebeera.**

Wandiika obutali bwenkaanya obuli mu maka go ng'okangavvula abaana bo.

---

---

---

### **Ekikozesebwa 3: Ekibonerozo.**

Ekibonerozo kitundu ku nteekateeka yonna ey'okukangavvula, naye kyawukana ku kivamu eky'okutereza. Ekibonerozo kikubiriza omwana okukkiriza obuyinza bw'omuzadde n'akkiriza Ekivaamu eky'okutereza.

#### **FAYIRO Y'AMAZIMA**

*Okubonereza*—Obulumi obw'ekigero obw'okukubiriza, oba ekubonereza.

Ddamu osome ebigambo ebyo ebikwata ku kubonereza. Olabawo engeri yonna ey'okwogerera mu busungu, okuboggola, okuwoolera eggwanga, okusala omusango, okugeraageranya, okubuusa omwana amaaso, oba okuvuma? Bangi ku ffe twesanga nga tukkiriza nti okukangavvula tekujja kukola okuggyako nga tulaze obusungu n'okutumbula amaloboozi gaffe. Eyo ndowooza y'ensi era terina kifo mu maka g'Abakristaayo. Buli ngeri ey'okukangavvula eteekwa okukolebwa mu kwagala, kubanga okwagala kye kisinga okukubiriza omuntu okukola ebintu mu ngeri ey'amaanyi—so si busungu.

Kubanga obusungu bw'omuntu tebukola butuukirivu bwa Katonda. (yakobo 1:20)

Abazadde bangi bazibuwalirwa okubonereza era balina okulowooza ku biragiro bya Katonda.

Tolekanga kubuulirira omwana:

Kubanga okumukubako n'omuggo, tekijja kumutta.

<sup>14</sup>Omukubanga n'omuggo,

N'owonya emmeeme ye mu magombe. (Engero 23:13-14)

Olunyiriri luno luteru okuleetawo okutabulwa. Katonda tagamba bazadde kukuba mwana ng'abakozesa ekyuma. Wabula ye ngombo omuggo mwe gukiikirira ebintu bibiri: olukoba olupima n'obuyinza.

Katonda atugamba nti oluusi abantu beetaaga okufuna obulumi okusobola okukula mu birowoozo oba okuyiga okukkiriza obuyinza. Takugamba kukwata muggo n'okukuba omwana wo okutuusa lwakugondera. Ekigambo kya Katonda kyonna olina okukitwala ng'okuteesa kwe. Ekigambo kya Katonda tekyewakanya.

### **OKUSIMA EBUZIBA**

Nnyonnyola amakulu g'olunyiriri luno gy'oli ng'omuzadde.

Okukakangavvulwa kwonna mu biro ebya kaakano tekufaanana nga kwa ssanyu wabula kwa nnaku, naye oluvannyuma kubala ebibala eby'emirembe eri abo abayigirizibwa mu kwo, bye bibala eby'obutuukirivu. (Abebbulaniya 12:11).

---

---

---

Ekigambo ekukangavvula wano kye kigambo kye kimu eky'Oluyonaani (paideia) ekikozesebwa mu Abeefeso 6:4, ekiraga okutendekebwa oba okukangavvula. Bw'osoma ekitundu kino mu bigambo ebiri mu Abaebbulaniya 12:3–11, olaba okugerageranya wakati w'engeri taata gy'aleetamu obulumu mu kukangavvula n'engeri Katonda gy'akolamu. Katonda agamba nti bw'oba tokangavulwa, toli mwana we. Njagala okukiriza nti owulidde omukono ogw'okwagala ogw'okutereeza kwa Katonda ng'okoze ekibi. Ekyo kitegeeza nti oli we.

Bwe kituuka ku kukangavvula mu ngeri y'okubonereza oba obulumu, oyinza okuba ng'owulidde enjogera egamba nti, "Kino kigenda kunnuma nnyo okusinga okukulumya." Oboolyawo bazadde bo bakyogera. Ekibonerezo kiweebwa omwana singa bagaana eky'okutereeza ekiva mu kumenya eteeka.

### **Okumalawo Okubuzabuzibwa.**

Okukuba abaana bange ebiseera ebisinga kyamenyanga omutima era kye kimu ku bintu ebisinga okunzibuwalira okukola nga taata. Kyambereranga kizibu okukuba omwana waffe omuto, naye nalina okukikola, kubanga yali agezesa obuyinza bwange ng'agaana okukola eky'okutereeza ekimuweredwa.

Abazadde abamu bagamba nti tebakkiririza mu kukuba. Naye Ekigambo kya Katonda kigamba nti omwana bw'agana okugondera obuyinza bwaffe n'okutendekebwa kwaffe, tulina okunoonya engeri y'okubakubirizaamu. Oyinza okuba ng'olina bazadde bo abaakukuba kumpi okukuta, oba nga tebaakukuba n'akatono. Ekyo kye baakola kyali kikyamu era tekisaanidde kukusalirawo mu kugondera ekigambo kya Katonda. Singa tofuna ngeri yonna gy'oyinza kukubiriza mwana wo kukirizanga eky'okutereeza ensobi ze, Ebyawandiikibwa bigamba nti ojja kisasulira oluvannyuma.

Nkoze n'abazadde okumala ebbanga ddene erimala okulaba nti omwana ow'emyaka esatu ow'emputu nga bazadde be tebakkiririza mu kukuba, n'afuuka omwana ow'emyaka 14 eyenyigiira mu funya ebikonde ne kitaawe n'okwenyigira mu bikolwa ebirala ebitali bya buvunaanyizibwa, eby'obujeemu. Omwana bw'aba tayagala kukkiriza bivaa mu kumenya eteeka, olwo tuteekwa okunoonya engeri gye tuyinza okubaleetera okuwanika n'okukikkiriza. Bw'oba wafuna omwana ow'emputu, ateeekwa okukubirizibwa emirundi mingi.

Abazadde abamu tebaagala kubonereza nga batya nti kiyinza okukosa obwongo bw'omwana ng'atuusidwako obulumu. Ekibonerezo kyonna ekikolebwa mu bukyamu kikyamu era kiyinza okuleetera omwana enkovu mu mutima. Naye obulumu kye kimu ku bintu Katonda by'ateekateeka mu bulamu. Ng'ekyokulabirako, bwe nnali wa myaka 11, nnali muvumu. Nze

ne mikwano gyange twateranga okubuuka amadaala nga tuvuga eggaali zaffe. Bwe twayiganga okubuuka okuva ku ddala erisooka, nga tugezaako eddala ery'okubir. Naye nagwa ku kabenje ne n nubuka amaviivi n'okuweta emipiira gyombi. Nali mu bulumi obw'amaanyi naye navuga eggali ne nzira awaka ne ntereza emipiira era enkeera naddamu okuvuga eggaali. Saaddayo kuddamu kubuuka okuva ku ddala ery'okubiri kubanga saayagala kuddamu bulumi obwo.

Bwe ndaba omuntu ng'ali ku ggaali kati, sirina bijjukizo bya kwerumya. Sifunangako nnaku mu mutima. Amagezi g'ensi bwe gatuleetedde okukkiriza nti kye kijja okubaawo singa tukozesa okukuba ng'ekintu ekitukubiriza. Obulumi kintu kirungi, ekitundu ky'obulamu ekituyigiriza. Ekya kyannyamba obutaddamu kubuka ku kagaali nga nva ku maddala abiri. Emyaka bwe gize giyitawo, obulumi bunjigirizza mu ngeri nnyingi bye nsobola n'ebyo bye sisobola kukola.

Abaana abamu abalina emputu beetaaga okukubirizibwa. Tebaagala ndowooza egamba nti ggwe alina obuyinza, era ebiseera ebisinga baagala okuddukanya amaka. Naye jjukira nti Katonda ye yabafuula ab'emputu. Ebiseera ebimu beetaaga ebikukubiriza ebyo okusobola okukkiriza obuyinza bwo n'okukkiriza ebyo ebivamu ebyatekeebwawo singa eteeka limenyabwa.

Okukuba kujja kwogerwako mu bujjuvu mu ssomo 8.

### **Omutendera.**

Ekibonerezo ekyategekebwa edda kikozezebwa mu mutendera kw'okukangavvula kulw'okubiriza omwana. Ka tugambe nti eteeka lya ligamba nti "Tewali kubuukira mu ntebe," ate nga ekiva mw'ekyo eky'okutereza omwana wo ow'emyaka etaano kye ky'okufuluma ebwere okumala ddakiika ttaano ng'ali mu ntebe. Bw'agaana okutuula mu ntebe okutuusa ddakika ettaano lwe ziggwaako, omwana wo aba alonze ekibonerezo/ekikubiriza. Oluvannyuma lw'okumukuba, muze mu ntebe oddemu okutandika okubala eddakiika ttaano. Tewali busungu, tewali kuyomba, tewali kutiisatiisa. Omwana wo bw'akkiriza Ekivaamu eky'okutereza ng'atuula okumala eddakiika ttaano, aba akkirizza obuvunaanyizibwa bwe obw'okumenya amateeka n'okukula mu kwefuga. Bwe bajjemaa nga tebaagala kukkiriza biki ebiyinzira okuvaamu, baba balonda ekibonerezo.

Abazadde bangi tebategeera nsengeka y'ebivamu eby'okutereza n'okubonereza nga tebamanyi erina okusooka n'ekirna okudirira. Yiga omutendera omutuufu: Eteeka erimenyedwa lireetawo okutereza. Okugaana eky'okutereza kireeta ekibonerezo. Kye kikubiriza ekikozezebwa okuyamba omwana wo okukkiriza ebivaamu eby'okutereza—so si ebivaamu byennyini. Twerabira mazima gano. Jjukira nti okutereza kwonna kulina kukolebwa na kwagala.

Ekibonerezo kyokka tekitendeka. Abantu abasoba mu 80 ku buli 100 abaggyibwa mu kkomera bakomawo mu kkomera. Enteekeeteeka y'ebibonerezo eteekebawo okubonerezebwa so si kutendeka. Olufuluma nga "n'omukono omunene ogw'eteeka" gubavuddeko, badda butereevu ku nneeyisa yaabwe eyasooka. Mu ngeri y'emu, abaana abwebwa okubonerezebwa kyokka ate nga tebawebwa kugunjula okutereza obumenyi bw'eteeka tebatendekewo.

**Ekikozesebwa 4. Okunyikira.**

Okunyikira kugya kulabibwa mu ssomo eridako.

## Essomo 5: Okutendeka Awatali Kwekiriranya

Tulina okunyikira bwetuba twagala okulaba okukula mu baana bafe, n'olwekyo esuula eno eweredwayo eri ekikozesebwa 4: okunyikira.

Lowooza ku nsonga lwaki abantu bavuga endiima. Okunoonyereza okwakolebwa mu bwesimbu ku bantu bameka abavuga endiima, kwalaga nti kumpi buli omu avuga endiima mukiseera ekimu oba ekilala. Omuntu ayinza okukiwoleereza nga agamba nti buli omu avuga endiima oba nti babadde kikerezi. Naye ensonga lwaki abantu bavuga sipiidi tekoma ku butaba na kwefuga kwokka, wabula n'okulemererwa kw'ekitongole kya poliisi okukwasisa etteeka mu buli kifo.

Kiba kitya singa kompyuta ey'omu mmotoka zaffe ekwata akatambi singa tuvugira ku sipiidi mu buwanvu obusukka mayiro emu buli ssaawa? Yali wereza alipoota eri ekitongole kya poliisi n'akyo n'ekiweereza tikiti y'okuvuga sipiidi. Tuyinza okufuna okwefuga amangu ddala olw'ebvamu nga tumenye nga tumenye eteeka.

Abaana si ba njawulo. Awatali bunyikiivu, wayinza obutabaawo mateeka na kutendekebwa, ekigeraageranyizibwa ku mirembe. Okubeera abanyikivu tekijja kuleetera baana baffe kulekera awo kubeera basirusiru mu kiro kimu. Embaala eteekebwa mu mwaana buli lwe tubawa ekivaamu eky'okubateresa olw'okusala ensalo (okumenya etteeka). Okufaananako omubiri ogukola dduyiro, buli lw'egukangavvulwa (okutendekebwa), gweyongera amaanyi.

### OKUSIMA EBUZIBA

Nnyonnyola amakulu g'olunyiriri luno gy'oli ng'omuzadde.

Era nkakasiza ddala ng'oyo eyatandika omulimu omulungi mu mmwe aligutuukiriza okutuusa ku lunaku lwa Yesu Kristo. (Abafiripi 1:6).

---



---



---

Okunyikira kuyinza okuzibuwalira bamaama kubanga batwalibwa nyo enneewulira. Ba maama, temwetonda olw'enneewulira zammwe, wabula temwekiriranya ku ebyo Katonda by'ayagala. Katonda teyakuwa kirabo ekyo okikozese mu ngeri etasaana. Yakuwa omutima ogulera, era nga kirungi, naye toyinza kukkiriza nneewulira kukulemesa kugondera Kristo ng'otendeka abaana bo.

Bataata abamu baleka ebikolobero okuyita nga tebikoledwako olw'okuba okukangavvula kizibu nnyo, oba okwewala okwenjanga abaana, bbo ne balabika ng'abasajja abalungi. Tokoowa—laba nti okola ku buli nsoga. Abaana bo bakwetaaga.

Endowooza Katonda gy'alina ku kukangavvula kwe kuba nti okwagala kusiibwa mu nkola. Okukangavvula okutalimu bunyikivu kuyinza okuyigiriza omwana nti asobola okukozesa omu ku bazadde okufuna byayagala era nti buli kimu kisoboka okuteesebwako. Ekisinga okuba

eky'akabi ku mwana okozesa embeera okufuna by'ayagala, kwe kuba nti baddamu okweyisa mu ngeri y'emu mu bufumbo ne mu mirimu. Muyige okuyambagana ng'omwami n'omukyala, era buli omu asabire munne. Musabe Katonda abayambe mwembi mubeere bawulize gy'ali mu nsonga eno.

### **Okubala.**

Abazadde abamu bakozesa okubala ng'ekimu ku ebivaamu eby'okutereza. "Ekyo kyokola kikomye! Ngeda kubala okutuuka ku satu, era wandibade okikomya!" Naye okubala kintu kya kabi nnyo mu mutendera gw'okutendeka. Abaana ab'emputu tebasobola kugumiikiriza ndowooza nti omuzadde y'afuga. Bwe bamugamba obutakola kintu, alowooza nti nze nnina okuwangula wano. Nnina okubalaga nti ndi mu buyinza.

Omwana ow'emputu ajja kusemberera ekintu ekiwereddwa, n'akakasa nti Maama amutunuulira, oluvannyuma atuukirira kumpi n'okukikwatako. Mama olumugamba nti, "Togezako; ekyo tokikwatako," ng'olwo omwana amaanya nti mama amutadeko ebirowoozo. Oluvannyuma maama yeeyongera n'agamba nti, "Ngenda kutandika okubala. Emu ... wandibadde nno ovvawo. Bbiri ... bbiri ... n'ekitundu . . . towulira ky'enkugamba!" Mu kiseera kino emisuwa gya maama gitandise okuvayo nga anateera okwabiika. Oluvannyuma omwana atambula n'avawo ng'alowooza nti, olaba, ddala nze afuga. Ndetedde maama okuulabika nga nyiize.

Okubala kuyinza okufuuka ekikozesebwa eky'onoona singa kikozebwa ng'ekitundu ky'enkola y'okutendeka era kiyinza okuleetera abaana ab'emputu okweyongera okugezaako okufuga. Mu kifo ky'ekyo, maama yandigambye nti, "Awo vvawo, kati." Bwe batavvawo mangu, bafuna eky'okutereza ekiva mu butaba muwulize. Okussa mu nkola ekidaako oluvanyuma lw'okumenya etteka kye kisumuluzo. Singa enneeeyisa eno tekolebwako mu bwangu, ejja kuvva mu mbeera nga batuuse mu buttini.

Adamu ne Kaawa bwe baayonoona, Katonda teyatandika kubala nga bayimiridde okumpi n'omuti ogw'okumanya ekirungi n'ekibi. Yawa etteka eryo n'ekigendererwa eky'okutereza (Olubereberye 2:17) era n'ekigobererwa n'eky'okutereza bwe baajeema (Olubereberye 3). Wadde nga Adamu ne Kaawa bombi beekwasa ensonga (Olubereberye 3:9–13), nga mwotwalidde n'okumenya Katonda (olunyiriri 12), yatukiriza buturiza ekibonerezo. Teyakkiriza kumukozesa nsobi.

### **Amateeka, Abaana, n'Eby'Okusalawo.**

Emyaka mingi emabega, waaliwo omuzannyo ogwamanyibwa ennyo ku ttivvi oguyitibwa "ka tukole ddiru." Abalabi abali mu situdiyo baayambala nga engoye enz'omu nsiko nga basuubira okusikiriza omukubiriza w'apulogulamu asobole okumulonda naye alonde ezimu ku nzigi essatu ku siteegi. Emabega wa buli luggi waaliwo ekirabo ekinene oba ekirabo ky'oyo asembayo. Abavuganya baali basobola okudda awaka nga balina emmotoka, eryato oba omukebe gw'ebyenyanya.

Abaana bangi baagala okuzannya "katukole Ddiru" bwe kituuka ku mateeka n'ebyokutereza ebivamu oluvvanyuma lw'okumenya etteka.

Olugi 1: Goberera amateeka.



Olugi 2: Menya eteeka, Kiriza Ekivaamu.

Olugi 3: Teri mateeka, teri by'akutereza bivamu.

Emiryango esatu gikiikirira engeri omwana wa bulijjo gy'ayanakulamu okutendekebwa. Twagala balonde oluggi olusooka bagoberere amateeka gaffe. Okulonda oluggi olw'okubiri kitegeeza okumenya amateeka n'okukkiriza eky'okutereza ekivaamu olw'obutaba muwulize. Abaana abasinga naddala ab'emputu baagala oluggi olw'okusatu: "Sirina kukkiriza tteeka, era sirina kufuna kuterezebwa." Kino kiba ng'omuvuzi w'emmotoka okukwatibwa olw'okuvuga sipiidi, n'aweewba ekiwandiiiko, oluvannyuma n'agenda mu kkooti n'alwanyisa fayini. Yasalawo okudduka sipiidi, akimanyi nti alina omusango, naye tayagala kukkiriza kivudde mu kuterezebwa. Eyo nneeyisa y'akito. Omwana ayiga okukkiriza ebivaamu eby'okuterezebwa ng'abazadde banyikira mu kutendeka okutufu, ekizimba embaala ennungi.

Nga bwetumanyi nti abaana tebannakula, ate nga mu butonde tebatwala buvunaanyizibwa olw'ebikolwa byabwe, tusaanidde kukola ki nga balonze oluggi 3? Tulina kwewuunya, kuba na busungu, kukuba enduulu, kuboggola, kusala omusango, oba kuggwaamu amaanyi n'akunyiiga? Eky'ennaku, eno y'engeri abazadde gye beeyisaamu. Wabula tulina okuggyawo oluggi 3 ng'ekilondebwa. Tuteekwa okussa mu nkola amateeka agawandiikibwa mu bukkakkamu era nga buli kiseera tutegeeza bulungi nti balina ebintu bibiri byokka bye basobola okusalawo: okukkiriza etteeka oba okumenya amateeka ne bakkiriza eby'okutereza ebivaamu.

Abaana abakuzibwa awatali bunyikivu mukuterezebwa olw'ebikolwa byabwe bafuuka abakulu abatavunaanyizibwa ku bikolwa byabwe. Mubutamaanya abazadde bangi bamaze emyaka mingi nga bakkiriza abaana baabwe okulonda eky'okusatu, n'olwekyo kiba kizibu okuddamu okw'etendeka n'okutendeka abaana baabwe okukomya enkola eno ey'okukuza abaana etakola.

Abazadde mwetaase mu kino. Olugi olw'okusatu lusazemu. Bwe kiba nti abaana bo babadde balulonda buli kiseera, ate ng'obadde okikkiriza, tewewuunya bwe bagenda mu maaso n'oddusaba. Bannyonyole, era balage nti ebintu bikyuse nga okangavvula buli lunaku.

### **Enteekateeka y'Okukola 1.**

Muyite olukiiko lw'amaka. Nnyonyola abaana bo ku miryango gino esatu, bye basalawo, n'omutendera gw'okukangavvula ogw'amateeka, ebivaamu eby'okutereza n'okubonerezebwa. Oluvannyuma bwe batandika okweyisa nga bulijjo, bajjukize nti, "Mmanyi oyagala oluggi ow'okusatu, si bwe kiri? Ojjukira olukiiko lwaffe? Tetugenda kuluddamu. Kkiriza ebivaamu ebikutereza oba okubonerebwa ng'eky'okubiriza kifo ky'ekyo."

Abaana abasinga ab'emputu nga Nicholas wange, bajja kulonda oluggi olw'okusatu buli lwe kisoboka. Abaana abawulize, nga Justin wange ne Katie, batera okulonda wakati w'olugi olusooka n'olw'okubiri. Abaana abawulize balina obwagazi obw'omunda obubakubiriza okukolagana n'abaazadde. Kikulu nnyo gye baali okusanyusa bazadde baabwe. Abaana ab'emputu, ku luuyi olulala, emirundi mingi tebafaayo nnyo ku ky'omuzadde okuba omusanyufu oba nedda; baagala kufuuga.

### **Okukyusa Mu Kutendeka Kwaffe**

Yigiriza omwana wo, nga bw'asaanye okweyisa mu bulamu bwe; ekyo talikivaako ne mu bukadde bwe. (Engero 22:6)

Kino sibukakafu nti kirina okubaawo naye kiraga ekisobooka. "Ekubo ly'alina okutambuliramu" kitegeeza nti buli mwana wa njawulo mu kikula kye, era abamu bayinza okwetaaga ebivaamu eby'okutereeza, ensalo ez'amaanyi n'ebibonerezo eby'amaanyi okusinga ebalala. Olunyiriri luno era lutegeeza nti abazadde balina okuba abetegefu okukyusamu okukangavvuula okusinzira ku mbeera za buli mwana n'ekubuzibu bwe.

Nick bwe yali ku ssomero, kyali kya bulijjo okubeera n'enkiiko bbiri oba ssatu n'abasomesa buli mwaka olw'okuba yali ayagala kola bibye. Tetwewuunyanga kufuna ssimu nti: "Omwami n'omukyala Caster, osobola okujja ku ssomero? Tulina okubeera n'olukiiko ku mutabani wo Nick."

Nick bwe yali mu ky'okusatu, twafuna ezimu ku simu zino okuva ew'omusomesa we eyali yaakafumbirwa nga talina mwana. Yatandika okutubuulira ku nneeyisa ya Nick mu kibiina. Bwe yamaliriza n'atubuuza oba tumukangavvula. Twamuddamu nti, "Tumukangavvula."

Naye okusinziira ku ngeri gye yayogeramu yali alowooza nti tulimba, oba nti tetumanyi kye tukola. Yabuusa amaaso bye twali twogera n'ayongera n'agamba nti, "Kikulu nnyo abazadde okuteekawo ensalo," olwo n'agenda mu maaso n'okutuwa amagezi.

Nali nsobola okulaba nti mukyala wange yali atandise okunyiiga ne nnyingira mu mbozi ne mmugamba nti, "Laba. Nkimanyi nti Nick ayagala nnyo okuddukanya buli kimu; kye kikula kye. Nick wa ggume. Kitufu, tulina amateeka awaka. Naye otugambye nti kino kimaze emyezi egiwerako nga kigenda mu maaso, era kati kye tujje tukiwulire? Ka tuleete Nick, tuyite mu by'akola, tukkiriziganye ku ky'okutereeza ekiva mu menya eteeka ky'oyinza okumuwa wano, ng'okulonda kasasiro mu biseera by'ekyemisana oba okukola dwiro. Era ka tussaawo engeri gy'oyinza okuwuliziganya naffe nga tumunonye, oluvannyuma tujja kigobereza n'ebintu ebirala eby'omukutereeza awaka."

Ye Nick bwatyo bwe yali. Bwe yabanga tayagala kukola kubala, yali atabula ekibiina kyonna ng'alekaana nti, "Ani ayagala okufuluma okuzannya?" Ekyo ekikula kyali kya mukisa nnyo bwe yatandika okukikozesa mu ngeri entuufu mu myaka gye egy'obutiini. Naye tekyali kya sanyu nga tumukuza.

Emyaka ebiri oluvannyuma lwa Nick, omusomesa y'omu twamuwa omwana wange owookubiri, Justin, omusanyusa w'abantu asingayo, eyateranga okuwandiika obubaka wansi w'empapula z'ebibuzo, nti "Nkwagala. "Ggwe musomesa asinga."

Ku matikira ga Justin bwe yamaliriza eky'omukaaga, omusomesa yaleeta buli mwana n'amwogerako ekintu ekirungi. Bwe yamutuukako, omukazi ono y'atandika okukaaba amaziga olw'essanyu, olwo abakazi abalala ne batandika okukaaba ng'abasajja bwe batunuulira bannaabwe n'obwenyi obubuuza nti "Kiki ekiriwo?" Yayogera okumala eddakiika ttaano ku bulungi bw'omwana wange. Abasomesa ba Justin buli kiseera baambuuzanga nti, "Omwana ono wamufuna wa? Mulungi nnyo ate nga wakitalo."

Nabaddangamu nti, "Tojjukira myaka ebiri emabega ng'olina omwana wange omulala Nick?" Ennyumba y'emu, amateeka ge gamu, abazadde be bamu, abaana banjawulo. Kale katonda yewunyisa. Tagwesa bisesa. Yawa abaana baffe embeera z'obuntu ez'enjawulo.

## **Embalasi Enzirugavu Etali Ndaawe.**

Lumu nnakomawo awaka okuva ku mulimu nga Nick wa myaka nga kkumi. Yali mu kisenge kye ng'alunaku lumuzitowerede. Yali afunye ebibonerezo ebiteereza okuva lwe yazuukuka okutuusa lwe nnakomawo awaka. Yali akaaba. Natuula kumpi naye ne mmubuuza nti, "Kiki ekikyamu?"

Yamuddamu nti, "Taata, ndi mubi nnyo."

Nawulira nga nkomedwakoi. "Otegeeza ki, nti oli mubi nnyo?"

Yamuddamu nti, "Nfuna ebibonerezo eby'okutereza bingi bw'obigeraageranya ku bya Justin. Ndi mubi nnyo."

Natuula awo nga ndowooza, Katonda, nnyamba wano. Nayagala okugamba nti, "Oli mutuufu." Naye Katonda yampa mangu amageezi n'annunula. Ebiro bitono ebyali biyise, twali tulaba firimu eyitibwa "The Black Stallion." (oba embalasi enzirugavu etali ndaawe). Nagamba, "Nicholas, ojjujira embalaasi eyo mu firimu? Baali tebayinza kujiteeka mu kikimera ekya bulijo? Ekisenge kya ffuuti nnya kyali tekimala; yali esoboola okukibuuka. Embalaasi eyo yali nzirugavu, era yali ya mpuutu. Katonda yajikola bw'atyo. Nick, oli nga embalasi eyo. Kitufu, olimuzibu wakutendeka, mutabani. Weetaaga okuterezebwa emirundi mingi, naye kirowoozeeko ng'okwetaaga ebikomera ebiwanvu. Nkimanyi nti kizibu eri ggwe naffe oluusi naye oli wa mugaso. Katonda yakuwa omutima omugumu. Amaanyi go n'obugumu bw'omutima birabo ebiva eri Katonda, era olunaku lumu ojja kukozeza amaanyi ago okukolera Katonda ebintu ebinene.

Oluvannyuma lw'okuwa Nicholas erinya, twakizuula nti erinnya litegeeza "omukulembeze w'abantu." Abaana bano ab'emputu be ba Petero ne ba Paulo. Ntendereza Mukama olw'omutima gwa Nick omugumu. Abazadde buli kiseera bambuuza nti, "Nick akukiriza okumwogerako n'okumuwandiiikako ebintu bino?"

Nziramumu nti, "Osaaga? Nick's akimaanyi nti bamumatira! Ajja na kukubuuza nti, 'Oyagala nteeke omukono ku kitabo kyo?' Nick mukakafu nyo ku kyali mu Kristo. Era akimaanyi nti yali kikozezebwa kya Mukama. Katonda yamukozeza okunyannyamba okufuuka ekifaananyi kya Kristo.

Nali setaaga kuisinkana basomesa ba Justin okuteekawo ekibonereza ekimutereza ku lw'empisa embi ekirina okukolebwa awaka. Nnali seetaaga kuteekerawo Justin budde bw'okukola home work. Naye ku Nick, nnalina okukola ebintu ebyo. Yali wa njawulo. Yali yeetaaga enteekateka kubanga awatali kizimbe ekyo, yatabukanga. Yali yeetaaga ffe okukolaganira wammu naye tumuyambe mu bintu bino.

Beera mwetegefu okuyamba abaana bo, nga tobageraageranya na bannyinabwe oba baganda be. Buli omu wa njawulo era Katonda bw'aba yakuwa omwana ow'emputu, tokitwala ng'ekizibu ky'obuzaale. Tendereza Katonda olw'omwana oyo.

## **Entegeeka Eyokukola 2.**

Wandiika essaala wammanga, ng'osiima Katonda olw'ekikula kya buli mwana. Bwe kiba kyetaagisa, wandiika okwetonda olw'okubavumirira.

---

---

---

---

---

---

---

---

Kozesa ebikozesebwa bino ebina eby'okutendekebwa okulaba nga Katonda aleeta enkyukakyuka. Okulemererwa n'ensobi bitera okubaawo; Bibere mukisa gwaffe okubatendeka. Ensobi zaabwe tozitwala ng'ekigenderedwa okukosa oba okwerabira nti mulimu gwo okutendeka abaana bo. Ekizibu gwe mubiri gwaffe omugayaavu, naye Katonda ajja kutuwa ekisa okukikola mu ngeri entuufu bwe tuba twagala.

Wandijeemedede Katonda mu bugenderevu? Oyinza omugamba nti, "Sikkiriza ntegeeka yo"? Oyinza obutamugamba mu bigambo naye okutitira mu bikolwa byo. Katonda bw'aba akuwadde omukisa n'omwana ow'emputu, beera mwetegefu okwetabamu n'okusigala ng'oli munywewu n'okuwa ebiseera n'amaanyi ebyetaagisa. Bw'osunguwala n'oboggola, oba n'olekulira obuvunaanyizibwa bwo, oba ogamba Katonda nti, "Sikwesiga. Wakola nsobi. Wampa omulimu ogusukka ku busobozi bwo okunnyamba okugukola obulungi." Okwo nno kuba kuwayiriza kunene.

**Okwekebera 1.**

Waliwo ekintu kyonna kye wakola ekyayogera bwe kityo eri Mukama? Bwe kiba bwe kityo, wandiika okwenenya olw'ebikolwa ebyo era osonyiwe.

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

**Tendeka Mpisa—Si Mbeera Gye Bakulaga**

Abasinga obungi ku ffe tulabye embeera z'abaana baffe. Tutera okuddamu nti, "Tomba mbeera eyo, muwala!" Eky'ennaku, kyangu okubuzaabuza embeera embi n'empisa enkyamu. Naye si bye bimu. Biteekwa okukwatibwa mu ngeri ey'enjawulo.

Ensonga eno nkulu nnyo, eri abakazi okusinga abasajja, kubanga Katonda yatonda abakazi okubeera abakuza. Bwe wabaawo embeera enkyamu, ekikemo maama ky'alina kwe kugoberera omwana okwetooloola ennyumba ng'amwegayirira nti, "Kiki ekikukosa?" Omwana bw'atayanukula na nkyusa mbeera gy'alaga, ensonga eyinza okufuuka enkaayana.

Katonda awa buli omu ku ffe enneewulira, okuva ku ssanyu okudda mu busungu, okucamuka okutuuka mu kuwubaala. Era buli omu ku ffe abeera n'enneewulira ez'enjawulo olw'embeera ezitwetoolodde. Wadde ng'enneeyisa yaffe etera okukwataganyizibwa n'enneewulira yaffe oba embeera, waliwo enjawulo nnene. Tetusobola kusalawo nneewulira zaffe, naye tusobola okukyusa enneeyisa yaffe. Abaana bayiga okukyusa mu nneeyisa yaabwe okuyita mu kukangavvulwa mu ngeri entuufu, enyikivu era ey'okwagala.

### **FAYIRO Y'AMAZIMA.**

*Embeera*—"Endabika oba entunula; okuwulira, enneewulira oba ekibeera beera."

*Empisa*—"Ekikolwa oba engeri y'okweyisaamu." Kye kintu ekikolebwa oba ekitakolebwa, okumenya eteeka oba obutakola kye kisuubirwa.

Omuwandiisi wa Zabbuli alaga enjawulo eriwo wakati w'endowooza (enneewulira) n'enneeyisa. Zabbuli 4:4 egamba nti: "Bwe munyiiga, temwonoona." Endowooza ya busungu—enneewulira. Enneeyisa ky'ekibi—ekikolwa.

Abazadde, bw'olina okwanukula endowooza enkyamu kwe kugamba omwana wo nti, "Osobola okunakuwala oba okunyiiga, naye singa embeera eyo ekuleetera okusamba ekisenge, eyo y'enneeyisa ejja okukufunira ekibonereza ekikutereza. Oyinza okunyiiga kubanga nze akulinnako obuyinza, era nti lino ly'eeteka ly'ennyumba, naye tewali kigambo kitawa kitiibwa ekijja okufuluma mu kamwa ko. Obeera okkiriza endowooza yo enkyamu okweyoleka mu kikolwa ekikyamu ekiyinda okuvaamu ekibonerezo eky'okutereza ekyategekebwa edda."

Endowooza za mutima, era omutima tegukyusibwa nnyo okuyitira mu kukangavvula. Omutima gw'omwana okusingira ddala gukyusibwa okuyitira mu buyigirizwa mu Bayibuli; okutendekebwa mu butuukirivu; n'obweetegefu bwabwe okukkiriza okwagala kw'abazadde, obuyinza, n'okulungamizibwa.

Omutima omujeemu guba mutima munakuwavu. Omwana alina omutima omujeemu talina mirembe, ssanyu, na bumumativu, era talina ssanyu lya lubeerera— bino byonna biva mu nkola ya Katonda etuukiridde. Kuterezebwa ki okulala omuzadde kw'ayinza okukola?

### **OKUSIMA EBUZIBA.**

Nnyonnyola ebyo Yesu bye yayogera ku ngeri y'okufunamu essanyu era n'engeri essanyu eryo gye lyandifiiriddwamu.

Bwe mukwata ebiragiro byange, munaabeeranga mu kwagala kwange; nga nze bwe nnakwata ebiragiro bya Kitange, ne mbeera mu kwagala kwe. <sup>11</sup>Ebyo mbibagambye, essanyu lyange libeerenga mu mmwe, era essanyu lyammwe lituukire. (Yokana 15:10-11)

Tuteekwa okuyiga nti tetusobola kufuga ndowooza n'enneewulira z'abaana baffe nga bwe tutasobola okufuga ebyaffe. Okugezaako okukangavvula omwana olw'endowooza n'embeera embi obeera ofiridwa mu lutalo. Kuba kubafugiriza era kiyinza okubanyiiza. Mu kifo ky'ekyo, tuteekwa okubakkiriza okuwulira nga bwe bawulira awatali kusikirizibwa okuyingira mu kintu kye tujja okwejjusa oluvannyuma.

Bw'oba ng'omanyi nti omwana wo aterese obusungu gyoli, oba ng'ajeemera enteekateeka ya Katonda ey'obulamu bwabwe, ky'oteekwa okukola kwe kusaba (1 Abasessaloniika 5:17) n'obugumiikiriza awatali kwekkiriranya (1 Abakkolinso 13:4). Tokkiriza ndowooza embi omwana wo gy'alina okukunyiiza oba okukunyiiza oba okuleteera obukyayi oba okukikirira obubo Katonda mu ngeri gy'obayisaamu. Tokkiriza ndowooza yaabwe embi kukuggyako mirembe mu mutima gwo oba okukulagira engeri gy'oteeka mu nkola y'okutendekamu.

## **Okwekebera 2**

Wandiika olukalala lw'endowooza n'embeera zonna abaana bo ze balina eziuleetera okubanukula mu busungu.

---

---

---

---

---

---

---

## **Enteekateeka y'Okukola 3**

Wali osabye Katonda akusonyiwe olw'enyanyukulayo eno? Kino kye kiseera ekirungi. Wandiika essaala yo okusaba okusonyiyibwa.

---

---

---

---

---

---

---

Buli lunaku sabira ekisa kya Katonda akuyamba okukikomya, n'okutandika okutwala obuvunaanyizibwa. Musabe alumirize omutima gwo okusaba omwana wo akusonyiwe buli lw'ovva mu buntu. Tandika n'okwogera n'omwana wo kati bwe kiba kyetaagisa.

## Essomo 6: Sigala Ku Mulamwa

Abaana bona, okusinga abavubuka, bajja kugezesa nga bakozesa embeera nga engeri y'okufuna bye baggala oba okwesasuza. Okukozesa embeera okufuna bye baggala ngeri yakwewala ebiva mukuterezebwa, oba okukyusa amateeka.

Omwana bw'aba atera okuyolesa embeera enkyamu oluvannyuma lw'okufuna okuterezebwa, abazadde oluusi beewala okumugunjula mu biseera eby'omu maaso okusobola okwewala okunakuwala. Naye eky'okuddamu ekituufu kyandibadde kubaleka nga banakuwavu—n'obasabira. Bulijjo kola okutereza singa bamenya etteeka n'ekikubiriza (ekibonerezo) singa bagaana ekivaamu eky'okutereza.

### FAYIRO Y'AMAZIMA.

*Okukozesa*—“Okufuga oba okuzanyira ku bwongo mu ngeri ey'amagezi, embi era etali ya bwenkanya n'embu, naddala okufuna by'oyagala.

### Tokozesebwa

Abaana era bakozesa obukodyo bw'okuzanyira ku bwongo okunyigiriza oba okulimiriza bazadde baabwe okubakkiriza okukola ekintu ekitakkirizibwa. Omuwala ow'emyaka 16 yabuzaabuzi nnyina okumuleka agende mu kivvulu kye yali amanyi nti tekikkirizibwa. Muwala we yateekawp embeera ey'okunakuwala era nga mwennyamivu buli lunaku okumala wiiki nnamba. Ng'omukuza owa bulijjo, maama we yamubuuzanga buli lunaku nti, "Kiki ekikyamu?"

Wiiki yonna, omuttini ono yagambanga bugambi nti, "Simanyi. Siri musanyufu kyoka. Simanyi lwaki." Oluvannyuma ku Lwokuna nagamba nti, "Maama, nnina ennaku kyokka. Sirina mikwano. Singa nsobola okugenda mu kivvulu kino ne mikwano gyange enkya ekiro, nandibadde mpulira bulungi."

Mu kiseera kino, maama we yali azanyidwa nyo kubwongo n'atuuka ku kubeera nti yali ayagala muwala we, bambi abeere musanyufu. "Kivvulu ki eyo?"

Muwala we bwe yamutegeeza ekika ky'ekivvulu ki, yamuddamu nti, "Oh, ekyo nga si kivvulu kirungi."

Omuwala ono yaddamu mu ngeri y'okwegayirira n'agamba nti, "Naye maama . . .

Maama we yamuddamu nti, "Kale, njakuleka ogende, era nja kubulirako kitaawo . . . naye, nedda, tekyetaagisa mmugamba. Te tumugamba oluvannyuma lwa byonna. Nkimanyi ajja kunyiiga. N'olwekyo kino tukikuume wakati waffe." Obukodyo bw'omuwala bwali buyingiza mama we mu nsonga eno.

Tokkiriza embeera z'okukozesa okukukooya. Si buli mwana lw'anakuwala nti abeera akuzanyira ku bwongo, naye ebintu nga bino bwe bibaawo, bulijjo mubikubaganyengako ebirowoozo ng'abafumbo. Jjukira nti muli ttiimu.

Kino kitandikira ne ku myaka egy'obuvubuka ng'abaana baagala ebintu bikolebwe nga bwebagala, kiri ng'omwana ow'emyaka ebiri bw'akaaba okutuusa lw'emukola kyayagala, ekintu eky'okuzanyira ku bwongo. Kino tekyanditwewuunyisizza. Tuzaalibwa nga tuli bamalala (nga twagala ebintu bikole nga bwetwagala) era nga tulina obusirusiru mu mitima gyaffe. (Engero Proverbs 22:15). Ebikolwa eby'okutereza abaana bwe ba menya eteeka, ebituukana n'emyaka, biweebwa mu ssomo eriddako.

### **Tononya Kuwolera (okwesasuz).**

Abaana abamu bakimanyi nti okuteekawo embeera embi kijja kunyiiza bazadde baabwe. Bw'okwa mu katego kabwe, kiwa omwana obumativu, ekiriisa embeera y'omubiri gwaabwe wamu n'okwonoona omusingi gwo n'obuyinza bwo. Kyetaagisa babiri okuzannya omuzanyo ogwo.

#### **FAYIRO Y'AMAZIMA**

*Okuwolera—Okukosa  
ng'omusasula olw'okuyisa obubi.*

Tokkiriza mwana kukusendasenda mu kwesasuz. Tokkiriza embeera gyebataddewo kwonona mirembe gyo egy'omunda. Weegenderere enneewulira yo. Nywerera ku nteekateeka yo ey'okukangavvula. Bw'otozannya kazanyo kabwe, oluvannyuma bajja kulekera awo okuzannya omuzanyo guno omubi ogw'ekito. Mu bbanga ttono bajja kukizuula nti omuzanyo gw'embeera embi n'ogw'okwesasuz tegusanyusa bwebaguzanya bokka. Kituufu, Katonda atuwadde enneewulira, naye tulina okulaga embaala y'omuntu omukulu akuze mu birowoozo nga twefuga, ekiva mu musingi gwaffe ogw'amaanyi mu Kristo.

Bw'oba okkiriza omwana wo okukunyiiza, oba obalaga nti toli ku musingi munnywevu, era nti Katonda wo munafu. Bajjayo embeera katonu, naye n'okyuka nabo. Manya nti bawulira nga ba waggulu bw'olaga embaala ey'ekibi era ennafu, bwebaba nga basobola okusika "ebuguwa" bw'ennewulirayo n'ekukuleetera okweyisa mu ngeri ey'obusungu oba okwesasuz.

Okweyisa mu ngeri etali y'abwa Katonfa eri embeera y'omwana kyonoona obuyinza bwo. Tewali ayagala kugoberera mukulembeze munafu, alina katonda omunafu. Omuntu yenna abadde mu magye akimanyi nti bw'oba olina kapiteeni omunafu toyagala kumugoberera. Abaana si ba njawulo. Omwana bw'aba asobola okufuga emirembe gyo egy'omunda n'okukunyiiza ng'akulaga embeera n'entunula etali nnungi, tebajja kwagala kwesiga Katonda gw'oweereza era gw'ossaamu obwesige.

### **Okuwolera bwe kugerageranyizibwa n'okutendeka.**

Abaana bo bajja kumanya obanga olina omutima ogw'okwesasuz ng'ogaba eky'okukola ekitereza obumneyi bw'eteeka. Kino kibi, kyakwerowoozaako era ky'akito. Tekuba kutendeka bwe twogera ebigambo nga, "Gwe nno, bw'oddamu okukola ky'okoze, nange nja kwonoona obulamu bwo" oba "Tojja kugenda walala wonna okumala omwezi singa ogezaako okuddamu okukikola." Okwo si kwagala—okwo kwesasuz. Okwanukula n'okuwoolera eggwanga kikyusa enteekateeka yonna gy'ogezaako okuteekawo. Okwesasuz tekutendeka. Kureetera abaana okubeera abajeemu, okuleetawo enjawukana wakati w'abazadde n'abaana, n'okwonoona obuyinza bwo.

Okuwa abaana ebintu bye bakyawa okukola kwesasuz so si kutendeka. Okukaka mutabani wo okuwandiika nti "Sijja kukaayana" emirundi ebikumi bitaano, kubanga tayagala kukikola, si kutendeka. Kuba kwesasuz. Mu ngeri y'emu abazadde bangi bagamba nti, "Essimu ya muwala



wange y'emuyamba okunyumirwa obulamu, n'olwekyo singa ntiisatiisa okugimuggyako buli lw'akola ekikyamu ajja kweyisa bulungi." Neera, okwo kwe kwesasuzza, so si kutendeka.

Bwe kiba nti ggwe n'abaana bo mumaze ebbanga nga muzannya omuzannyo guno ogw'ekibi, kiyinza okukutwalira ekiseera okumenya omuze omubi—eri mwembi. Mubeere bagumikiriza (1 Abakkolinso 13:4). Musigale mu kumulamwa, era Mukama alireeta obuwanguzi. Singa entunuula y'okubwenyi oba embeera embi omwana wo gy'alina efuuka okweyisa obubi, gamba ng'okukuboggola, okukozesa ekigambo ekitali kirungi, okusamba ekisenge, oba okukubawo oluggi, bigobereze n'ebikola ebitetereza byalina okukokula ebitereza oluvanyuma lw'enneeyisa eyo, naye toyanukula eri mbeera eyo.

Mukama atulagidde okutendeka abaana baffe, si kubatusako biwundu olw'ebyo bye basazeewo ng'abaana abato n'eby'obusirusiru. Ebirowoozo byaffe bwe biba bya kuwolera oba okubalumya mu ngeri emu oba endala kubanga tebajja kukola kye tusaba, olwo ekyo kiba kizibu kyaffe. Mukama yatuwa abaana bano era atusuubira okubakuza mu ngeri gy'ayagala wadde ng'oluusi kiba kizibu okukola. Okutegeera obulungi ensonga eno, maliriza eky'ongerezedwako M: Okukangavvula Enneyisa.

### **Enteekateeka y'Okukola.**

Bw'oba ng'olina ekigendererwa ekikyamu ng'owa abaana bo eby'okukola ebitereza ensobi z'abwe, weenya era osabe okusonyibwa okuva eri omwana wo ne Mukama.

### **Nywerera ku Nteekateeka**

Okutendeka abaana baffe nga Mukama bwe yeetaaga kitegeeza okugoberera enteekateeka ye. Tuteekwa okuteekawo embeera ey'okwagala, amateeka amatuufu n'ebirina okolebwa okutereza nsobi ebyategekebwa edda, okukubiriza (okubonereza) singa bajjema, n'okunyikira. Enkola eno ya bwenkanya, tekolera ku busungu wadde okwesasuzza, era ejja kukyusa embaala y'omwana akule. Abaana bateekwa okukubirizibwa okwagala n'obuwulize bwaffe eri Katonda—so si kwefaako ffekka, obusungu, oba okwagala okwesasuzza.

Byonna bye mukola bikolebwenga mu kwagala. (1 Abakkolisso 16:14)

Bwe nnali nkyali muto, nnakwatiranga omukka munda nga sifunye kye njagala. Oluvannyuma nnakyusanga langi, era maama yakkirizanga ebyo bye nnali njagala. Ekiseera kyatuuka maama n'abuuzza omusawo w'abaana. Omusawo namugambye nti, "Tokola kintu kyonna" eri obuzannyo bwange obw'okukozesa. Maama yali yeeraliikirira nti nnyinza okuzirika. Omusawo n'amugamba nti, "Muleke azirike."

Oluvannyuma lw'ennaku ntono, twakomawo okuva mu kkanisa nga twambade engoye zaffe ennungi ez'oku Ssande. Baganda bange baagenda okudduka nga bakirira mu kkubo era nange nnali njagala kudduka. Naye maama yanjamba nti, "Nedda Craig, genda okyuse engoye zo." Bwe ntyo ne nsiba omukka. Maama yali ayimiridde kumpi n'emmotoka ng'andaba. Mu bbanga ttono nnatandika okukyusa langi. Natunula wansi, ekigere kimu kyali ku nkokoto, ate ekigere ekilala nag kiri ku muddo. Maama yakiraba nti obwongo bwange bwali bulwooza ludda ki lwenina okugwako. Naye obwongo bwange nga tebunnasalawo, nnazirika. Era oteeberera ludda ki lwe nnagwako? Ndwooza otebye, ku nkokoto. Saddamu kukwata mukka.

Leka abaana bo bakole obukodyo bwabwe. Omwana wo ow'emyaka ebiri bweyesuula n'eyefuula wansi, mu ngeri etali ya bulijjo mubuuze nti, "Ekyo kikuyamba okuwulira obulungi?"

Bw'asamba ebisenge, mujjukize nti, "Tosamba bisenge byange, tolekana, era toyogera bigambo bibi." Bw'akola ebimu kw'ebyo, mugambe nti, "Ekyo osazewo kikyamu. Nkimanyi onyize, mukwano. Eno y'engeri gy'oyinza okuterezaamu ensobi yo." Bwe bamanya nti tokwatibwako na bukodyo bwabwe, bw'oba tobaddiza mupiira, oluvannyuma bajja bbivvako.

### **Musigale Kibinja**

Omuwala ow'emyaka 13 ey'esuula nga wansi ng'omwana ow'emyaka esatu yajja mu ofiisi yange. Bazadde be baagambye nti, "Totegeera ng'bwali omuzibu. Y'esuula wansi buli kiseera nga tafunye ky'ayagala."

Ddala omuwala yali akimanyi nti enneeyisa eno yatawaanyanga nnyo nnyina. Emizannyo gy'obwongo n'okukozesa embeera okufuna by'ayagala kyali kigenze mu maaso okumala emyaka era engeri maama we gye ya yanukulanga yamutendeka okweyongera okweyisa ng'omwana omuto, wadde nga yali afuuse mu ttini. Ne iitaawe naye yali tавvаngayo kumuyimiriza. Yandibadde yagamba dda mukyala we okumuleka akole ku nsonga eno. Omuwala yagenda mu maaso n'enneeyisa eno ey'obuto olw'abazadde be obutayagala kumutendeka. Baakkiriza ebyo bye yali ayagala, era n'awona okukola ebyo ebirina okutereza ensobi ze. Omukyala bw'aba tayagala kuwuliriza bba n'okukkiriza obuyinza bwe ng'ekiseera kituuse okwekutula ku mwana okweyisa mu ngeri eno, kijja kulemesa enkolagana y'omukyala n'omwana we era n'omwami we. Omwana ajja kuyiga obutassa kitiibwa mu buyinza ng'abazadde beetegefu okukaayana naye oba bokka na bokka ng'abazadde.

Nayingira mu mbooji wakati wa mukyala wange ne mutabani wange eyali yeyongedde okwononeka, kyokka nga mukyala wange takilaba. Nagamba mutabani wange omukulu nti, "Jjukira gw'oyogera naye. Ye mukyala wange. Ye n'abakyala wange. Tokozesa ddooboozi eryo—natte." Mukyala wange teyakitegeera. Yali yeenyigidde nnyo mu kwogera n'omutabaani. Amangu ago nnawa omulenzi eky'okukola ekitereza enneeyisa embi.

Oluvannyuma nze ne mukyala wange twakubaganya ebirowoozo ku ngeri gye baatuuka ku embeera eyo. Yannyonnyodde nti kirabika ky'ava buvi mu mbeera. Namugamba nti, "ow'omukwano, bwe mubadde mwogera wandigambye nti, 'Eyo y'enkomerero y'embooji eno. Nick, mpulidde oludda lwo, ekyo kimala. Sagala kweyongera kwogera ku nsonga eno. Bw'oddamu okuggulawo akamwa ku nsonga eno, ojja kufuna ekitereza ekiddira okumenya eteeka." Namuwagira nga tasobola kulaba nti embeera yali etabuuse. Era annyamba nga nkyetaaga.

Abazadde, mukolere wamu okutendeka abaana bammwe. Musabire wamu. Temwekiriranya. Temwenyigira mu nsonga z'akisirusiru. Mujja kutuuka ku buwanguzi.

### **Amateeka atano.**

Okwekenneenya wetutuuse, ka twetegereze ennono etaano okuva mu muzingo 1 ne 2. Enkola yo ekyuse? Okozeyo enkyukakyuka ennungi mu ngeri gy'okuzamu abaana? Olina ky'olina okussa mu nkola mu ngeri ensigako oba omulundi ogusooka?

Bw'oba nga olagajjalidde ebimu ku bino wammanga, genda mu maaso ga Mukama, omwatulire w'obadde olemererwa, omusabe amagezi n'ekisa okukyusamu. Bw'oba weerabidde emu ku nnono zino, weekenneenye amassomo g'oyize mu kusaba era olabe ebifo Mukama by'ayogeddeko naawe—naddala eby'okuddamu mu bibuuzo, essaala n'ebyondiika.

Ennamba z'eby'okuyiga ziweeredwa wammanga. Laba Katonda by'akugamba n'engeri gy'onookolamu enkyukakyuka singa kiba kyetaagisa.

**Eteeka 1: Tuli bawereza, (Omuzingo 1, Essomo3)**

Tulina okukiikirira Kristo n'okutuukiriza by'ayagala n'ebiruubirirwa bye n'endowooza y'omuweereza.

---

---

---

**Eteeka 2: Tulaga Ekitibwa Kya Katonda. (Omuzingo 1, Essomo 4)**

Tulina okumwolesa eri abaana baffe. Okunyiiga tekulaga mbaala ya Kristo

---

---

---

**Eteeka 3: Katonda alimutukyusa. (Omuzingo 1, Essomo 5)**

Katonda ajja tukyusa okuyita mu kugezesebwa kuno ne bizibu, Tulina okuyita mu mutendera

---

---

---

**Eteeka 4: Katonda gwe musingi gwaffe ogw'amaanyi. (Omuzingo 1, Essomo 6-9)**

Omusingi gwaffe omunywevu gutuwa amaanyi n'okutegeera okutuukiriza ennono zino.

---

---

---

**Eteeka 5: Ekisinga okubiriza kwe kwagala. (Omusingi 2 Essomo 2)**

Mu kukangavvula, okwagala kwe kukubiriza omwana so si busungu n'ebigambo ebikambwe.

---

---

---

**Kebera ebimu ku bintu ebiva mu kwagala okuva ku nnono 5.**

Okwagala kwanukula, si kufugibwa mmeera (Omuzingo 2, Essomo 3) Oyanukula mu kwagala oba oddamu ng'embeera y'omuiiri bw'eri?

---

---

---

Okwagala kuba kusalawo, si nnewulira (Omuzingo 2, Essomo 3). Enewulira yo efuga ngeri gy'odamu eri abaana bo, oba mwoyo mutukuvu yafuga?

---

---

---

Okwagala kwe kuteeka mu nkola 1 Abakkolinso 13 (omuzingo 2, Essomo 4–10). Tweekenneenya ekikula ky'okwagala. Okwagala kwaffe kugumiikiriza era kwa kisa, tekuva mu buntu, tekunyiiga olw'obusirusiru bw'abaana. Ngeri ki ez'okwagala ze weeyongera okulongoosaamu era kiki kye weetaaga okukolako?

---

---

---

---

Okwagala kuguma mu biseera byona (omuzingo 2, Essomo 10 ne 13). Tuteekwa okubaagala mu biseera by'obulamu eby'enjawulo omuli n'emyaka gy'obutiini. Wandika essaala eri Katonda okusaba ekisa kye olekere awo okukola ebikolwa ebitali bya kwagala eri omwana wo.

## Essomo 7: Okutendekebwa Kw'abaana Abato.

Newankubade abaana bo bakulu. Nkukubiriza okusoma Essomo lino. Wandizuula esibuko yegimu kumirandira gyebizibu, oba obukawu okuva mummyaka egyasooka nga bikyakosa enkolagana yo n'omwana omu \_oba ne omwagalwa wo.

Nga tetunatandika nokuteeka munkola ebikozesebwa ebina mu kuyigiriza, katwetegereze "ebirina okuba mumateeka gokuyiga okutambula. Abo abaweredwa omukisa gwa baana bemyezi kuminamunana okutuka ku myaka etaano mubulingeri babilabira mubikolwa.

1. Bwemba nkyagala, kiba kyange.
2. Bwekiba mu mukona gwange, kiba kyange.
3. Bwemba nsobola okukikuggyako, kiba kyange.
4. Bwemba nakirina ko akaseera katonno emabega, kiba kyange.
5. Bwe kiba kyange, tekirina kulabika kuba kikyoo mungeri yona.
6. Bwemba nkola oba nga nzimba ekintu kyona, ebitundu byona byange.
7. Bwekiba kifanana n'ekyange, kiba kyange.
8. Bwemba nze nsose okukiraba, kiba kyange.
9. Bw'oba olina ky'ozannyisa n'okiteeka wansi, kifuukirawo kyange
10. Bwekiba kimenyese, kiba kikyoo.

### Emyaka Etaano Egisooka.

Obwaana bwaffe obulungi bwaffe bwe bukomawo okuva mu ddwaaliro, buba bwerowoozako bbo bwokka, nga tebulina mpisa oba embaala ey'ekikulu. Emyaka gino egy'obuto, ebiseera ebisinga ebimu eginyonyorwa n'ekigambo "ebibiri eby'ekitalo," gy'emyaka abaana bo gye bayiwa ebintu, okusuula ebintu, okwerumya bboko, n'okukuswaza gwe. Okugezesa obuyinza bwo mu buli kitundu kya bulijjo. Okubeera n'endoowoza elaba ebiseesa mu kiseera kino kiyinza okukuyamba obutagwa ddalu.

Mu myaka etaano egisooka, okuteekawo obuyinza n'okuteekawo ensalo kikulu nnyo. Abaana abasinga bajja kukusoomooza buli lunaku. Naye totya.

### Okuyiga Okuva Ku Nicholas.

Mutabani wange Nicholas bwe yali wa myaka ebiri, nnakomawo awaka ne nsanga mukyala wange ng'anyiize. Yali tayagala kulya. Namuggyako ebakuli ne ntuula mu maaso ge ng'ali mu ntebe ye engulumivu ne mugamba nti, "Iya emere."

Yantunuulira n'ansidikira ebakuli n'agisuula.

Ye Nick, buli lwe wa muteekangako amaanyi, waliwo ekintu mu ye ekyali kyagala okugaana n'okuziyiza ekimugambidwa. Mu ntandikwa kino kyannyiizanga. Naye nakitegeera nti yali tategera nsonga lwaki yakikola. Era teyategeera nsonga lwaki obusungu bwange bwamunyiiza. Ngakiringa okuyiwa petulooli ku muliro. Si ngeri ya magezi okuguzikiza.

Nick bwe yaweza emyaka ena, mukyala wange yankubira essimu nga ndi ku mulimu. Yali akaaba. Ku lugendo lw'okugenda mu dduuka eritunda eby'okulya, mukyala wange yali attadde Justin mu kaggaali ate nga ye Nick atambulira okumpi naye—okutuusa lwe yalengera ekifo ky'eby'okuzannyisa. Yadduka n'alonda eky'okuzannyisa n'agamba nti, "Maama, njagala kino."

Mukyala wange namugama okukizzaayo ye omukyala n'atambula okutuuka ku nkomerero y'olukuubo. Bwe yakyuka, Nick yali tamugoberera. Bwe yamugamba okugoberera, Nick yatambula ng'adda ku ludda olulala. Yalina okuleka Justin n'ekibbo okukyima Nick.

Yatuuka wakati mu lukkubo, Nick n'atandika okudduka. Mu kiseera kino omukyala yali mu katyabaga, omwana ow'emyaka ebiri ng'ali mu kaggaali ku ludda olumu ate omwana ow'emyaka ena ng'adduka ku ludda olulala. Yadduka naddayo eri Justin, n'atandika okutya. Yatandika okugoba Nick okwetooloola edduuka ng'asindika akagaali akajjudde eby'okulya. Nick yali kumpi mu maaso ga nyina. Oluvannyuma nyina ne yuna amangu ddala n'akwata Nick, n'addayo ku kaggaali n'akwata Justin, oluvannyuma n'ava mu dduuka ng'akaaba n'aleka emabega eby'okulya byonna.

Nayingira mmotoka n'evuga oudda eka ne nkwata Nick ne mmutiisatiisa. (Kino kyaliwo nga sinnategeera nnono zino.) Ne ngamba nti, "Toddamu kukola kino!" ne nzirayo ku mulimu.

Nga tewannayita wiiki emu, mukyala wange yankubira essimu nga ndi ku mulimu ng'akaaba nnyo ne ndowooza nti waliwo afudde.

"Kiki mukwano, obadde ki?"

"Yazzeemu okukikola," bwe yagamba.

"Kiki ekizzeemu?"

"Mu dduuka!" bwe yagamba.

Nakomawo mangu awaka ne ng'enda mu kisenge kye ne mmukuba mu ngeri ky'oyinza okulowooza nti tayinza kwerabira. Bwe nnafuluma, mukyala wange yali akyakaaba.

"Kino sikyasobola kukikola," bwe yagamba.

"Mukwano, laba, tojja kuddamu kugula naye, nsuubiza. Ojja kulinda okutuusa lwe nkomawo awaka, oba nja kugenda mu dduuka ly'ebyokulya eby'okufumba. Tojja kwetaaga kukikola, nkusuubiza. Sijja kuddamu kukiriza oyiite mu mbeera eno."

Nagenda ne ngamba Nick nti, "Nick, tokyagenda na Maama mu dduuka ly'emere. Nze njja kukikola, oba ggwe ojja kusigala awaka mamawo ng'agenda."

Oluvannyuma lwa wiiki ntono, mukyala wange yali yeetaaga amata n'emigaati. Kw'olwo Naliwo awaka. Omukyala yagamba, "Oyinza okuserengeera n'ongulirayo?" Nick navvayo nagamba, "Nsobola okugenda?"

"Tewali buzibu," bwe namuddamu.

Nali si kirootangako, nti omwana ono omuto ow'emyaka ena, eyali aweza kilo nga 18, nti yandisoomoozezza obuyinza bwange mu dduuka. Bwe nali ngenda mu dduuka, natunuulira Nick ne mmugamba nti, "Nick, amateeka ogamanyi?"

"Yee, taata."

Bwe natuuka mu dduuka, nafuna amata n'emigaati ne ng'enda ku express line okusasula. Bwe nnatambuza amaaso, Nick teyali mabega wange. Yali ayimiridde ffuuti nga makumi asatu ng'alina eky'okuzannyisa mu ngalo. Ne mugamba, "Nick, kizzewo." Naye teyenyenya. Yakoteeka bukotesi omutwe gwe.

Ekyatandika okuntuukako mu kiseera ekyo kyali kya dayimooni. Katoni y'amata yali etuuse okunva mu ngalo zange. Omusajja eyali emabega wange yatandika okudda emabega era buli omu n'alaba ekigenda mu maaso naye nga sifaayo. Nali Sifaayo ku bantu abaali banetoloode. Nali ntunuulidde Nick nga ndowooza, Oyinza otya? Nick, kizewo kati!"

Naye era teyawuliriza.

Oluvannyuma nayogera ekintu kye nsaba nti tojja kwogera. "Nick, bw'otakikola kati nja kusambasamba nga asamba omupiira mu dduuka munno. Sifaayo ani ali wano."

Oluvannyuma yayanguwa n'azawo eky'okuzannyisa. Twayingira mu mmotoka ne mmukuba. Twatuuka awaka ne nziramu okumukuba.

Embeera nnyingi nga zino zaaleetera nze ne mukyala wange okusaba n'okunoonya obuyambi mu ngeri y'okukwatamu Nick. Nnali nkimanyi nti kye nnali nkola si kituufu, era okumukuba kwali tekumuyamba. Nalina okuyiga okukyuka n'okukangavvula obulungi.

Bw'oba olina omwana ow'emputu nga ono, towanika. Ebikozesebwa bino bijja kukola.

### **Bataata Balina Okwenyigira Mu Nsonga.**

Bataata bateekwa okwenyigira mu kukangavvula kwonna. Abazadde balina okukolera awamu ng'abaana bakyali bato.

Bwe nnasooka okwenyigira mu buweereza obutali bwa kiseera kyona mu kkanisa yaffe, kyali kikulu nnyo gye ndi okutuuka mu kkanisa mu budde. Kyanswazanga nnyo okutuuka ekikerezi.

Twasulanga mu ddakiika nga makumi abiri okuva ku kkanisa. Lumu ku Ssande ku makya, nali nvuga ku sipiidi ya mayiro nga kinaana buli ssaawa ku luguudo olwa express, mukyala wange n'ambuuzza, "Lwaki ovuga sipiidi? Olina okukendeeza ku sipiidi!"

"Singa temutukereya, ssandyetaaze kudduka sipiidi!" bwe nagamba.

Yali akimanyi nti nnyiize. Oluvannyuma lw'akasirikiriro katono, mu bukkakkamu n'agamba, "Lwaki tonnyambako ku makya?" Ekyo nnali sikirowoozangako. Namutunuulira ne mmugamba nti, "Otegeeza ki, bw'ogamba nti nkuyambe? Nzuukuka n'enzigayayo ebyokulya mu baawero. Olumu nteeka eby'okulya mu baawero ng'abaana tebannajja ku kyenkya. N'entabula ne caayi. Kiki ekirala ky'oyagala nkole?" Nnali simanyi.

"Lwaki toyamba baana kwambala?"

Ekyo kyaleetawo obuzibu mu mutwe. Kino nkikirize oba nkole ki? Ne mugamba, "Kale, okutandika ne wiiki ejja, obwo obuvunanyibwa bwange."

Ku Ssande eyaddako ku makya nnazuukuka nga nkimanyi nti nsobola okulaga nti nkola bulungi. Abaana baali bagenda kwambala era nga mu budde. Nayingira mu kisenge ky'abalenzi,"mujje, balenzi mwe, tugende. Kino ky'ekiseera ky'okuzuukuka n'okwetegekera ekkansa." Nakirira ku maddala ne ntegeka buli kimu kyokka nga sirina kanyego konna okuva waggulu. Waliyo kasirikiriro.

Bwe nnaddayo mu kisenge kyabwe, abalenzi babiri baali bakyali mu buliri. Nalekaana, "Muzukuuke, kati!" n'embasikaako amasuuka. "Mufulume oba nja kubakuba!" Mu bbanga ttono baali banyiiivu era nga bakaaba, nange ne mbabaza engoye Zaabwe lw'akifuba.

Nalowooza nti mpangudde naye nali mukyamu. Twayingira mu mmotoka mu budde, era bwe twali tuserengeta mu kkubo, nnawulira nga nkikoze. Natunuulira mukyala wange era endabika y'obwenyi bwe yali eyogera byonna. Yali antunuulira n'amaaso ago agaagamba nti, "Musirusiru gwe omunene."

"Owaye, tutuukidde mu budde," bwe nagamba.

"kituufu, naye tunula mu ntebe emabega," bwe yaddamu. Amaaso g'abalenzi bombi g'ali gamyuse nga n'amaziga gakulukuta. Baali tebalabika nga beetegefu okugenda mu kkanisa n'okutendereza Katonda.

Nze ne mukyala wange bwe twakubaganya ebirowoozo ku ngeri gye nnyinza okukolamu obulungi, nnayiga okwambala stocking ku mukono ne nkola omuzannyo omutonotono nga nyigira mu masuuka gabwe ne nga mbagamba, "mwasuze mutya!" oba nali nsobola okukozesa enkola ekadde ey'okusonga olugaalo oluliko amaazi mu kuttu kwabwe! Nandyebase okumpi nabo ne mbabuulira olugero okufuula ekiseera eky'okuzuukuka okuba eky'essanyu.

Nakitegeera nti bwe nzuukusa ebirowoozo byabwe ku makya okumala eddakiika kkumi oba kkumi na ttaano, baali basobola bulungi okukolagana nange nga mbagamba nti kye kiseera okwetegekera ekkansa. Nnayiga okungedera ku mbeera zabwe awatali kwekkiriranya. Kyantwalira ebbanga naye guno gwe gwali omulimu gwange okutuusa abaana bange lwe baasobola okugukola ku lwabwe.

Bataata, osobola okwenyigira mu nsonga eno n'oyamba. Si "kitundu kyo n'ekitundu kyange"— naye "kitundu kyaffe."

Akakodyo akangu eri abaana abalina emputu: bwe kiba kisoboka, bawe eky'okwesalirawo. Nicholas yali alowooza nti alina okufuga. Oluvannyuma nnayiga okumuggyirangayo jjiini bbiri asobole okulondako. Nali sisobola wadde okumanya enjawulo eriwo wakati jjiini ezo ebbiri, naye ekyo kyamuleetera okuwulira ng'alina obuyinza obutonotono. Ebiseera ebimu osobola okubawa eky'okulondawo mu nsonga entonotono, era kireetera ebintu okutambula obulungi.

### **Okuteka eby'Okozesa Mu Nkola.**

Ebikolwa ebimu bikulu nnyo naddala ng'olina abaana abato.

### **Mubaagale.**

Jjukira nti okwagala kugumiikiriza. Basubire okulemererwa n'okukola eby'emyaka gyabwe. Tomenyanga mwoyo gwa mwana ng'omuboggolera n'okunyiiga. Kuba akafaananyi ng'omuntu akusingako obunene emirundi kkumi n'ajja gy'oli mu busungu ng'alina eddoozi ery'amaanyi, ng'emisuwa gimwereeze mu bulago, era ng'akanudde amaaso. Okwo si kwagala.

Nicholas wange teyategeera nsonga lwaki yalina emputtu, lwaki yali alwana, oba lwaki yali ayagala okukubaganya ebirowoozo kumpi ku buli nsonga. Yali tamanyi nsonga lwaki yakolebwa bwaty, nga tasobola kunnyonyola na kutegeera. Katonda yamuwa omutima omugumu, gwe nnali nneetaaga okutendeka. Bwe nnayogereranga waggulu nenva mu buntu, nnali musindikiriza okwongerera okweyisa obubi. Mu kifo ky'ekyo, nnayiga okwanukula.

Omuntu omutuukirivu, amala kulowooza nga tanaba kwanukula;  
Naye omubi ayogera ebitasaana. (Engero 15:28)

Kino kikukalubirira? Wandika essaala ng'osaba Katonda akukyuse.



---

---

---

---

---

---

**Sigala Ng'oli Mukakamu.**

Bw'otefuga, ofirwa obwesige. Abaana bo bwe bakulaba ng'otya, bayiga okukozesa omukisa ogwo n'okukukozesa okusobola okwesasuzza. Bw'oba tosobola kwefuga, tebasobola kwefuga. Bw'oba tobawa kitiibwa, nabo bajja kukunyooma.

Bw'oba ofunye omuze gw'okuddamu obubi eri embeera z'abaana, olina okugumenya ng'osooka kusaba Mukama akusonyiwe (okwenenya), oluvannyuma genda eri abaana bo obasabe bakusonyiwe (okwatula). Tokkiriza lunaku lulala kuyitawo. Beera muvunaanyizibwa eri Katonda n'abaana bo.

**Enteekateeka y'Okukola 1.**

Kola obweyamo okusaba omwana wo okusonyiwa buli lw'olemererwa. Sisobola kukubuulira mirundi emeka gye ngenze mu bulirir, nga netegeeka okufuna otulo otulungi, kyokka Omwoyo Omutukuvu n'alumiriza omutima gwange olw'engeri gye nneeyisizaamu eri omu ku baana bange. Emirundi mingi nnavu ku kitanda kyange, ne ng'enda mu kisenge kya Nick, ne nneetoowaza mu ngeri eno:

"Nick, engeri gye nakukutemu leero ebaade nkyamu. On'osonyiwa?"

Wetaaga okuyimiriza kati wetondere omu ku baana bo? \_\_ Yee \_\_ Nedda

Omwana wo k'abe wa myaka etaano oba kkumi n'ettaano, olina okumwetondera singa obadde weeyisizza mu ngeri etali ya bwa Katonda. Beera mwesimbu mu maaso ga Katonda. Bw'oba ddala oyagala okukyusibwa n'okukomya omuze guno ogutali gwa bwa Katonda, ogw'ekibi, olwo oteekwa okutwala obuvunaanyizibwa n'obwesigwa.

**OKUSIMA EBUZIBA.**

Laga ekibaawo singa tetubeera bakkakkamu era n'ekyo kye twetaaga okukola okusobola okusigala nga tuli bakkakkamu.

Omuntu ow'obusungu asaanuula oluyombo:

Naye alwawo okusunguwala akkakkanya empaka. (Engero 15:18).

---

---

Kale, bw'obanga oleese ssaddaaka yo ku kyoto, bw'osinzira eyo n'omala ojjukira nga muganda wo akuliko ekigambo ky'akwemulugunyiza, <sup>24</sup>leka awo ssaddaaka yo mu maaso g'ekyoto, oddeyo, osooke omale okutagabana ne muganda wo, olyoke okomewo oweeyo ssaddaaka yo. (Matayo 5:23-24).

Bwoba olemereddwa mu nsonga eno, nnyonnyola engeri gy'onoogonderamu ekiragiro bya Katonda.

---

---

---

### **Mubayigirize okugondera n'okussa ekitiibwa mu buyinza bwammwe.**

Abaana bammwe bateekwa okuyigirizibwa nti mwe Katonda be yawa obuyinza mu bulamu bwabwe. Balina okumanya nti mubawa amateeka, ebikolwa eby'okutereza, n'okubabonereza bwe kiba kyetaagisa, kubanga kino Katonda kye balagira okukola. Kino okusobola okukikola, olina okutambulira awamu ne Katonda buli lunaku. Bw'oba osuubira abaana bo okugondera obuyinza bwo, olina okubalaga nti ogondera obuyinza bwa Katonda.

Gabana nabo olunyiriri luno ku bikwata ku kukiragiro kya Katonda.

Abaana abato, muwulirenga abazadde bammwe mu Mukama waffe, kubanga kino kye kituufu. (Abefeeso 6:1).

### **Beera Munyikivu.**

Bw'oba ogamba nti olina ky'ogenda okukola, kitukirize. Obutanyiikira kiyinza okulemesa enkola yonna ey'okukangavvula, eyagendereddwaamu okuleetera omwana okukula. Goberera enteekateeka yo ey'okukangavvula. Bw'otokikola, abaana bajja kufuna engeri gye bayinza okukozesaamu ekkubo lyabwe okuva mu kugoberera enteekateeka yonna ey'okukangavvula.

### **Tekawo Obukumi Eri Abaana Mumaka Go.**

Oyinza okuba ng'olina omwana ow'omutima omukakanyavu eyeeyongera okuyingira mu by'okuzannyisa by'abaana abakulu oba ebintu byo. Oyinza okuzimba awatekerwa ebiintu wagulu oba bu looka obuliko kufulu singa omwana wo ow'emyaka esatu azannya n'eby'okuzannyisa by'atalina kukwatako—era n'abimenya. Tetulowooza emirundi ebiri ku kuggalira butwa, naye kiyinza okuba ekikulu nnyo okuteeka omwana w'atatuuka ebintu ebyo ebireetawo enkaayana wakati w'abooluganda n'okukosa amaka ag'emirembe.

### **Enteekateeka y'Okukola 2.**

Wandiika ekintu kyonna kye weetaaga okukyusa oba ebintu bye weetaaga okusengula mu maka go okusobola okukendeeza ku nkaayana n'okutereza.

---

---

---



---



---

Obusobozi bw'omwana omuto obw'okutegeera n'okutegeera obulamu, obusobozi bwe obw'okukola ku bubaka bw'afuna n'ebyo by'ayiseemu, n'obusobozi bwabwe obw'okusalawo n'okutegeera ebirowoozo butono. Tebannategeera njawulo eriwo wakati w'okutereeza n'okubonereza. Mu nkomerero bajja kutegeera nga bw'osigala ng'oli mukakkamu era ng'ogumiikiriza ng'okolera wamu nabo.

Abaana abato bwe baterezebwa oba bwe bafuna ebivaamu, bayinza okwanula nti, "Tonjagala." Kino oyinza okuba nga wakiwulira ku mwana wo. Bwe kiba nti omuze gwo gubadde gwakulekaana n'okubaboggolera ng'obatereza, oyinza okufuna obuzibu okubamatiza nti eno y'engeri okwagala gye bufaananamu. Olina okuyiga okuwa eky'okubatereza ekivaamu mu ngeri entuufu n'okutendeka awatali busungu oba okunyiiga.

### **Amateeka ag'ekyokulabirako.**

Olina okuteekawo ensalo ez'enjawulo abaana webatuukira ku myezi kkumi ne ttaano okutuuka ku kkumi na munaana. Bino bye bimu ku biteeso by'omwana ow'emyezi kkumi na munaana okutuuka ku myaka etaano.

**Etteeka 1:** Buli kiseera buli omu awe munne ekitiibwa—abazadde n'abooluganda. Ekivaamu: Vvawo obeere wekka okumala eddakiika 3–5 (ng'okozesa timer oba akabala edakika).

**Etteeka 2:** Tewali kulwana wadde okukaayana. Ekivaamu: Vvawo obeere wekka okumala eddakiika 3–5.

**Etteeka 3:** Longoosa by'oyononye, eby'okuzannyisa n'ebirala. Ekivaamu: Vvawo obeere wekka n'eky'okuzannyisa kiggyibwako okumala ennaku bbiri (singa eky'okuzannyisa kiba kirekedwa wabweru).

### **Okuwa Ekitiibwa n'Obuwulize.**

Etteeka nnamba emu lirina okuba nti abaana bo bakussaamu ekitiibwa. Mu myaka etaano egisooka ng'obayigiriza etteeka lino, oba otegeeza kye kitegeeza okuwa ekitiibwa. Kya lwatu, omwana ow'emyaka esatu tamanyi kigambo 'okuwa ekitiibwa' kye kitegeeza. Bwe banyiga ne bagamba nti, "Nkukyawa," tebategeera nti ekyo kyabunyoomi.

Embeera bwejja ne b'anukula mu ngeri enkyamu, olina okugamba, "Kati laba, ntegedde nti oli munyivuu, naye bye wayogedde bibadde bya butawa kitiibwa. Bw'onoddamu okwogera bw'otyo, ojja kufuna ekiyinda eky'okuterezebwa ekuvaamu olw'obuwa kitiibwa." Bw'okola bw'otyo oba otandika omulimu gw'okunnyonyola n'okuyigiriza empisa n'ennono. Okuwa ekitiibwa kitegeeza nti bakussaamu ekitiibwa. Abaefeso 6:2 egamba, "Ossangamu ekitiibwa

kitaawo ne nnyoko" (Iye tteeka ery'olubereberye eririmu okusuubiza)." Era obeera obayamba okutegeera Katonda by'ayagala, era ebiweesa Katonda ekitiibwa.

Obutagondera kiragiro kyo kiba kikulwa kya bunyomi. Bw'osaba omwana wo akole ekintu kyokka n'atakikola, olina okumuwa eky'okutereeza. Toyigira mu mpisa y'okutumbula eddobozi lyo oba okukozesa erinnya lyabwe ery'ekika okufuna obuwulize byabwe. Bwe batakugondera, kigobereze n'okubawa eky'okukola ekitereza ky'ewateekateeka edda. Ng'ekimu ku bintu by'ossa mu nkola, balina okujjukizibwa nti okugondera abazadde nakyo kisanyusa Katonda.

Abaana, muwulirenga bakadde bammwe mu byonna, kubanga ekyo kisanyusa Mukama. (Abakolisayi 3:20)

Eky'okutereza ekyangu ekiyiza okuwebwa omwana olw'obutassamu kitibwa ky'eky'okuvvawo n'abeera yekka. Abazadde bangi bakozesa ekisenge ky'omwana oba entebe emu. Gula timer (akabala eddakiika) etali ya bbeeyi nnyo, oteemu obungi bw'eddakiika okusinziira ku myaka gy'omwana. (Omwana ow'emyaka esatu atuula okumala eddakiika ssatu.) Oyinza okukozesa akatimba k'okuzanyiramu ak'abaana abato baleme kwavula kukafuluma. Bajja kutegeera ekirowoozo ng'omaze okugaana oluvannyuma lw'okugenda mu maaso n'enneeyisa, ng'obasitula, n'obazzayo mu katimba, n'okutekako timer).

Abaana abali wakati w'emyaka ebiri n'etaano, londa entebe gy'oyinza okulengera. Tobateeka mu nsonda okutunuulira ekisenge ekirere. Ekyo kifeebya era tekibayigiriza wadde okubatendeka. Ennono y'abazadde okuwa eky'okutereeza si kwe kulonda enkola abaana ze bakyawa wabula enkola ezibaleetera okukkiriza obuyinza n'okutendekebwa.

Ddi Katonda lwe yasembayo okukuyimiriza mu nsonda n'ennyindo ku kisenge olw'obujeemu bwo? Ekyo Katonda takikola gye tuli era tetusaanidde kukikola baana baffe. Jjukira nti obusirusiru bwa bulijjo so si bubu. Abaana beetaaga okutendekebwa.

Ng'olina omwana ow'omutima omukakkanyavu, olina okunnyonnyola kye kitegeeza "okutuula mu ntebe". Bw'oba tokinnyonnyode, mu bbanga ttono bajja kuba bayimiridde ku ntebe, nga bakikuba wansi, oba nga beebase. Bagezaako okufuga. N'olwekyo olina okubannyonnyola nti, "Kabina ku ntebbe, Entebbe mu kifo kimu." Abaana bo abawulize ennyo bajja kugitulamu butuzi.

Bwe bava mu ntebe ng'ekiseera tekinnaba kugwayo, baba balonda ekikubiriza/ekibonerezo. Bw'oba okozesa okukuba ng'ekibonerezo, bazeyo mu ntebe, oddemu okutandika timer ebaala obudde bwebalina okumalawo.

"Ennono y'okukuba" ejja kunnyonnyolwa mu ssomo eriddako.

### **Obudde bw'Okwebaka (Mu Buliri Bwabwe).**

Tewali kiragiro kya Bayibuli ku ddi omwana lw'alina okulekera awo okwebaka mu kitanda kyo. Abantu abamu bakozesa Ebyawandiikibwa okulaga nti kino kijja kuleetera omuntu okuwulira obubi. Naye si kikyamu okukkiriza abaana bo okwebaka mu kitanda kyo. Naye kiyinza okuba

ekizibu ng'oyagala okumenya omuze guno. Bw'oba osazeewo okukola kino, etteeka eddungi liri nti abaana balina okutendekebwa okwebaka mu bitanda byabwe nga tebanaweza emyaka esatu. Twasalawo obutakkiriza batabani baffe kwebaka mu kitanda kyaffe okuggyako ebiseera ebimu nga batya oba nga balwadde. Naye kyali kya njawulo ne muwala waffe. Yali mumbejja waffe omuto. Nze ne mukyala wange twateranga okukikkiriza. Oluvannyuma lw'okwebaka, twamutwalanga mu buliri bwe. Mukyala wange oluvannyuma yagamba, "Mukwano, ndowooza kye kiseera ayige okwebaka mu kitanda kye."

Waliwo abafumbo abajja okuwaburwa nga balina omwana ow'emyaka 13 akyasula mu kitanda kyabwe. Kino omwami teyakisanyukira. Omukyala bwe yali akyali muto, kitaawe omugenzi yamutulugunyanga ng'ali ku kitanda. Obulumi, okutya n'obutasonyiwa byamuleetera okukkiriza omwana waabwe okwebaka nabo okuva lwe yazaalibwa. Ekyo kikyamu era si kirungi nnyo eri obufumbo n'omwana. Kyali kizibu okumenya omuze omubi ogw'omwana n'okutya kwa nnyina kyokka ne bafuna obuwanguzi okutyita mu kusonyiyibwa n'enteekateeka ennungi.

Taata bw'aba awaka mu budde bw'okwebaka, kirungi maama okumuleka okukulembera mu kuteeka abaana mu kitanda. Ebiseera ebisinga abakyala bateera okwebaka ne beebaka n'abaana, omusajja n'agenda okwebakka yekka. Abasajja, mulina okweyongera okwenyigira mu nsonga eno, bwe kiba kyetaagisa.

Kiyamba okukwataganya enkyukakyuka ku mazaalibwa. Taata asobola okugamba nti, "Kale, olina emyaka esatu! Omanyi kye kitegeeza? Kino kye kiseera okutandika okwebaka mu kitanda kyo." Mazima ddala omwana ajja kuddamu nti tayagala naye oteekwa okuba omugumu. Nnyonnyola omwana wo nti, "Ekyo nkitegeera, mukwano, naye kye kiseera kyo eky'okwebaka. Amaazi go gagaano. Eno ye torch yo ey'ekiro. Nja kusabira wamu naawe n'okuleka oluggi nga luggule. Sisbula maama wo. Omwana bw'agamba nti, "Njagala maama" ng'ali ku kitanda, taata atekwa okusigala nga munywevu n'okumujjukiza omwana nti yamaze dda okwagaliza maama ekiro ekilungi.

Mu nnaku ttaano eziddako, oyzina okugalamira nabo oba okufukamira okumpi n'ebitanda byabwe okumala eddakiika ntono okuyamba ku nkyukakyuka, naye olina okufuba okubatendeka okukikola ku lwabwe. Teekawo ebivaamu nga tonnava mu kisenge: "Bw'ofuluma ekitanda kyo nja kukuzzaayo. Bw'ofuluma omulundi ogwokubiri, njja kukuba kukabina era nkuzeyo okwebaka." Wadde nga kino si kya bulijjo ku mateeka ge tugenda okuteekawo agakwata ku kukuba mu ssuula eddako, kijja kuba kikulu okutendeka omwana mu mbeera eno. Bwe kibaawo, budaabuda omwana okumala akaseera katono oluvannyuma ofulume mu kisenge.

Bw'ofuluma batera okutandika okukaaba. Nyiga timer okubala eddakiika ttaano. Timer yiyo kubanga eddakiika ttaano ez'omwana okukaaba liba bbanga ddene. Oluvannyuma lw'eddakiika ttaano, ddayo omubudaabudde (okumala akaseera katono) ng'ogamba nti, "Nze ndi wano. Tetwakulese."

"Maama ali ludda wa? Yagenze?"

"Nedda, wali wano naye kati ekiseera ky'okwebaka kituuse."

"Njagala kumulabako."

"Nedda"

"Njagala maama."

"Nedda, tata yaliwo. Era olina okwebaka."

Munnyonnyole nti okimanyi nti kino kizibu naye kitundu ku kukula. Bw'omala okuva mu kisenge omulundi ogwokubiri, nyiga timer yo ebaale okumala eddakiika kkumi, era toddayo okutuusa ng'ekiseera ekyo kiwedde okuggyako nga avudde ku kitanda. Bwava ku kitanda, mukube omulundi gumu ku kabina, muteeke ku kitanda n'eera oddemu okufuluma. Beera munywevu mu kino. Buli lw'okikola, baala eddakiika endala ttaano. Ebiseera ebisinga, enkyukakyuka zitwala ennaku ssatu oba nnya.

Ekiseera ky'okwebaka kyali kizibu eri mutabani wange Nicholas. Yali tayagala kwebaka kubanga yali alina ky'asubwa. Mu bugenderevu yeewetanga mu nsonda y'ekitanda kye aleme kuwulira mireembe egiyinza okimwebesa. Yali akimanyi nti bw'anaagalamira nga yegolodde, ajja kwebaka. Waliwo ekiro lwe yakaaba okumala essaawa bbiri nga tanneebaka.

Ffenna kyatuzibuwalira. Emirundi mitono bwe nnavanga mu kibuga, mukyala wange yakakibwanga okumukiriza okwebaka mu kitanda kyaffe. Bwe nnakomangawo awaka, tw'ezzobanga wakiri ebiro bibiri ye okusobola okuddamu okwebaka mu kitanda kye.

Ku mutabani waffe omulala, Justin, twagamba, "Justin, kino kye kiseera ky'okwebaka."

N'agamba nti, "Kale," era ekyo nga kiwede.

Nva mu maka amanene era tulina abaana bangi abadduka nga tuli wamu. Bazadde bange balina abazzukulu 41. Abaana bange bwe baali bato, ffenna twagendanga mu nkambi. Enjuba yavaangayo ku ssaawa kumi na bbiri ez'omakya, ate nga waliwo Nick ow'emyaka etaano atunula. Abalala bonna baali beebase kyokka nga ye agamba nti, "Nnyambaza." Yatambulanga ng'akonkona ku miryango gya buli muntu. Ku ssaawa kkumi ez'ekiro, yabeeranga wabweru okumpi n'omuliro ng'abaana abalala bonna beebase nga agamba, "Kiki ekiddako?" Ne mulowooza mwe mulina omwana atawulira mweka.

## **Londa Wo Byoyononye**

Maama si mukozi w'awaka. Buli muntu alina okulonda ky'ayononye oba ky'agye mu kifo ky'akyo. Kino osobola okukitandika ku myaka emito n'eby'okuzannyisa byabwe. Awatali kubuusabuusa, abaana abasinga ab'emyaka esatu tebajja kwelondera byakuzannyisa ku lwabwe. Kikole nabo mu kusooka okubayamba okuyiga. Bwe batakuyamba, ekivaamu kwe kuboowa eky'okuzannyisa (kakasa nti bakulaba), okukiteeka mu nsawo enzirugavu n'okigalira w'otereka engoye. Mugambe nti, "Ekivaamu olw'obutayamba Maama kwe kuba nti eky'okuzannyisa kyo kisigalawo olunaku lumu." Ekivaamu kino kikwata buterevu ku bumenyi bw'eteeka.

## **Nedda Kitegeza Nedda.**

Abaana bo balina okukussaamu ekitiibwa. Mubawe ekivaamu olw'okusigala nga bakusaba ekintu enfunda n'enfunda ng'omaze okugamba nti nedda. Eteeka eddala erya bulijjo eri abaana abato ly'erya "tewali kukaba." Okukaba z'ezimu ku ngeri y'omwana okukozesa okufuna ky'ayagala. Mubawe ekivaamu eky'okubeera bokka bwebagezaako okukozesa okukba okufuna bye baagala.

Amateeka amalala gayinza okutwaliramu 'teri kuluma" (bwe kiba kyetaagisa) oba teri kukuba bintu, ekiyinza okukolebwa n'ekiseera eky'okubeera bokka.

## **Amateeka G'okweyawula N'okukuba Wegayinza Obutakola**

Ebiseera ebimu ng'eby'okwebaka, eby'ekkanisa oba buli lw'oba mu bwangu nga tolina budde tosobola kuwa ekivaamu eky'omwana okweyawula. Bwe baba baagala kusigala mu kitanda, nga tebagala kuwa mu kinaabiro oba okwambala, oyinza okubalabula ku ky'okukubibwa. Gambe nti, "Wuliriza, njagala ofulume ekinaabiro kati. Bw'otova mu bbaafu kati ojja kukubibwa." Eyo si y'ejja okuba enkola oba eteeka, naye kikola eky'olumu na lumu.

Mu biseera bino nga tolina bintu birala by'oyinza kukola ogugaba okutereeza, olina okunyonnyola bulungi eteeka n'ekibonerezo/ekikukubiriza. Bwe batayanukula bulungi, genda mu maaso n'ekibonerezo. Okugenda obutereevu ku kuba kikozezebwa mu mbeera nga tolina budde zokka.

## **Okwekebeera.**

Wandiika amateeka g'olina mu kiseera kino n'ebyo eby'okutereza ebiyinza okuvaamu (mu myaka gyonna). Bw'oba weetaaga ekifo ekisingawo, kozesa olupapula olw'enjawulo. Bwe wabaawo amateeka oba ebivaamu ebiyinza okukutereeza nga temubikkiriziganyiaako mu bujjuvu ng'abafumbo, teekawo akamunyenye okukikubaganyako ebirowoozo.

**Eteeka 1:** \_\_\_\_\_

*Ebivaamu* \_\_\_\_\_

**Eteeka 2:** \_\_\_\_\_

*Ekivaamu* \_\_\_\_\_

**Eteeka 3:** \_\_\_\_\_

*Ekivaamu* \_\_\_\_\_

**Eteeka 4:** \_\_\_\_\_

*Ekivaamu* \_\_\_\_\_

**Eteeka 5:** \_\_\_\_\_

*Ekivaamu* \_\_\_\_\_

Kibonerezo ki ky'obadde owa omwana wo bwagaana okukiriza ebivaamu eby'okuterezebwa?

---

---

---

**Enteekateeka y'Okukola 3**

Kola amateeka go n'ebivaamu eby'okutereza emyaka gino, emyezi kkumi na munaana okutuuka ku myaka etaano (ng'abafumbo). Kozesa olupapula olw'okujjuzaamu mu *ky'ongerezedwako N: Amateeka n'ebivaamu*. Naye amateeka gano togassa mu nkola okutuusa ng'omalirizza essomo 11, "Okutandika nate."



## **Essomo 8: Ennono z'okukuba.**

Baibuli eragira abazadde okukangavvula abaana baabwe "nga wakyaliwo essuubi." Ennono eziri mu ssomo lino zijja kukuyamba okutegeera ekitundu kino ekisomooza eky'okukangavvula mu maka go.

Kangavvulanga omwana wo, nga wakyaliwo essuubi;  
So tomuleka kuzikirira. (Engero 19:18)

Olugero luno era lulabula abazadde ku ky'obutabaako kye bakolawo. Omwana asingidwa omusango gw'okukola ekibi alina okukangavvulwa n'ekivaamu eky'okutereeza, n'okubonerezebwa bwe kiba kyetaagisa, mu myaka egisooka ng'essuubi likyaliwo. Okulagajjalira okukangavvula okwetaagisa kiyinza n'okuviirako omuntu okusalilwa omusango ogwa n'agomola wansi wa mateeka ng'akuze mu myaka.

### **Ennono 1: Teekateekera Ebijja Mumaaso.**

Londa nga bukyali ebinaaterezebwa n'okukuba. (Laba Engero 6:16-19 olw'ekyo "Mukama by'akyawa.") Abazadde bangi bagenda butereevu ku kibonerezo mu kifo ky'okutereeza. Naye ekyo tekikola. Sooka ogende ku kivaamu eky'okutereza ekyategekebwa edda, era bwe bagaana ekivaamu (okujeema), olwo genda mu kibonerezo. Teekawo engeri, ddi, era n'ekibonerezo eky'ekika kino kye kinaaweebwa okwewala okufugibwa enneewulira.

### **Ennono 2. Kikole mu kwagala**

Kubira mu kwagala kwokka. Tokubiranga mu busungu oba nga tofuze nneewulira yo. Ekibonerezo okusobola okukola obulungi, kiteekwa okukolebwa mu mbeera y'enkolagana ey'okwagala. Ekyo kitegeeza okwefuga, nga tolina busungu wadde okuboggola.

Byonna bye mukola bikolebwenga mu kwagala. (1 Abakkolinso 16:14)

### **Ennono 3: Kikolerewo Mu Bwangu.**

Omwana wo mukube mangu ddala nga bwekisobooka nga yakamala okukola ekikolwa eky'okujeemera. Guno mukisa okukubiriza omwana wo okukkiriza okutendekebwa amangu ddala omulundi ogujja. Bwe kiba nga tekisoboka mu mbeera ezimu (mu lujjudde oba okukyalira mukwano gwo), kiyinza okukwetaagisa okutuusa omwana okumpi naawe okutuusa lw'onoosobola okumukuba. Bwe basigala nga bajeemu, kiyinza okukwetaagisa okubatwala awaka okole ku nsonga eno. Okukikola amangu ddala kye kisinga obulungi.

### **Ennono 4: Nonya awatali bantu.**

Kubira omwana wo awatali bantu, awatali baganda be abawala n'abalenzi, abantu abakulu abalala ne mubifo ebyo lukale.

Lowooza ku poliisi okukukwata olw'okuvuga sipiidi ng'otuuka ku kkanisa. Oli ku mabbali g'ekkubo era buli gw'omanyi ayitawo ng'agenda mu kkanisa. Oyinza okuba ng'oyagala okukweka obwenyi bwo, nga muli olowooza nti, nawe ofiisa. Yanguwako, bayinza okundaba. Kituswaza ng'abantu abakulu. Olowooza abaana baffe tekibaswaza nnyo?

Bw'oba awaka, ng'okyalira mikwano gyo, oba ng'oli mu lujjudde, funa ekifo eky'ekyama eky'okukangavvula okw'ekika kino. Abantu bangi mu ggwanga lyaffe balowooza nti okukuba omwana kimenya mateeka. Oba oyinza okuba ng'obeera mu nsi omutakkirizibwa kukuba. Bwe

kiba bwe kityo, olina okusalawo engeri gy'onookubirizaamu abaana bo okugonda. Laba enkomerero y'essomo ly'ebibonerezo ebirala.

Wadde ng'okukuba abaana bo mu ngeri entuufu kikyali kiri mu mateeka mu nsi ezisinga obungi, okukikola mu lujjudde kiyinza okuleeta ebitongole by'embeera z'abantu mu maka go okubuuzibwa ebibuuzo. Bayinza n'okugezaako okuggya abaana bo mu maka go. Nkoze ku nsonga nga zino lwe b'aggyawo omu ku baana olw'ensonga eno. Ebiseera ebimu kyamala emyezi egiwerako mu kkooti. Singa okukuba omwana kyakolebwa mu butuufu, omulamuzi yandikubiriza okugenda mu kuwaburwa n'azzayo omwana awaka. Olina okuba n'amagezi ng'okozesa ekibonerezo kino.

### **Ennono 5: Laga Nti Obassamu Ekitibwa**

Tokubanga mwana mu ngeri eraga obutassibwamu kitiibwa. Kino kizingiramumu okubavuma mu kiseera ky'okuva mu mbeera olw'enneeyisa yaabwe. Abazadde abamu baleetera abaana baabwe okusika wansi engoye zaabwe okubakuba, ekintu ekitassa kitiibwa mu mwana era tekisaanidde kukolebwa.

Ekifo ekituufu eky'okukubamu ke kabiina, mu kifo ekiriko enyama. Bw'okuba mu kitundu ekyo, era tolina buzibu n'ab'obuyinza abasinga obungi mu mateeka. Bw'okuba okusuuka mu kitundu ekyo, obeera obuuse ensalo.

### **Ennono 6: Kozesa ekigero ekituufu.**

Kozesa ekigero ky'obulumu obupimibwa. Tokuba kisuuka nga bwe kisaanira. Ssalawo nga bukyali obungi bw'emigo gye banaafuna. Tonyiiga era tewewuunya bwe bagamba nti, "tebinnumyeyo." Ekigendererwa si kubakaabya wabula okuteekawo engeri y'okubazzaamu amaanyi bwe bajeema ne bagaana eky'okutereeza.

Omwana wo bw'aba addamu nti, "Ekyo tekinnumye," muddemu mu bukkakkamu ng'omubuuza oba ayagala odemu okumukuba omulundi omulala, era omugambe nti balina obutikitiki ttaano okuddamu. Bwe bagamba nti nedda, kitegeeza okukuba kukoze. Bwe baddamu nti yee, ne bakulaga endabika y'obwenyi embeera y'obutakuwa kitiibwa, oba ne baddamu mu ngeri etasaana, baba bakyeyisa mu ngeri ey'obusirusiru era beetaaga okukuba omulundi omulala. Tebatera okwogera ekintu kyonna omulundi ogusooka ng'obuuza ekibuuzo kino. Okuzaako okukuba okw'omulundi kitera okukomya ekizibu. Oluddako, omwana oyo ow'emputu ayinza okusooka okulowooza emirundi ebiri nga tanaaba kwogera bwatyo.

### **Ennono 7: Beera Munyiikivu**

Obunyiikivu kikulu nnyo ng'okuba. Bw'ogamba nti ogenda kukuba, kakasa nti okitukiriza. Ekirala ekikulu kwe kutegeera ensonga lwaki bafuna ekibonerezo buli lwe beetaaga okukubibwa.

### **Ennono 8: Munnyonnyole.**

Nga tonnakuba, yogera n'omwana wo mu ddooboozi ery'okwagala okunnyonnyola ensonga lwaki ekibonerezo kikolebwa. "Nkukuba kubanga ogaana okutuula mu ntebe. Bw'otuula mu ntebe n'okkiriza eky'okutereeza, olwo tolina kufuna kibonerezo ky'okukubwa." Oluvannyuma

Iw'okukuba, mu ngeri ey'okwagala nate munnyonnyole ensonga lwaki baakubidwa. Kakasa nti olinda okutuusa ng'omwana amaze okukkakkana bwe kiba kyetaagisa. Laba ennono 10.

### **Ennono 9: Ensonga Entuufu.**

Tokubanga mwana olw'enneyiisa y'ekitto oba olw'otabulatabula ebintu. Mukuba olw'okujjemera mu bugenderevu, omwana bw'aba tayagala kukkiriza eky'okutereza ekimuweebwa.

Bwe nnali wa myaka munaana, nnali njagala nnyo amata ga chokoleti. Olunaku lumu bazade banga nga bakamala okuleeta kapeti empya, nali nkola amata ga kyokulate ne ngiwa obuwunga bwa kyokulate okujjula kapeti empya gye bakaleeta. Olw'okuba nnali nkali muto, nnali simanyi nti nnina okufuna ekyuma ekirongoosa ebikalu. Mu kifo ky'ekyo, nnakozesa ekisimula ekitobye. Ne bwe nagezaako okusangul, ebbala lyali lyeyongera okugaziwa n'okuddugala. Ekyo ky'eky'okulabirako ky'obuto— akabenje.

Bw'okizuula nti omwana wo ow'emyaka ekkumi yayingidde mu byuma byo, n'abireka ebweru mu biseera by'enkuba, ne bitaalaga, lowooza ku ky'osinga okutwala ng'ekikulu—omwana wo oba ebyuma. Awo w'olina okumugamba nti, "Okwo kusalawo kubi. Kino ky'ekivvaamu eky'okutereza." Katonda amanyi okubikkula emitima gyaffe n'okugezesa bye tutwala ng'eby'omuwendo. Ate bw'otokola bulungi, saba omwana wo akusonyiwe.

### **Ennono 10: Kakasa Okwagala Kwo**

Kakasa okwagala kwo oluvannyuma lw'okubonereza. Okugwa mu kifuba kirungi naye nga baagala okugwibwa mu kifuba. Beera mwetegefu okwoleka okwagala mu ngeri omwana wo gy'awuliriramu emirembe, era jjukira nti buli mwana wa njawulo.

Nick kye yali asembayo okwagala oluvannyuma lw'okubonerezebwa, oba okuweebwa eky'okutereza, kwe kumugwa mu kifuba. Yalindiriranga eddakiika nga makumi asatu n'oluvannyuma n'abuukira omugongo gwange ng'ayagala tumeggane oba okukwata ekigwo. Naye Justin ne Katie balinga baagalirawo ekifuba, okukakasibwa nti tubagala amangu ago.

Buli mwana wa njawulo. Omu bw'aba tayagala kulagibwa kwagala, olwo tomukakka. Yiga buli mwana okumanya ekibaleetera okuwulira nti bamwagala n'ekinyweza enkolagana y'omuzadde n'omwana.

### **Okukola ku Nsonga Z'Okukozesa Obubi.**

#### **Okumanyiribwa.**

Tokkiriza mwana wo kukozeza bubi. Abaana bajja kugezaako okwebalama olikubibwa okusaanira nga bakuvunaana nti tobaagala oba nga beetonda nnyo. Naye bwe baba tebakoze bulungi ku ky'okutereza ekibaweredwa, olina okukigobereza amangu ddala n'ekibonerezo. Tobakkiriza kuleetawo lutalo lwa buyinza olw'akaseera obuseera.

#### **Okukaaba okusuuse.**

Okukaaba ekisukkiridde, okuwogana oba okuboggolera mu kiseera oba oluvannyuma lw'okukuba kulina okukolebwako. Kiki ky'okola ng'omwana wo akuba enduulu nga olinga amutta? Komya enkola eyo ng'omunnyonnyola nti enneeyisa eno ejja kumuleetera okutekebwa mu kisenge kyabwe okumala ekiseera oluvannyuma lw'okumukuba. Kozesa timer (akabala eddakiika) bwe kiba kyetaagisa. Bategeeze nti ojja kundiika okubala eddakiika nga

balekedde awo okukuba enduulu. Era yogera nti okufuluma mu kisenge nga timer tennavvako kijja kuvvamu okukubibwa omulundi omulala. Bwe banaakizuula nti ogenda kusigala ng'oli mukkakkamu era ng'oli munyiikivu, bajja kutandika okukomya enneeyisa eno ey'ekito.

### **Okugerageranya Omugo n'Omukono**

Abakugu mu by'obwongo mu nsi bamaze emyaka mingi nga bayigiriza obutakozesa mukono gwo okusobola okweyawula ku kukuba. Naye olowooza bw'okuba omwana wo ng'okozesa ekintu ekilala ye tamanya ani akikute?

Ndi mukkiriza nnyo mu kukozeza omukono gwo. Katonda bw'ayogera ku "muggo ogw'okutereeza " (Engero 22:15)," ayogera ku kikozezebwa eky'okupima n'obuyinza. Omukono gwo guwa obuzoboozi okupiima amaanyi g'okozesa okukuba. Era osobola okufuga ekitundu w'okukuba. Omukono gwe gumu ogubasiiga mu maaso, okubakwata, ogusaangula amaziga, ogubaliisa n'okubalaga okwagala gwe mukono gwe gumu ogubatereeza nga bakyetaaga.

Bw'oba oteekateeka okukozeza ekintu, funa omuggo omuterevu. Bw'okozesa ekijjiko n'okuba nyo wansi w'akabiina, oyinza okuleka ekiwundu n'oggulawo oluggi olw'okuvunaanibwa okumutulugunya.

Mbuuliride abaana bangi ne mpulira engeri gye baawuliramu ng'omuzadde akozesa ekintu okukuba. Okukuba si kye kyabatawaanya wabula ekintu bazadde baabwe kye baakozesa. Kye nfunye kiri nti omukono gwo kye kintu ekisingayo obulungi eky'okukuba. Katonda yatuteerawo ekyokulabirako ekirungi (1 Samwiri 5:6, 9, 11; 7:13).

naye bwe mutaawulirenga ddooboozi lya Mukama, naye ne mujeemera ekiragiyo kye, awo omukono gwa Mukama gunaalwananga nammwe nga bwe gwalwananga ne bajjammwe. (1 Samwiri 12:15)

Ne mu Yuda, omukono gwa Katonda ne gukwata ku bantu, ne baba n'omutima gumu, okukola ekyo n'abakungu kye baalagira, nga bagoberera ekigambo kya Mukama. (2 Ebyomirembe 30:12)

Munsaasire, munsaasire, mmwe mikwano gyange,  
Kubanga omukono gwa Katonda gunyigiriza. (Yobu 19:21)

Omukono gwe gumu ogutuwa omukisa era gutukubiriza bwe tuba tukyetaaga. Katonda bulijjo abeerawo n'okwagala kwe okw'ekisa okutukangavvula bwe kiba kyetaagisa. Ye kennyini y'akola ku kutendekebwa kwonna naye si bwe kiri mu maka gaffe. Taata, ggwe olina okuba omukulu avunaanyizibwa ku kuteekawo okutendekebwa n'okufulumya ebivaamu eby'okutereeza n'ebibonerezo mu maka. Naye jjukira nti taata ne maama bali kibinja kimu era balina okukolera awamu.

### **Taata bw'atabeera waka.**

Kiki ekibaawo mu kiseera nga taata tali waka era ng'abaana beetaaga okukangavvulwa?

"Nnyamba okulondawo eby'okuzannyisa bino."

"Nedda, saagala."

"Lino ly'erimu ku mateeka taata ge yateekawo. Bw'otoyamba, eky'okuzannyisa kiggyibwako ne kiteerekebwa okumala ennaku bbiri."

Bamaama abafumbo, beesigama ku taata. Tugoberera amateeka ga taata. Weesigama ku buyinza bwe obw'okukuuma. Eky'etaago ky'omukwano ekisinga obukulu ng'omukyala bwe bukumi obw'okwagala obukuumi, n'olwekyo kiriza omwami wo akukuume mu kino. Tokaayana na baana bo ku nsonga lwaki etteeka weriri oba lwaki ekivaamu eky'okutereza kiweebwa. Gamba bu gambi nti, "Kino nze ne taata kye twasalawo okukola era bino by'ayagala."

### **Ebibonerezo Ebirala eby'Okuladako.**

Eri abaana okuva ku myezi kkumi na munaana okutuuka ku myaka etaano, omwana muteeke mu katimba abaana kebazanyiramu oba mukisenge okumala ekiseera oba okutuusa nga beetegefu okukkiriza ekiseera eky'okweyawula okubeera bokka (Ekivaamu eky'okutereza).

Omwana mukwatire ku bisambi (n'obwegendereza naye ng'omunyweza) okutuusa nga mweetegefu okukkiriza eky'okutereza. Tandika ekiseera ky'okweyayula okubeera yekka ng'omwana atandise okutula yekka nga talina kimuziyiza kyonna ku mu mubiri.

## **Essomo 9: Okugerageranya Okuwa Empeera N'okuterezebwa.**

Abantu baffe bakkirizza endowooza "y'okusiima omwana buli lw'akola ekilungi" mu nkuuza y'abaana. Eky'ennaku, ebisinga ku kyo bikyamu era by'ononefu. Okukozesa empeera kirabika kikola bulungi ku baana abawulize—naye kirina ebizibu bye kireeta. Weetegerezza omuwendo gw'abattini n'abavubuka leero abalina endowooza ey'okufuna buli kye baagala? Balowooza nti waliwo gwebabanja. Singa empeera yaabwe erabika okuba nti sinungi kimala, bajja kulekulira oba okunenya omuntu omulala olw'obutafuna kye balowooza nti bagwanidde. Okukuza abaana okw'ekika kino tekukola ku myaka gyonna naddala ku baana ab'emputu oba omutima omuguma.

Okwagala y'engeri esingayo okuba ey'amaanyi mu kukubiriza, era y'engeri esingayo obulungi ey'okuzimba mu mwaana eky'okweraba nti wamugaso, so si birabo n'obukodyo. Olw'okuba abaana kirabo Katonda ky'atuwa, tulina okutendereza abaana baffe n'okubaagala buli lunaku. Empisa ennungi zisuubirwa, so si kuwelwa mpeera. Abatume bwe baali basaba Yesu okwongerera okukkiriza n'obuvunaanyizibwa bwabwe (Lukka 17:5-10), Yabawa endowooza ey'obuwombeefu ku ndowooza gye baali beetaaga nga bamaze okukola Katonda bye yabagamba.

"Era nammwe bwe mutyo, bwe mumalanga okukola byonna bye mwalagirwa, mugambenga nti, 'Ffe tuli baddu abatasana; ebyatugwanira okukola bye tukoze.'  
(Luuka 17:10)

Tuweereza Katonda mu ngeri ey'obuwombeefu nga twagala abaana baffe, era bwe kityo n'abaana baffe batugondera kubanga bw'atyo bw'abasaba (Abaefeso 6:1).

Soma Eky'ongerezedwako O: Okuwa Empeera olw'ebikolwa ebirungi okufuna okulung'amizibwa okusingawo.

### **Endowooza Entuufu**

Ojjukira abaana bo bwe baali batandise okutambula? Wabayamba era n'obazzaamu amaanyi nga batwala entta ezisooka. Tewagamba nti, "Onswaza! Situka! Nze nzirukaa mu kiseera we nnatuukira ku myaka gyo." Bwe baagwa, waddamu okubasitula n'ogenda mu maaso n'okubayamba. Katonda agamba nti naffe tulina okuba n'endowooza y'emu ku kutendeka abaana baffe.

Ebiseera ebimu, kiyinza okuba eky'omugaso okuwa empeera okukubiriza omwaana okweyisa mu ngeri emu. Ng'ekyokulabirako, mutabani wange Nicholas yalina obuzibu okujjukira by'asomye. Yali asobola okusoma akatundu emirundi egiwera naye n'atakitegeera. Kino kyakosa eby'enssoma ye n'omugaso gwe yerabamu. Bangi kub'omunjju yaffe nabo balafubanye n'esonga eno nga nange mw'ontwalidde.

Nick yamalanga essaawa eziwera ku kuyiga enukuta z'ebigambo n'afuna C ku kigezo kye, ate Justin n'abitunuulira okumala eddakiika kkumi na ttaano n'afuna A. Kyalabika nga ekitali kya bwenkanya eri Nick, n'olwekyo nnagambanga nti, "Nicholas, nkimanyi nti kino kikukalubirira naye bw'okola ennyo ku nsonga eno tugenda kukukolera kino." Ng'ekyokulabirako, oyinza okufuna ayisikirimu oba okugenda mu bifo eby'enjawulo. Bwe nnakolanga ekyo, natwalanga

Justin ku mabbali, ne mmugamba nti, "Laba Justin, kino nja kukikolera Nick kubanga omanyi engeri gy'atawaanyizibwa mu by'okusoma." Oluvannyuma nnakakasa nga nti nnina kye nkola Justin. Mu mbeera ezitali zimu, kirungi okukozesa empeera.

**Okwekebeera.**

Bw'oba ng'okozesa ebipande, zi graph, oba enkola endala okuwandiika empisa z'omwana wo ennungi oba embi (nga kw'otadde n'empeera oba okufirwa obubonero), nnyonnyola engeri gy'okkiriza nti enkola eno ekola oba tekolagana na mwana wo omuwulize oba ow'omutima omugumu.

---

---

---

---

---

---

Omwana wo omuwulize bw'aba yeeyisa oba ng'ayogera ebigambo ebiraga nti asinga muganda we alwawo okugondera, kinnyonyole wano.

---

---

---

Ebirabo oba okufirwa obubonero biyinza okubiriza abaana okukola ennyo oba okugezaako ennyo mu bintu ebimu, naye tebijja kuzimba kweraba nga ba muwendo mu bo.

Emirundi emeka gy'osiima n'okutendereza abaana bo— kubanga birabo okuva eri Katonda era bakolebwa mu ngeri ey'ekitalo?

---

---

---

Okusiima n'okutendereza kwo gyebali okusinga bikwatagana n'engeri gye bakolamu ebintu? Nnyonnyola

---

---

---

Empisa ennungi zisuubirwa mu maka go olw'okuba kituufu, oba kiriko empeera ku lw'okubaako ekifunibwa? Nnyonnyola.

---

Okwagala kw'olina gye bali, oba engeri gy'okulagamu, kukyuka olw'okulemererwa kwabwe?  
\_\_ Yee \_\_ Nedda

Olina omwana omuwulize nga butonde bwe ayagala nyo okusanyusa? \_\_ Yee \_\_ Nedda

Olina omwana ow'empuuttu akyawa muganda we omuwulize ng'era alafubana n'okweraba nti wa muwendo? \_\_ Yee \_\_ Nedda

Abaana abalina omutima omugumu (empuuttu) basobola okuggwaamu amaanyi singa muganda waabwe omuwulize aweebwa ebirabo bingi oba okuwanibwa kulw'ebikolwa bye balaba nga bya butonde eri muganda waabwe omuwulize.

Enteekateeka ey'okugaba empeera ey'oluberera ku lw'empisa ennungi ez'abaana abawulize esobola okuteekawo omusingi ogw'endowooza ey'okuba nti bagwanidde okufuna buli kirungi. Kiyigiriza abaana okuweereza, okukola, oba okwefiiriza nga waliwo kyebafunamu kyokka.

Nnyonnyola engeri kino gye kiyinza okukosa omwana wo ng'akuze.

---

---

---

Endowooza gy'olina ku kulemererwa kw'omwana wo efaananako ne bwe yali ng'atandika okutambula? N'okubenyumirizamu n'essanyu, wabalaba lwe basooka okuyimirira ku lwabwe ne batandika okutambula. Bwe baagwa, wabasitula mu kwagala n'obakubiriza okuddamu okugezaako n'obukakafu nti ekiseera bwe kigenda kiyitawo bajja kukula, era bayige okutambula bokka.

Bw'oba tolina ndowooza eyo, nnyonnyola endowooza gy'olina ku kulemererwa kw'omwana wo.

---

---

---

### **Akabokisi k'Eby'okutereza Ebivaamu Ng'eteeka Limenyedwa.**

Omwana wo bw'aweza emyaka nga mukaaga, osobola okukyusa n'odda ku "kabokisi akalimu by'ebalina okukola ebiteresa ensobi z'abwe" mu kifo ky'obudde bw'okweyawula okubeera bokka. Enkola eno esobola okukozesebwa mu myaka gy'obutiini. Mu jjaga, akabokisi k'engatto, oba ekintu kyonna ekyangu okuggulawo, teekamu obupapula obuzingidwa nga bulaga emirimu gyebasoboola okulondako egituukana n'emyaka. Bw'oba olina omwana ow'emyaka mukaaga n'omunaana basobola okukozesa akabokisi ke kamu. Abaana abakulu basobola okuba n'akabokisi ak'enjawulo singa kiba kyetaagisa. Egimu ku mirimu egiyinda okukolebwa mulimu okukuba enfuufu mu kisenge, okulongoosa ebisenge, okweera ekifo ekitulwamu ekiri



emmanju, okulondawo eby'okuzannyisa mu kisenge ekizannyiramu, oba ekintu kyonna ekikola mu maka go.

Abaana bammwe mubayambe okukola akabokisi n'okuwandiika emirimu gy'awaka. Kisanyusa nnyo okulaba nga balonda by'ebalina okukola okutereza ensobi z'abwe n'okubiwandiika ku mpapula. Baba tebali kulowooza ku bbo benyini okufuna ekitereza ekivaamu. Balowooza ku muganda waabwe okukifuna, ekibafuula abayiiya.

Ekiseera bwe kituuka okukola ekitereza oluvanyuma lw'ensobi, balonda akapapula konna ke bagwako ne bakola buli kye kagamba. Bwe kiba nti omulimu gwe balonze babadde b'akagukola, bagambe baddemu baddemu okulunda.

Bwe bagamba nti, "Sijja kukola mirimu egitereza ensobi," bakubirize (bakube) olw'obujeemu. Bwe baba nga tebakkirizza kukola mulimu gwe balonze oluvanyuma lw'obakuba, bagende mu kisenge kyabwe okutuusa nga beetegefu okukiriza okukangavvula. Tobakiriza butakola mulimu gwe balina okola. Jjukira nti ekibonerezo si ky'ekitendeka. Tekisomesa wadde okuzimba embaala-okukola ekitereza kitendeka. Babonereze, naye era balina okumaliriza omulimu okubasalidwa olw'okumenya eteeka.

Nick bwe yali wa myaka kkumi n'agumu, yaggya mu kasanduuko akalimu emirimu eky'okukola oluvanyuma lw'okumenya eteeka, ekintu kye yakolanga emirundi mingi. Ekyavaamu kyali "longoosa kaabuyonjo zonna." Ennyumba gye twalimu mu kiseera ekyo yalimu kaabuyonjo nya nga zirimu n'ebinabiro. Nze ne mukyala wange twetunulira netugamba, "Longoosa kaabuyonjo? Ekyo tetujjukira kukiteeka mu kifo ekyo." Mukyala wange yabaka by'ebambaza engaalo (gloves) n'ekikuuta kaabuyonjo (toilet brush) namutwala mu binabiro n'amulaga engeri y'okulongoosa ekisooka, bwatyo n'atandiika olugendo lwe.

Mukyala wange bwe yali agenze okulaga Nick eky'okukola, natunula mu kabokisi. Bwe yakomawo mu ffumbiro, nagamba, "Laba, obupapula bukubisaamu emirundi ebiri ku bwe twateekamu." N'olwekyo twabuyiiwa ne tutandika okusoma. Oluvanyuma twasangayo akamu akali kagamba "Koola emirimu gya Justin gyonna." Ennaku bbiri emabega, Nick yali atawaanya Justin, era Justin yali ayagala kumwesasuza, bw'atyo n'ayongeramu ebirungo mu kasanduuko. Justin yafunanga ekivaamu ka tugambe oluvanyuma lwa buli nnaku ennya. Nick oluusi yafunanga ttaano olunaku. Justin yalowooza nti y'engeri esingayo obulungi ey'okusasuza Nick.

Ffenna twalowooza nti justin kye yakola kyali kisesa. Mu butuufu, twalekamu ekitundu ky'ebyo bye yayongeramu. Yali muyiiya nnyo. Naye mwegendereze we muteeka akabokisi—kubanga ebintu biyinza okatuukako. Kayinza okubulawo mu ngeri etategeerekeka, n'omulimu gwonna ogw'amaanyi ogwakolebwa mu kukatonda.

### **Eby'okukola Ebitereza Ebifanaganako n'Ebyo Ebiriwo**

Omwana bw'akula, ng'aweza emyaka nga munaana, aleeta ebitereza ebikwatagana n'ebyo ebiriwo bwe kiba kyetaagisa. Eky'okulabirako, obeera ku nkomerero y'oluguudo, ekifo ekirungi aw'okuvugira eggaali. Okuva bwe kiri nti kya bulabe nnyo okuvaagira eggaali okussuka awo, etteeka lyo liri nti obugaali kwe kuvuga obugaali okutuuka ku kifo ekimu. Bwe basala ensalo nga tebafunye lukusa, bafiirwa omukisa kw'okuvuga eggaali eyo okumala ennaku bbiri.

Osobola okuba omuyiia naye kakasa nti bikwatagana n'eggaali. Tobaggyako mizannyo gyabwe egy'okubutambi, egitalina kakwate na kuvuga gaali yaabwe ku luguudo.

### **Amateeka Agasookerwako.**

Abaana ab'emyaka egy'enjawulo beetaaga okulambulurira amateeka n'ebirina okukolebwa nga gamenyedwa. Ddamu wekenneenya Eky'ongerezedwako N: Amateeka n'Ebivaamu okulaba ebyokulabirako ebituukana n'emyaka n'ekiwandiiko ekikuyamba okukola olukalala lwo.

### **Teri Kulwana Wadde Okukaayana.**

Abaana bo bwe babeera mu nkaayana ez'enjawulo ezituuka ne mu kugezaako okubakangavvula, emirundi mingi otomerwa n'omukubwa ku ani eyatandiise, ani eyasoose okukola ki n'ebirala. Bw'oba olina etteeka eryawandiikibwa erigaana okulwana oba okukaayana, osobola okuyingira buyingizi mu kisenge n'ogamba nti, "Kale, addako okwogera eri omulala mu ddakiika kkumi na ttaano eziddako ajja kufuna eky'okutereeza." Bawulemu mu bitundu by'ennyumba eby'enjawulo, nnyiga timer ebala eddakiika, gwe ogende okole ebibyo.

Omu ku bbo bw'adduka n'akugamba, "Ono anzigyideyo olulimi lwe," ogaba ekikolwa eky'okutereeza. Oluvannyuma n'ogenda ofuna oli omulala naye n'omuwa eky'okutereeza. Bombi baamenye amateeka. Obusirusiru bwabwe obw'ekitto tebukufuga.

### **Teri Kulimba.**

Abaana bwe bakwatibwa nga balimba, bawebwa eby'okukola ebiteresa bya mirundi ebiri. Naye kino bateekwa okukigambibwa nga bukyali, n'olwekyo kilambulure bulungi mu mateeka g'amaka go. Bawe buwi ebivaamu bibiri okuva ku lukalala oba akasanduuko singa obakwata nga balimba ku kintu kyonna.

### **Longoosa Byoyononye.**

Si ggwe mukozi w'ewaka. Abaana balina okuyonja webacafuwaziza. Bwe batakikola, bafuna eky'okutereeza.

Etteeka eddungi kwe kuba nti buli mwana akuuma ekisenge kye nga kiyonjo. Abaana bange baali basuubirwa okwala obulirir bwabwe n'okutereeza ebisenge nga tebannagenda ku ssomero. Kyokka bwe kiba nti ekisenge kyo tekionjeddw, olwo tosuubira baana bo kukikola.

Bwe twaleeta etteeka lino, abaana bange baagamba nti tebajja kufuna budde nga tebannagenda ku ssomero. Namuddamu nti, "Ekyo kituufu. Bw'otereza ekisenge kyo nga tonnaba kwebaka, ekintu kyokka ky'olina okukola ku makya kwe kusika amasuuka." Ekisenge ky'okwebakamu kikola bulungi mu kutendeka.

### **Obukodoyo Obupya obw'Okubonereza.**

Omwana bw'atuuka mu myaka gy'obutiini (okuva ku myaka kkumi okutuuka ku kkumi n'esatu), abazadde basaanidde okuva ku kubonereza (okukuba) nebadda ku nkola ez'enjawulo.

Okukuba abaana abakulu kitera okukosa mukifo ky'okula obulungi kubanga oba ng'abavuma n'okubaswaza. Obukodyo obupya bukozesebwa okukubiriza (okubonereza) n'okumatiza omuvubuka okukkiriza okutereeza okuvaamu.

### **Omuggalo.**

Omwana wo bw'agaana eky'okutereeza, ekibonerezo ekikola gwe "muggalo." Kino kitegeeza kujjibwako mikisa gyona: teri ttivvi, ssimu, nnyimba, mizannyo, oba emikwano okubakyalira, era kiyinza okuzingiramu okubakumira mu bisenge byabwe. Eddembe lyabwe lyokka lye bajja okufuna kwe kugenda ku ssomero n'ekkanisa, okulya emmere, okukozesa kaabuyonjo n'okukola emirimu gy'awaka, nokukola ebiwardwa ku ssomero. Kino kigenda mu maaso okutuusa nga beetegefu okukkiriza eky'okutereeza. Omuggalo guyinza okumala eddakiika ttaano oba enaku ttaano (oba okweyongerayo).

### **Okukola Emirimu Ku Lunaku Olw'omukaaga**

Olunaku olw'okukola emirimu kibonerezo ekirungi eri omuttini agaanyi okukkiriza obuyinza bwo (oba omuntu gw'olese mu bukulembeze), naddala nga taata taliwo (nga maama, omuzadde nga zi y'amuzala, jjajja, omukuumi w'abaana oba omukuuzza).

Leteera omwana okukola emirimu ku Lwomukaaga ku makya okumaliriza emirimu egiba gimuweereddwa. Muwe olukalala lw'ebintu by'olina okukola okutandika ku ssaawa 8:00 ez'oku makya. Bajja kumaliriza nga buli kimu ekiri ku lukalala kiwedde bulungi. Kino kye kiseera ekirungi okukola ebintu ebyo okwetooloola ennyumba by'otateera kukolako. Bwe basalawo okugayalira emirimu ne bamala ekiseera ekiwanvu okusinga kye basaanidde okumala, baleke, naye okutuusa ng'emirimu gyonna gikoleddwa bulungi, bali ku muggalo.

### **Okukugirwa okuvuga mmotoka.**

Muggyeeko emikisa gy'okuvuga mmotoka okumala akaseera katono oba okumala ebbanga ddene. Lambulura ekiseera lw'annamala nga tebavuga n'ekiseera lw'anaaddizibwa omukisa ogwo. Mukomezewo omukisa gw'okuvuga mmotoka oluvannyuma lw'ekiseera ekyo ekitekedwawo, so si ng'endowooza oba embeera erongoosemu.

Bwe kiba kyetaagisa, mu mateeka osobola okuggyawo layisinsi yaabwe ey'okuvuga mmotoka oba permita ng'owandiika okusaba kwo ng'omuzadde eri ekitongole ekivunanyizibwa ky by'emmotoka.

Ekitereza kino ekiri mu butongole kirina okukozesebwa singa omwana ajeemera amateeka n'ebivaamu eby'okutereeza era ng'abeera mu mmotoka ye oba mu mmotoka yo. Kakasa okunyonnyola ky'ekitegeeza mu mateeka okumenya etteeka lino omwana wo asobole okutegeera.

### **Enteekateeka y'Okukola**

Kola amateeka g'amaka go n'ebivaamu nga gamenyedwa. Teekawo obudde mangu nga bwe kisoboka okukola kino. Saba Katonda akuyambe era akuwe amagezi mu kutonda amateeka

g'amaka go. Kozesa Eky'ongerezeswako N: Amateeka n'Ebivaamu okufuna ebyokulabirako n'okukola olukalala lwo. Musabe akuyambe okubawa obumu (bw'oba mufumbo) ng'omwami n'omukyala. Naye amateeka gano togassa mu nkola okutuusa ng'omalirizza essomo 11, "Okutandika nate."

## **Essomo 10: Okutendekebwa Okuyitira Mu Myaka gy'Obutiini**

Singa abazadde bassaawo ensalo ezitegeerekeka obulungi era nga buli kiseera bakozesa ebivaamu eby'okutereza mu myaka omwenda egisooka egy'omwana, okukyusa mu myaka gy'obutiini kijja kuba kyangu. Enkyukakyuka nnyingi zibaawo wakati w'emyaka 13 ne 15: ekiseera ky'okuvubuka. Kabuvubuka kiseera kya myaka ebiri oba ena ng'omubiri gw'omwana gugenda mu nkyukakyuka eziviirako ekyo kye tuyita okukula. Enkyukakyuka eno ey'ekitalo eyinza okubatiisa era n'etunyiiza. Kiyinza okuba ekiseera ekizibu. Naye tuteekwa okujjukira nti ebiro bino Katonda ye yabitegeeka okubawo, nga mutendera ye gwamanyi obulungi, nga bwe yagukola.

Buli kintu kiriko entuuko yaakyo, na buli kigambo ekiri wansi w'eggulu kiriko ekiseera kyakyo. (omubuulizi 3:1)

Ekiseera kya kabuvubuka kye kiseera abaana lwe bakyuka mu ndabika. Obunene n'amaanyi bwe byeyongera, omubiri gutandika okulabika ng'ogw'omuntu omukulu. Eddoboozi lya mutabani wo lijja kutandika okukyuka. Ekyewuunyisa, nga tebannafuna ddoboozi lya musajja nga taata, basobola okuyita mu kiseera eky'enjawulo nga bawulikika nga Maama naddala ku ssimu. Muwala wo ajja kufuna ensanyi n'essanyu ng'afunye ekalega ke akasooka. Abazadde balina okujjukira nti be bakulu era beetaaga okuba abagumiikiriza n'obusaasizi eri abaana baabwe abakula.

Enkyukakyuka mu nneewulira nazo zibaawo mu kiseera kino ng'omwana atandika okulowooza ennyo ku lulwe n'okunoonya okuba ewala ku bazadde. Baagala nnyo okukkirizibwa bannaabwe era batandika okunonya omukwano ogw'oku lusegere. Okwongera okumanya n'okulowooza ku balina ekikula ekilala, nga mwe muli enneewulira ez'okusikirizibwa, kitundu mu kukula kw'ekikula ky'omwana. Mu bantu baffe abatwalibwa ennyo okwegatta, abavubuka bafuna ebikemo bingi, okuzindikirizibwa n'obubaka obw'enjawulo obukwata ku kwegatta. Mu kiseera kino, kikulu nnyo nti amaka mwe bayigirizibwa obulongoofu n'empisa ez'okutya Katonda ng'era gwe mutindo gw'enneyisa abasuubirwamu. Kikulu nnyo abazadde okwogera ku by'okwegatta mu lujjudde. Omwana alina okuwulira amazima n'okufuna endowooza entuufu, ebirina okuva gy'oli. Bw'otoddamu bibuuzo era n'otuukiriza ebyo bye baagala okumanya, bajja kufuna obubaka obutufu, oba obw'obulimba okuva mu mikwano gyabwe.

Okukuyamba okutegeera obulungi abatiini n'okukuyamba mu kuteekawo ensalo ez'obulamu eri abaana bo ne mikwano gyabwe egy'ekikula ekirala, genda ku mukutu gwaffe okufuna ekitabo *'Okutegeera Abattini'*

### **Omwana Wo Akula**

Emyaka gy'obutiini kye kiseera omwana wo akula lw'atandika okulowooza ku bintu ebinene n'ebisuuka ku by'alaba n'amaaso ge, ekitegeera nti alowooza nnyo nga bw'olowooza. Bwe bategeera nti waliwo ekikyamu, basobola okutunuulira embeera n'okutegeera okusingako era ne balaba engeri omuntu omulala bw'alabamu ensonga.

Abattini mu ngeri ezitali zimu, batera okugezesa enkola n'ennonno ze wa bayigiriza awaka. Abaana bo babadde beetegereza ebigambo byo n'ebikolwa byo obulamu bwabwe bwonna.

Bakumanyi bulungi. Kiranga nti omuvubuka bw'alaba enjawukana wakati wa Maama ne Taata mu ngeri y'obukulembeze, okukontana mu mateeka, oba obunnanfuusi bwonna, awatali kubuusabuusa bajja kukyogerako.

Omwana bw'agenda nga akula, batera okubeera n'ebiruubirirwa era nga baagala nnyo okweyongerayo mu bulamu. Wadde nga bawulira ekyetaago kino ekitebereka eky'okufuna obwetwaze obusingawo, bayinza okufuuka abataterede, abatagumiikiriza, abeeraliikirira, era ne balabika ng'abajeemu. Tebalina bya kuddamu eri bibuuzo ebikulu ku kigenda mu maaso mu bulamu bwabwe. Ebibuuzo nga: Enkyukakyuka zino zonna ezijja mu myaka gy'okuvubuka ziva wa? Omuntu omukulu akuze mu birowoozo kye ki, era nfuuka ntya omuntu oyo? N'olwekyo, abazadde balina okunnyonnyola ebibuuzo bino okusobola okuyamba omuvubuka okuba n'endowooza ennujnamu, basobole okwemalira ku biruubirirwa by'okufuuka abantu abakuze.

Enkyukakyuka abattini ze bafuna tezewalika, nnungi, era kitundu kya dizayini ya Katonda etuukiridde. Abaana baffe tebaasaba kabuvubuka. Bangi kibazibuwalira okumanyiira enkyukakyuka zino, y'ensonga lwaki abazadde beetaaga okwesomesa. Buli mwana yeetaaga amagezi g'abazadde n'obuyambi okuyita mu kiseera kino, abamu bakyetaaga nyo okusinga ku balala. Era buli kimu ku nkyukakyuka zino (mu mubiri, mu nneewulira, ne mu kutegeera) bye bikozezebwa Katonda by'abawadde mu kkubo ery'okufuuka abantu abakulu.

### **Enteekateeka y'Okukola 1.**

Wandiika ezimu ku nkyukakyuka z'olaba mu baana bo abatiini. Bwe kiba nti obadde tossayo bilowoozo mu kiseera kino eky'enkyukakyuka (nga zonna z'akolebwa Katonda), sabe Katonda akusonyiwe olw'ebikolwa byo ebibi, era wandiika essaala esaba obuyambi. Genda eri omwana wo omuttiini omusabe okusonyibwa bwe kiba kyetaagisa.

---

---

---

---

---

---

---

---

### **Okusemberera Okwetongola**

Tandika okuwa omwana wo omutiibi eddembe n'obwetwaze. Ssa ekitiibwa mu nsonga zaabwe ez'ekyama, naye tewekiriranya ku mitindo n'amateeka. Tolingiriza mu kisenge kyabwe olw'okwagala okunoonyereza. Batabani bo ne bawala bo balina okukimanya nti obalaba nga abakulu so si baana. Ekimu ku bintu ebiyinda okubayamba okukola kino kwe kufuula amazaalibwa gaabwe ag'emyaka 13 omukolo ogw'enjawulo. Fuuna akadde n'omwana wo ng'okubaganya ebirowoozo ku nkyukakyuka ze boolekagana nazo. Kozesa buli kakisa okukakasa nti omwagala era nti wa mugaso gy'oli. Mubategeeze nti muli ku ttiimu yaabwe era mujja kubeerawo okubawagira n'okubayamba mu kiseera kino.

Abaana baffe abatiini bayinza okulabika ng'abakulu, naye nga tebannakula. Abazadde bangi bakola ensobi ey'okuggya abavubuka mu kutendekebwa. Osobola okukomya okutendekebwa nga bafuuse abantu abakuze mu myaka ne mubirowoozo, obo' buvunaanyizibwa, oba nga bavudde awaka, kyonna ekisooka bu bbyo. Kino olina okukibalaga bulungi. Ate jjukira nti obatendeka, so si kubafuga.

### **Okugezesa obuyinza.**

Mubotonde, abatiini bajja kutandika okugezesa obuyinza bwo. Kiyinza okuwulira nga "ebigambo ebibiri aby'entiisa" bikomyewo, naye omwana awezeza kilo kyenda. Tewekiriranya mu kiseera kino naddala mu bintu bino wammanga. Weeyongere okuba omuzadde omunyiikivu.

### **Ekisooka: Wa Ekitiibwa Era Beera Muwulize.**

Muwe abazadde bombi ekitiibwa. Tewali kya kwekwasa. Kino kitegeeza okugondera n'okwogera mu ngeri ey'ekitiibwa, n'obutasitula ddoenzi. Kino era kiyinza okuzingiramu "obuyambi" bwabwe mu kukuza baganda baabwe abalala. Kitera okubaawo abavubuka okweyisa ng'abagamaba nti weetaaga obuyambi ne baganda baabwe abato, n'olwekyo mutegeeze bulungi nti mu nnyumba mulimu abazadde babiri so si basatu.

Abavubuka bayinza okutandika okutegeeza kye bagenda okukola, mu kifo ky'okusaba olukusa nti: "Nze ng'enda ewa ba Taylor, nja kudde awaka ku ssaawa 7:00." N'addamu nti, "Komaawo wennyini, onsaba oba ontegeeza?" Omwana wo omutiini ayinza obutaloozo nti nsonga nkulu nnyo, n'olwekyo olina okukilambulua bulungi. Bwe baba bakutegeeza, eky'okuddamu kiri nti nedda. Bwe baba bakusaba ojja kukirowoozaako.

Luba lutalo lwa buyinza olwa bulijjo mu myaka gino, naye buyinza okuyiia mungalo n'osigala nga weebuza ddi lwe baakutwaalako obuyinza. Wadde ng'enneeyisa eno yeetaaga okutegeerwa n'okwekebejjebwa, kirowooze nti kya bulijjo. Tonyiiga n'okwanukulira mu busungu. Kitereza mu ngeri ey'okwagala n'obunyikiivu.

### **Eky'okubiri: Ennono n'Empisa.**

Tewekiriranya ku mpisa n'emitindo gy'empisa gy'oteeka mu maka go. Kino kizingiramu ebintu by'oyagala n'eby'okusanyuka ng'okukozesa essimu, ennyimba, ttivvi n'emizannyo. Mutabani wange Nick yali ayagala enyo enyimba, ne tukola etteeka. Yali asobola okuwuliriza ennyimba zonna ze yali ayagala, naye nnalina okusooka okusoma n'okusiiima ebigambo by'ennyimba bweziba nga zi za Kikristaayo. Lumu mukyala wange yasanga CD ezitasaana wansi w'aduwawa ya Nick. Twakebera bbandi ku yintaneeti ne tusoma ebigambo by'enyimba. CD ze zaasaanyizibwawo, era yalina ebyavaamu okuva mu kasanduuko k'ebirina okukolebwa ng'eteeka limenyedwa—ekitereza kimu ku buli kimu ku kwa buli CD etassana.

Twakizuula nti CD musanvu ze twasaanyaawo tezaali za Nick. Zaali za mukwano gwe Omukristaayo. Bwe kyatuuka mu bazadde be nti twasaanyizaawo CD za mutabani waabwe, nti

era mutabani wange yakoze eby'okutereza ebivaamu, baatukubira essimu ne batwetondera. "Tegeeza mutabani wo nti talina kumusasula kubanga naffe ekyo tetukyagala mu maka gaffe." Oluvannyuma bansaba amagezi ku ngeri y'okukwatamu ekizibu kino ekyali kivudde mu mbeera ne mutabani waabwe.

Olw'okuba ennyimba ezisinga obungi ennaku zino ziggyibwa ku yiintaneti neziteekebwa mu lukalala omuli ennyimba endala, abazadde balina okunoonyereza. Weetegereze abaana bo bye balaba n'ebyo bye bawuliriza naddala bye bakozesa ku ssimu zaabwe, tabuleti ne kompyuta. Bwe kiba tekisaana, kiggyewo.

### **Eky'okusatu: Okutendekebwa okw'Obuwaze.**

Okutendekebwa kuyinza okukoma nga bafuuse abantu abakulu ab'obuvunaanyizibwa oba nga bavudde awaka, kyonna ekisooka ku byombi. Omwana wo omutiini bw'akugamba nti takyeetaaga kutendekebwa, oyinza okubagamba nti tebajja kuddamu kufuna eby'otereza ebivaamu singa basigala mu mateeka. Bwe bamenya etteeka, babalaga mwembi nti beetaaga okwongerera okutendekebwa.

### **Amateeka g'Abavubuka ag'Okulabirako.**

#### **Obude obw'okuzukiramamu.**

Bwe wesanga ng'oyingira emirundi ebiri oba esatu buli ku makya okuzuukusa omwana wo omutiini, omwana oya toli mu muyamba. Bafunire alarm (oba okubagamba bakozese app ku ssimu yaabwe). Batabani bange bwe baaweza emyaka mwenda, nnabawa alarm ne mbagamba nti, "Mwezuukusenga. Muvve mu buliri ku lwamwe, mweyambaze, mweteeketeekere essomero."

Gy'okoma okulinda, gye kikoma okubeera ekizibu okussa mu nkola. Singa omwana wo omutiini obudde bu mukwata oba obudde obumuweredwa bwe butuuka nga teyeetegese, muwe eky'okukola ekiva mu kumenya eteeka. Kiyinza okuba okwebaka ekiro ekyo nga wabula yo eddakiika 30 oba essaawa nga budde bwateera okwebakirako tebunatuuka, era n'ekyokukola ekivaamu ng'otuuse awaka ku lunaku olwo.

### **Okussawo Enteeekateeka y'Obude bw'Ekinabiro.**

Okugabana ekinabiro ku makya kiyinza okukoya. Muwe abaana bammwe abatiini enteeekateeka okukuuma emirembe mu maka gammwe. Boli omu akkiriziganye n'ekiseera kye bamuwadde (okuva ku ssaawa 12:00 okutuuka ku 12:30). Bwe batafuluma mu kinaabiro mu budde, bafuna eky'okutereza olw'okumenya eteeka. Enteeekateeka y'okussawo obudde eyinza okukozesebwa okutereza ebifo byonna ebinyinza okuleetawo obuzibu mu maka.

### **Obudde bw'okudda Awaka.**

Bw'oteekawo ekiseera eky'okudda awaka ku ssaawa 4:00 ez'ekiro, omwana wo ajja kwagala okubeera ebweru buli kiro okutuusa ku ssaawa eyo. Mu kifo ky'ekyo, obudde bw'okudda awaka bubetekebwewo okusinzira ku mbeera. Buli lwe bava awaka balina okukutegeeza gye bagenda,



ani gwe bagenda naye, muzadde ki anaabeerawo, ani anavuga emmotoka n'obudde bwe banaakomawo awaka. Enteekateeka bwe zikyuka, balina okusooka okukukubira essimu basobole okufuna olukusa. Weegendereze wano: tobakkiriza kutandika kukuva mu ngalo bafuluma emirundi egiwera buli wiiki.

### **Enkozesa y'Amasiimu Ne Kompyuta.**

Omwana wo bw'atuuka ku myaka 13, oyinza okulwawo okubalabako kubanga basigala mu kisenge kyabwe. Eky'okuddamu ku kizibu ekyo kiyinza kuba, teri ssimu mu kisenge ekisulwamu. Naye amateeka amakakali gayinza okubaviirako okuva mu maka gaabwe nga tebannetuuka. Etteeka lino lirina okuba nga lirina amakulu, oboolyawo ng'essimu ebalemesa okukola ebiwardwa kusomero, obuvunaanyizibwa obulala oba ebiseera by'amaka. Kubiriza omwana wo omutiini okwenyigira mu budde mw'amaka, n'okulaba nti okubeera awamu kisanyusa.

Abaana abasinga kati balina essimu zaabwe nga bakyali bato era abavubuka abamu balina kompyuta zaabwe. Naye weegendereze. Essimu ne zi kompyuta birina ebirungi naye era biyinza okuwugula. Kino nga tekinnafuuka kizibu, olina okukola amateeka g'amaka agakwata ku kukozeza essimu ne kompyuta.

Amateeka gano makulu nnyo naddala ku ngeri omwana wo gy'ayogeramu n'abekikula ekilala ku ye (omuwala eri omulenzi n'omulenzi eri omuwala). Teekawo enteekateeka y'ennaku n'ebiseera bye basobola okuwuliziganya ne mikwano gyabwe ku ssimu oba kompyuta. Era kakasa nti omanyi mikwano gyabwe. Bwe kiba nti obudde bw'essimu ne kompyuta zaabwe bwa ssaawa 1:30 okutuuka 2:00 ez'olweggulo, ekivaamu nga bamenye etteeka kiba kya nnaku bbiri nga tebalina ssimu oba kompyuta oba byombi.

Laba Eky'ongerezedwako N: Amateeka n'ebivaamu okulaba amateeka ag'okulabirako. Genda ku mukutu gwaffe ogwa Intaneeti, FDM.world, okumanya ebisingawo ku ngeri abazadde gye bafugamu enkozesa y'ebintu ng'esiimu ne Kompyuta.

### **Ebibonerezo by'Abavubuka Ebiyiye.**

Mu mussomo eriyise, twazuula enkola ssatu empya ez'okubonereza abavubuka: Omugalo, okukola Emirimu ku Lwomukaaga, n'okukugirwa okuvuga mmotoka. Naye kiki ekibaawo bwe ba bisoomooza ebyo?

### **Omutiini bw'Asoomooza Obuyinza Bwa Maama**

Bamaama tebatera kutiisa nyo ng'abataata bwe kituuka ku kutendekebwa okuwa ebirimu ekiva mu kumenya eteeka. Maama, kiki ky'onookola nga taata tali waka ate nga mutabani wo ow'emyaka ekkumi n'ogumu agaanyi okukola eky'okutereeza ekiva mu nsobi ye? Mu kiseera ekyo, ayingira omuggalawo okutuusa taata lw'atuuka awaka oba okutuusa lw'akkiriza eky'okutereeza. Bwaba tanakiriza kukola kimuweredwa taata wa tuukira, kubyamu emirundi ebiri eky'okula ky'omuwa. Tewali ddembe liweebwa okutuusa ng'omwana wo akoze ebivaamu.

Mutabani wange Nick bwe yatandika okusoomooza mukyala wange n'atakkiriza kukola ebitereza ebiva mu nsobi ze, yamusindikanga mu kisenge kye. Bwe nnakomawongawo awaka, mukyala wange nga antegeeza ebyali bibaddewo. Nayingiranga ne njamba, "Nick, kiki ekibaddewo?" Nga mba oluuyi lwe olw'ebibaddewo. Ekituufu kyali nti yali ayagala nnamba 3 ey'oluggi (ddamu wetegereze essomo 5), naye teyaliiwo. Namuwanga ebivaamu bibiri olw'obutakola maama kye yamusaba okukola.

### **Omutiini bw'Agaana Okubonerezebwa.**

Ebiseera ebimu omwana omutiini agaana omuggalo. Kino kye kiseera okukubira taata essimu n'onnyonyola ekizibu abeere mwetegefu okugonjoola embeera ng'atuuse awaka. Taata bw'abuza omutiini ekizibu, omutiini ebiseera ebisinga agamba nti si kya bwenkanya. Engeri esingayo obulungi taata gy'alina okukola ku nsonga eno kati kwe kuwa ekibonerezo ekirala. Munnyonyole nti obutagondera buyinza bwa Maama ng'agaana omuggalo kyetaagisa ekibonerezo ekirala eky'okukola ku Lwomukaaga. Omutiini aweebwa essaawa emu ey'okukola ku lw'omukaaga buli lwe batawuliriza Maama wadde okumudiza ebigambo ku ebyo ebirina okolebwa eby'ategeekewebwa. Omulimu gw'Olwomukaaga kibonerezo okubajjukiza nti bateekeddwa okugondera obuyinza bwa mama. Tewali kya kwekwasa. Taata bw'aba tali waka, maama y'alina obuyinza. Balina okumuwa ekitiibwa kye.

### **Bawe eby'okukola**

Okugaba emirimu, egisuuka emirimu egya bulijjo, kibonerezo/ekikubiriza. Nick bwe yaweza emyaka 12 n'atandika okuwakanya obuyinza bwa mukyala wange. Mukyala wange yamuwanga eky'okula oluvanyuma lw'okumenya eteeka, naye Nick n'awakana.

Buli kiseera nnamuwanga essaawa emu ey'okukola emirimu olw'okusoomooza obuyinza bwa mukyala wange. Saagamba nti, "Genda okole okumala essaawa emu," kubanga awo yandibadde akkuulayo akaddo kamu kokka mu ssaawa eyo. Nagambanga, "Kuula omuddo okuva wano okutuuka wano." Bwe yamalirizanga nga bukyali olw'okukola amangu, ekyo kirungi nnyo. Bwe kyamutwaliranga essaawa nnya, oba olunaku lwonna, kwali kusalwo kwe. Ekisumuluzo kyali nti teri ddembe okutuusa ng'omulimu ogwo guwedde. Nick yafuuka ekyuma, ng'akitegeede nti singa akola mangu era n'amaanyi, yali asobola okumaliriza nga n'esaawa tennawera.

### **OKUSIMA EBUZIBA**

Wandiika ebirungi n'ebibi wammanga ebikwata ku kukola emirimu.

Okubaako omulimu gw'okola, kigasa;  
Naye okwogera obwozezi kwavuwaza bwavuwaza. (Engero 14:23)

Akungulira mu kyeya mwana wa magezi:  
Naye oyo eyeebakira mu biro eby'okukunguliramu ye mwana akwasa ensonyi.  
(Engero 10:5)

---

---

---

era mwegombe okukkakkananga, n'okukolanga emirimu n'emikono gyammwe, nga bwe twabalagira. 12Mulyoke mubenga n'ekitiibwa eri ab'ebweru, nga temuliiko kye mwetaaga. (1 Abasesolonikka 4:11-12)

---

---

---

### **Enjawulo Wakati w'Omuggalo n'Okukugirwa.**

Omuggalo n'okukugira si by'ebimu. Abazadde bangi bakozesa okugirwa eri buli kintu, naye kirina kukozezebwa mu mbeera zimu zokka.

### **Omuggalo ky'ekitegeeza.**

Omuggalo kibonerezo olw'okugaana okukola ekiva mu kumenya eteeka. Mu kiseera ekyo bafiiirwa emikisa gyonna ne basigala ku muggalo okutuusa nga bakkirizza okukola ebivaamu. Kiyinza okutwala eddakiika ttaano, essaawa ttaano oba ennaku ttaano. Mu kiseera ky'omuggalo, tewali ssimu, nnyimba, ttivvi, mizannyo, mikwano, kompyuta oba ssente. Obulamu bwabwe buzingiramu okusoma, okukola ebibaweredwa ku somero, okukola emirimu gy'awaka n'okulya ebijjulo by'omu maka. Bwe baakola ebivaamu mu ngeri entuufu, eddembe liddamu.

Omutiini wo ayinza okukugamba nti ky'abulalu. Kiriziganya naye. Ku lw'ekintu ekigenda okubatwalira eddakiika ntono, baasalawo okubeera mu kisenge kyabwe okumala ennaku ssatu. Naye okugondera kuba kusalawo kwabwe.

### **Okukugirwa ky'ekitegeeza.**

Okukugira ky'eky'okutereza ekikwatagana n'okumenya eteeka. Kizingiramu okubeera awaka okumala ekiseera ekiragiddwa, nga tewali mukwano gukkirizibwa kukyala.

Etteeka lyo bwe liba lya kubeera awaka mu budde obuteekebwawo, eky'okutereza ekirina okuvamu z'enaku bbiri ez'okukugirwa. Okukugirwa kye kitereza ekikwatagana n'obutabeera waka mu budde obuteekebwawo oba okugenda mu kifo ekirala nga tolina lukusa. Omwana wo bw'amanya amateeka g'okukugirwa nga yebbirira okuva awaka, ateekebwa ku muggalo okumala ennaku eziwerako. Eddembe lifunibwa ng'embanga ly'omuggalo liweddeko bulungi.

Katonda ayagala tukoze ebikolwa bino eby'obujeemu okutendeka abaana baffe. Tukubirizibwa okubeera abanyikiivu kubanga ekigendererwa kyaffe kwe kubassamu embaala y'omuntu akuze.

### **Olukalala lw'Ebirina Okukolebwa Okutereza Ebiva Mu Kumenya Eteeka.**

Eri abaana eb'emyaka 13 n'okudda waggulu, kozesa olukalala lw'ebirina Okukolebwa ebiteresa ensobi. Endwooza esigala y'emu, naye nga eri ku lukalala mu kifo ky'okubeera mu kasanduuko. Abaana bange baakulira ku kasanduuko k'ebivaamu ebiteresa, n'olwekyo baali bakyaggya empapula mu kasanduuko okutuuka mu myaka gyabwe egy'obutiini. Naye bw'oyanjula akabokisi ng'ako eri omwana wo ow'emyaka 13 omulundi ogusooka, bayinza okugamba nti, "Bintu ki bino eby'ekyana ekito?"

Kakasa nti ebivaamu ebiteresa bituukana n'emyaka. Bw'oba olina abavubuka abawerako, bonna basobola okukozesa olukalala lwe lumu. Ku lukalala olwo oyinza okuteekako okwooza emmotoka yo, okuyonja munda mu mmotoka, okuyonja firiigi, oba okwoza amadirisa ataano ag'ennyumba yo munda n'ebweru. Ebivaamu bino eby'okutereza biba biyitiridde nnyo ku mirimu gyabwe egya bulijjo, okuweebwa nga bamenye etteeka. Lowooza ku kuyonja okukolebwa oluvanyuma lw'ebiseera by'obunyogovu oba ku nkomerero y'omwaka, era oteeke ebintu ebyo ku lukalala. Fuba okulaba emirimu egitwala eddakiika ssatu ku kkumi na ttaano.

Omwana wo bw'amenya etteeka, ekivaamu kwe kukola ekintu ekiri ku lukalala. Kyokka, amateeka go agamu gayinza okuba n'ebivaamu eby'okutereza ebikwatagana nago ng'okukugirwa oluvanyuma lw'obutakomawo waka mu budde, oba okufiirwa essimu yaabwe okumala ennaku bbiri olw'okumenya etteeka ly'essimu. Ku buli tteeka, ebivaamu byo eby'okutereza birina okutegekebwa ng'obudde bukyali, nga bikwatagana n'okujeema oba nedda (laba Entekateeka ey'okukola 2 wammanga).

Olukalala lw'ebivaamu ebiteresa luweebwa okuva ku mulimu ogusooka okutuuka ku gusembayo, era bwe batuuka awasemba, lutandika natte. Bwe buba budde bwa kiro era ng'ekivaamu kya kwera ekifo ekitulwamu emabega w'enjju, osobola okugamba omulimu ogwo bagukole ku makya oba okulonda omulimu oguddako ku lukalala okuyinza okukolebwa amangu ddala. Naye togaba mirimu nga togoberedde nga bw'ejjendiganako kubanga okimanyi nti omwana wo gyasinga okukyawa.

### **Entekateeka ey'Okukola 2.**

Weekenneenya ebiragiro bino wammanga okukola olukalala lw'ebyo eby'okutereza ebinaavaamu n'okwogera ku nsonga eno ng'abafumbo. Laba olukalala lw'ebyokulabirako mu Ky'ongerezedwako N: Amateeka n'Ebivaamu. Eky'okujjuzamu kiweebwa mu by'ongerezedwako appendix okukola olukalala lw'amaka go.

1. Kola olukalala lw'emirimu egitali mu mirimu gy'oteera okuwa abaana. Eby'okukolako ebitatwala bbanga ddene tebisaanidde kumalirizibwa buli wiiki, gamba ng'okulongoosa kw'enkomerero y'omwaka oba ebintu abazadde bye bakola bulijjo.

2. Omulimu oguava mu kumenya eteeka gulina okutwala eddakiika nga ssatu oba kkumi na ttaano.
3. Bafuna ebivaamu ebiddirira ku lukalala. Tova mu line y'olukalala okuggyako embeera ez'enjawulo.
4. Weewale okukaluubiriza ennyo olukalala. Jjukira nti kino kikozezebwa eky'okutendeka okubayigiriza embeera z'omuntu omukulu akuze. Kino si kya muzadde kwesasuzza ku baana baabwe.
5. Olukalala luno lukozesebwa singa ekivaamu tekiweredwa wamu n'etteeka.
6. Bw'oba olina omwana ow'emputu, oyinza okwetaaga eby'okukola ebiwerako ku lukalala olwo omwana wo aleme kukola omulimu ogw'okutereeza gwe yabadde yakamaliriza.
7. Omwana bw'aba takola ekyo ekiyinza okumutereeza mu ngeri ematiza nga bwe yatendekebwa okukikola, kyetaagisa omwana wo okuddamu akikole mu ngeri entuufu oba okugenda ku muggalawo okutuusa nga bamaze okukikola mu ngeri entuufu.
8. Omuzadde alina okusooka okuteeka ku lukalala akasanduuko akalimu ennukuta y'erinya lye esooka oluvannyuma lw'okwekenneenya omulimu omwana we gw'akola okusinga okuteeka akabonero k'okugolora omwana yenna k'asobola okuwandiika.
9. Abaana bo bwe bamaliriza olukalala, Tandika natte okuvira ddala ku nrandikwa. Omuzadde buli kiseera asobola okwongera ku lukalala, naye togattako bintu ng'okangavvula omwana wo. Kikole oluvannyuma lw'okukubaganya ebirowoozo n'emuzadde muno.

### **Okutendeka Okuyitira Mu Mirimu gy'Awaka.**

Emirimu gy'awaka kikozezebwa ky'amaanyi mu kuzimba enkola y'emirimu ennungi, n'okuyamba okuzimba embaala, obuvunaanyizibwa bw'obwa kinnomu n'okwefuga.

Kozesa bulungi emirimu gy'awaka okusenziira ku mateeka gano ataano.

1. Kola emirimu gy'awaka nga gya bwenkanya. Muwala wo ow'emyaka ekkumi n'ogumu bw'anaaza ebintu emirundi etaano buli wiiki ate mutabani wo ow'emyaka ekkumi n'asaawa ekitundu ky'omuuddo ekitonotono omulundi gumu mu wiiki, ekyo si kya bwenkanya. Mutabani wo asobola okuyiga okunaaza ebintu, okufumba n'okweyimirizaawo mu ffumbiro.
2. Teekawo emirimu gy'awaka nga gitukaana n'emyaka. Faayo okulaba ngeri omwana gy'asoboola. Okusaba omwana ow'emyaka omunaana okwoza emmotoka yo kiyinza obutasoboka. Naye basobola okujjama obucafufu.
3. Emirimu gy'awaka giwandiike. Okufaanako amateeka, n'emirimu gy'awaka gyetaaga okuwandiikibwa.
4. Teeka mu buwandiike olunaku n'ekiseera eky'okumaliriza. Kasasiro bw'aba yeetaaga okufulumya ku Lwokusatu ekiro kubanga okumukung'aanya kwa Lwakuna ku makya, kakasa nti essaawa z'okumaliriza zituuka nga obudde bw'okugenda okwebaka tebunnaba ku Lwokusatu oba nga bamaze okulya ekyeggulo. Awatali ekyo, waliwo ajja okuzuukuka ku ssaawa 11:45 ez'oku makya.

5. Eky'okulabirako, bw'osalawo nti kasasiro atekwa okufulumizibwa ku ssaawa 1:00 ey'olweggulo ku Lwokusatu, omwana wo afuna eky'okutereeza singa tekikolebwa nga ssaawa 1:00 tennatuuka. Bwe batakikola mu budde, bakikola amangu ddala ate oluvannyuma ne bakola ekintu okuva ku lukalala. Ebiseera bye balina okumaliriza emirimu gy'awaka byetaagisa basobole okwerowooleza bokka, okukuma n'okumanya ebiseera, n'okugaana ebintu ebirala basobole okukola omulimu. Bino biyigiriza embeera z'omuntu akuze.
6. Tendeka—si kubogerera. Komya okuyomba, okwogera enyo, n'okutiisatiisa. Teekawo enteekateeka yo era ogisse mu nkola.

### **Enteekateeka ey'Okukola 3.**

Kola olukalala lw'emirimu gy'omumaka go n'ebivaamu olw'obutagikola bulungi oba mu budde. Ddamu wekennenye ebyokulabirako n'empapula enjerere ez'okujjuzamu mu Ky'ongerezedwako P: Olukalala lw'emirimu gy'awaka.

Kano k'abo abasuubira emirimu ekitukuridde: Teri mwana agenda kukola mirimu mu ngeri etukuride, n'olwekyo, suubira ekisobooka bw'ekituuka ku mwana wo okukikola obulungi. Okubayigiriza okukikola obulungi kyandibadde ngeri nnungi ey'okutandikamu.

### **Ate Sente ezibawebwa?**

Tolina kubawa sente lwa buli mulimu gwe bakola. Awatali ekyo, bw'osaba obuyambi okugenda okugula emere, bayinza okubuuza ssente meka ze bafuna okuyamba.

Bw'oba oteekateeka okubawa ssente, lowooza ku ssaawa ze bakola emirimu gy'awaka mu wiiki, era ovveyo n'omuwendo gwa ssente ze mukkiriziganyiza ng'abafumbo. Oluvannyuma mubawa ssente ezo buli wiiki ow'okubayamba era kubanga mu baagala. Munnyonnyole ensonga zino era nti ssente zabwe za kukozeza.

Nick bulijjo yali ayagala kufuna ssente endala kubanga bulijjo yalina ekintu ky'ayagala okugula. Nnagabanga ssente ez'omutemwa ku mirimu egimu, egitali ku lukalala lw'emirimu gye egya bulijjo, ng'engeri gy'ayinza okufunamu ssente ezisukka ku ssente ezimuwebwa buli wiiki.

Abaana beetaaga okuyiga okukola, naye tobayisa ng'abaddu. Bwe nnabanga nneetaaga obuyambi mu mulimu ogw'enjawulo, nnabuuliranga abaana bange nga bukyali ddi lwe tunaagukola. Nnabeeranga mulambulukufu ku lunaku, essaawa ez'okutandiika, n'obudde bwekinamala. Ebiseera ebimu nnabasasulanga naye ebiseera ebirala ssaabasasulanga. Kirungi okuyigiriza abaana okwenyigira mu kukuuma ennyumba nga tebasuubira kusasulwa.

Emmeeme ey'omugayaavu yeegomba, naye tafuna bye yeegomba.  
Naye omunyiikivu, agaggawala. (Engero 13:4)

### **Kola Entegeeka.**

Katonda atugamba okutendeka abaana baffe mu ngeri ey'obukkakkamu (Abaefeso 6:4). Mu kukola enteekateeka ez'okugobererwa omuzadde n'omwana, enkulaakulana esobola

okukolebwa mu kutendeka awatali katemba n'okuteekamu eby'enneewulira. Obulemererwa mu lugendo bisobola okugonjoolwa mu bwangu okuyitira mu kuwuliziganya, okwatula n'okusaba okusonyiyibwa.

Enteekateeka y'okutendekeka etwaliramu amateeka agategeerekeka obulungi mu buwandiike, ensibuko y'ebivaamu eby'okutereeza (akasanduuko, olukalala, okukugirwa), n'engeri y'okubakubiriza nga bajeemye (okukuba, omuggalo). Obunyiikivu kikulu nnyo.

Okusobola okutegeera obulungi abaana bo abatiini n'abavubuka, weekenneenye Eky'ongerezedwako Q: Ebibuzo by'okuddibwamu abatiini (okumanya engeri gye bategeeramu okufuuka omuntu omukulu) n'Eky'ongerezedwako R: Ebibuzo Ebiddibwamu abavubuka (okulowooza ku nkyukakyuka nga batuuse ku myaka kkumi na munaana).

Mu ssomo eriddako, tujja kukozeza ebyo bye mufunye tutandike okubiteeka mu nkola mu maka gammwe.

## Essomo 11: Okutandika Obugya

Okutandika obugya kitegeeza eky'yo kyennyini. Twala amazima, ebikozesebwa n'ennono z'okukuza abaana z'ofunye era obikozese okuteekawo embeera empya ey'amaka n'enteekateeka y'okukangavvula. Mu nteekateeka eno yonna, Katonda ayinza okuba nga alaze obwetaavu bw'okukyusa mu nkola yo ey'okukuza abaana n'engeri gy'oddukanyaamu amaka ng'akulaga gy'otakola okusinziira ku by'ayagala.

Buli lwe tusoma Ekigambo kya Katonda, Ekigambo kye nakyo kitusoma. Kiraga amakubo gaffe amakyamu n'ebigendererwa byaffe eby'okugakolerako.

Kubanga ekigambo kya Katonda kiramu, era kikozi, era kisala okusinga buli kitala kyonna eky'obwogi obubiri, era kiyitamu n'okwawula ne kyawula obulamu n'omwoyo, ennyingo n'obusomyo, era kyangu okwawula okulowooza n'okufumiitiriza okw'omu mutima. (Abebbulaniya 4:12)

Bwe tugondera Katonda nga tukozeza amazima agali mu Baibuli mu bulamu bwaffe, Ekigambo kye kitunaaza ng'amazzi, nga kiggyawo ebintu byonna ebitali biroongofu. Okufaanana omuliro gw'alongoosa ffeza, Ekigambo kya Katonda kileeta kungulu obucafufu bwaffe, oba ebintu ebiri mu bulamu bwaffe ebitamugulumiza, by'ayagala okuggyawo. Ng'ekitala, Ekigambo kiyingira mu bukakanyavu bw'emitima gyaffe. N'ekisembayo, Ekigambo kifaanana ng'ensigo ennungi esimbibwa mu mitima gyaffe era, bwe kyanirizibwa mu bwetoowaze, kimera emirandira egy'amaanyi ne kibala ekibala olw'ekitiibwa kya Katonda n'okuzimba abalala.

<sup>1</sup>Alina omukisa omuntu atatambulira mu kuteesa kw'ababi,  
Newakubadde okuyimirira mu kkubo ly'abo abalina ebibi,  
Newakubadde okutuula mu ntebe z'abanyooma.

<sup>2</sup>Naye amateeka ga Mukama ge gamusanyusa,  
Era mu mateeka ge mw'alowoozeza emisana n'ekiro.

<sup>3</sup>Naye alifaanana ng'omuti ogwasimbibwa okumpi n'ensulo ez'amazzi,  
Ogubala ebibala byagwo mu ntuuko zaagwo.  
Amalagala gaagwo tegawotoka,  
Na buli ky'akola, akiweerwako omukisa. (Zabbuli 1:1-3)

Olw'okuba amaka gaffe kikulu nnyo gye tuli, kiyinza okutumalamu amaanyi okukimanya nti tulemereddwa mu ngeri yonna. Beera musanyufu nti obusaasizi bwa Katonda bugya buli ku makya.

### OKUSIMA EBUZIBA

Wandiika ebisuubizo bya Katonda n'amakulu gaabyo gy'oli.

Okuyita mukusairwa kwa mukama tetumalidwa wo.



<sup>22</sup>Kwe kusaasira kwa Mukama, ffe obutamalwawo,  
kubanga ekisa kye, tekiggwaawo.

<sup>23</sup>Kiba kiggya buli nkya; obwesigwa bwo bungu. (Okukungubaga 3:22-23).

---

---

---

Naye ggwe, Ayi Mukama,  
oli Katonda ajjula okusaasira, ow'ekisa,  
Alwawo okusunguwala,  
alina okusaasira n'amazima amangi. (Zabbuli 86:15)

---

---

---

Olw'okuba tulina Katonda omukulu, omusaasizi atwagala n'obwesigwa, tusobola okusuubira mu kisuubizo kye eky'okubeera ku ludda lwaffe olw'amaanyi ge amangi, amagezi ge, okwagala n'okuwonya. Katonda asobola era mwetegefu okuwa amaka gaffe omukisa, naye tuteekwa okugyagala n'okufuba okukola byonna by'ayagala.

Bwe njogera n'abazadde okwetooloola Amerika n'ebweru w'eggwanga, ekintu ekisinga okuddibwamu ku nsonga eno kiri nti, "Lwaki ebintu bino sibiwulirangako? Mmaze emyaka 20 nga ndi Mukrisitaayo. Lwaki mbadde sitegeera ngeri gy'enkozesaamu ennyiriri zino mu nkolagana yange n'abaana bange?"

Bangi ku mmwe mujja kugamba nti, "Twetaaga okutandika obuggya." Wadde nga kino kiyinza okutiisa abazadde abalina abaana abato, abazadde abalina abaana abakulu beeraliikirivu olw'abo abaavae dda awaka. Oluvannyuma lw'okusoma ennono eziri mu bitabo bino, oyinza okuba ng'olowooza nti, Tekyewuunyisa nti bannyiigira. Tekyewuunyisa nti enkolagana yaffe mbi nnyo. Kati ndaba engeri enkuza yange gye ya bakosaamu abaana.

Bw'oba oweddemu amaanyi olw'abaana bo okuba abatiini, oba ng'olina abaana abakulu awaka, oyinza okwebuuzza nti, "Nnyinza ntya okussa mu nkola enkola zino n'ebikozesebwa ng'omupiira gunateera okugwa?"

Lowooza ku kino: Katonda yalindirira okutuusa kati okukulaga ebintu bino. Takola mu kiseera kye kimu kye tukoleramu. Lwaki Katonda yalindirira okutuusa kati? Beera mukakafu nti ekigendererwa si kukuleetera Kuwulira ng'owanguddwa era ng'osalirwa omusango. Mu maaso ga Katonda, okusenziira ku kumanya kwe, kino kye kiseera ekituufu, ekiseera kye yamanya nti ojja kuba mwetegefu okukyusa enkolagana yo n'abaana bo.

## **OKUSIMA EBUZIBA.**

Ebyawandiikibwa bino biraga ki ku ngeri Katonda gyeyenyigira mu bulamu bwaffe?

Mu oyo naffe mwe twafuukira abasika, bwe twayawulibwa edda mu kumalirira kw'oyo akola byonna nga bw'ayagala mu kuteesa kwe. (Abefeeso 1:11)

---

---

---

Era tumanyi nti eri abo abaagala Katonda era abayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna abibakolera wamu olw'obulungi. (Abaluumi 8:28)

---

---

---

N'olwekyo, ne bwe kiba nti abaana bo tebakyalibwako, waliwo amaddala ag'omugaso g'oyinza okukola. Kya lwatu nti tosobola kubazzaayo wako n'otandika obuggya n'okukangavvula. Kyokka bwe kituuka ku nkolagana, buli lunaku lunaku lugya, entandikwa empya.

Ggwe olina okubatuukirira. Ate jjukira nti enkolagana gye walina ne bazadde bo ejja kukwata ku ngeri gy'okwataganamu n'abaana bo. Bwe nnasooka okujja eri Kristo, ekimu ku bintu ebyali ebizibu ennyo Katonda bye yansaba okukola kwe kusonyiwa kitange. Kyali kizibu, naye kyali kya mugaso.

### **Amadaala Ge Byawandikibwa ag'Okutandiika Obugya**

Okuva ku nkuuza y'abaana embi, etakola, era oboolyawo eyonoona— era n'otandika obuggya— olina okugoberera amaddala asatu agali mu Kigambo kya Katonda:

1. Yatuula ebibi byo eri Mukama.
2. Saaba okusonyibwa.
3. Sonyiwa abalala.

### **Edaala 1: Yatuula Ebibi Byo Eri Mukama**

Ekisooka mu kuzzaawo enkolagana ennungi n'abaana bo kwe kwatula ebibi byo eri Mukama.

### **FAYIRO Y'AMAZIMA**

*Okwatuula*—okukiriziganya ne katonda nti kye wakola mu butamanya oba kyeyagalire kyali kikyamu era kibi.

Okutandika obugya kwe kubeera abeesimbu mu maaso ga Katonda nga twenonya, oba nga tukkiriza okulemererwa kwaffe, ensobi zaffe, n'ebibi byaffe eri Ye n'abalala. Katonda amanyi nti tuli boonoonyi. Yesu yayiwa omusaayi gwe ku musaalaba kubanga abantu bonna balina omusango mu maaso ga Katonda era tebasobola kwelokola. Bwe tukkiriza Kristo okuba Omulokozi era Mukama waffe, tetulekera awo kwonona. Enkola ey'okutukuzibwa (okwawukana ku kibi), mwe tufuulibwa mu kifaananyi kya Kristo, ebeerawo mu bulamu bwaffe bwonna.

Bwe twatula eri Katonda, tuba tetumubuulira kintu ky'abeera tamanyi. Aba yakitegeedde dda buli kirowoozo, abeera amanyi buli kigendererwa, awulidde buli kigambo ekyogerwa era n'alaba buli kikulwa ekikolebwa mu maka gaffe. Okusaba kwe kukiriza nti twesigama ku Katonda era tumwesiga. Okwenonya tekitegeeza kutegeeza Katonda byokka bye tukoze, oba bye twalemererwa okukola, naye era kwe kukiriziganya naye nti tubadde bakyamu.

Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu. (1 Yokana 1:9)

Katonda atulongoosa, era ekyo kitusobozesa okutandika obugya. Naye weetegereze ekigambo ekiraga ekirina okusooka okukolebwa "bwe". Tulina okuba abeetegefu okujja gy'ali ne kasasiro waffe yenna.

Wandiika ekibaawo bwe twatula ebibi byaffe n'ebyo ebibaawo bwe tutayatula.

Abikka ku kusobya kwe taliraba mukisa:

Naye buli akwatula n'akuleka alifuna okusaasirwa. (Engero 28:13).

---



---



---

Bwe mba ndowooza obutali butuukirivu mu mutima gwange,  
Mukama taawulire! (Zabbuli 66:8)

---



---



---

Ne nkwatulira ekibi kyange, n'obutali butuukirivu bwange ne ssibukweka.  
N'agamba nti, "Nnaayatulira Mukama ebyonoono byange."

Naawe n'onsonyiwa obutali butuukirivu bwange. (Zabbuli 32:5)

---

---

---

Nga bw'osoma ebintu bino, kirabika Katonda abadde akuleetera okulowooza ku ngeri gye weeyisaamu mu kukangavvula kwe wateekawo kati ng'okitegedde nti kibi. Jjukira nti Katonda takusunguwalira. Aleeta amazima mu kiseera kino osobole okukyusa.

Olina okukiriza gyalii nti, "Ndaba nti kibi, Katonda. Nsaba onsonyiwe." Buli kigambo n'ebikolwa ebibi Katonda by'akubikkulidde (n'ebyo by'otakola nga wali otekeedwa okubikola), byatulire Mukama. Tobitwalira wamu n'otabeera mulambulukufu. Gezaako okusongera Mukama ku nsoga yennyini gy'oyagala akusonyiwe. Jjukira ebintu bye tutaakola, gamba ng'obutakulembera bulungi, obutayigiriza baana baffe, oba obutanyiikirira mu kukangavvula kwaffe, byonna byetaaga okwatulwa.

### **OKUSIMA EBUZIBA.**

Nnyonnyola ebiva mu kibi ekitayatudwa. Omuwandiisi wa Zabbuli yayanukula atya? Katonda yayanukula atya?

<sup>3</sup>Bwe nnasirikiranga ekibi kyange,  
naggweeramu ddala amaanyi,  
Olw'okukaaba kwange obudde okuziba.

<sup>4</sup>Kubanga wambonerezanga emisana n'ekiro,  
Amaanyi gange ne ganzigweramu ddala ng'amazzi bwe gakalira mu kyeya. (*Seera*)

<sup>5</sup>Ne nkwatulira ekibi kyange, n'obutali butuukirivu bwange ne ssibukweka.  
N'agamba nti, "Nnaayatulira Mukama ebyonoono byange."  
Naawe n'onsonyiwa obutali butuukirivu bwange. (Zabuli 32:3-5)

---

---

---

### **Entegeeka y'Okukola**

Nyonyola okulemererwa kwo era obyatuule eri Mukama. Oluvannyuma wandiika essaala ey'okweyama okukola enkyukakyuka.

---

---

---

---

---

---

---

Amadaala ge byawandikibwa ag'okutandiika obugya g'eyongera yo mu masomo abiri agadako.

## Essomo 12: Okwatuula N'okusonyiwa.

Essomo eriwedde ly'alaze amadaala ge byawandikibwa ag'okutandiika obugya. Okusobola okutegeera obulungi eddala erisooka ery'okwatula ebibi byaffe eri Mukama waffe, tuteekwa okunoonyereza ennyo ku bintu ebikulu ebyetaagisa mu kwatuula.

**Ebyetaagisa Mu Kwatuula Eteeka 1: Olw'okukkiriza, funa okusonyibwa kw'ekibi kyo era weesige Katonda nti yakufuula omwana we.**

### SIMA EBUZIBA

Ennyiriri zino zogera ki ku kukkiriza?

Era awatali kukkiriza tekiyinzika kusanyusa Katonda, kubanga buli ajja eri Katonda kimugwanira okukkiriza nga Katonda waali, era nga ye mugabi w'empeera eri abo abamunoonya. (Abebbulaniya 11:6)

---

---

---

---

Buli Kitange gw'ampa, alijja gye ndi; ajja gye ndi sirimugobera bweru n'akatono. (Yokaana 6:37)

---

---

---

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Okukiriza–Pisteuo* (Luyonani). Okuba n'okukkiriza mu, okwesiga; naddala, okuba n'obukakafu obunywevu ku kintu. Kino kisingako ku kuwa okukkiriza kw'omubirowoozo kwokka, kitegeeza okukola ku ekyo ekikkirizibwa.

*Okweneya*–Okugonjoola; Omuntu okulongoosa obulamu bwe ng'ekivudde mu kwejjusa olw'ebibi bye; omuntu okwejjusa olw'ekyo ky'akoze oba ky'atakoze mu maaso ga Katonda. Okukyuka n'ogenda mu kkubo eddala; Omuntu okukyusa endowooza ye, okusalawo kwe, n'obulamu bwe, ekivaamu okukyusa enneeyisa; okukola ebintu mu ngeri endala.

**Eteeka 2: Omusingi 2: Weenenye, oba okyuse okuva mu kibi, era buli lunaku otambulire mu kugondera Kristo.**

### OKUSIMA EBUZIBA

Kiki ennyiriri zino kyezogera ku kweneya?

naye nnasooka okubuulira ab'omu Ddamasiko ne mu Yerusaalemi, era n'ensi yonna ey'e Buyudaaya n'ab'amawanga okwenenya n'okukyukira Katonda, nga bakolanga ebikolwa ebisaanidde okwenenya. (Ebikolwa 26:20).

---

---

---

Oba ekisa kya Katonda ekingi n'obuwombeefu n'okugumiikiriza, byonyoomye?  
Tomanyi nga ekisa kya Katonda weekiri olw'okukuleetera okwenenya? (Abaruumi  
2:4)

---



---



---

"Mbagamba nti Bwe kityo linaabanga ssanyu mu ggulu olw'oyo alina ebibi omu  
eyeenenya, okusinga abatuukirivu ekyenda mu omwenda (99), abateetaaga  
kwenenya.". (Luuka 15:7)

---



---



---

Munoonye Mukama nga bw'akyayinzika okulabika,  
mumukaabirire nga bw'akyali okumpi:  
7omubi aleke ekkubo lye,  
n'omuntu atali mutuukirivu aleke ebirowoozo bye;  
era akomewo eri Mukama, naye anaamusaasira;  
adde eri Katonda waffe, kubanga anaasonyiyira ddala nnyo. (Isaah 55:6-7)

---



---



---

### **Eteeka 3: Bw'omala okwatula n'okwenenya, wa embalirira eri munno mu bufumbo, omusumba oba mukwano gwo atya Katonda.**

Ng'ebitundu by'omubiri gwa Kristo, tutegezebwa okwevunaanyizibwa eri Katonda ne eri bannaffe olw'ekigendererwa eky'okuzzaamu amaanyi, okukuuma, okubuulirira, n'okutereza. Bw'ogabana okwewaayo kwo okukyusa enneeeyisa ey'ekibi n'omulala, weeggya mu kyama n'eweggulawo eri obuwagizi n'okusaba kw'omuntu gw'osobola okwesiga. Kiyamba okuleeta ekibi mu kitangala.

#### **FAYIRO Y'AMAZIMA**

*Embalirira*— Okukiriza omuntu omulala okuvunnibwako, enjogera ennyonnyola enneeeyisa y'omuntu.

#### **OKUSIMA EBUZIBA.**

Kiki enyiriri zino kyezogera ku kuwa embaririra?

Kale bwe kityo buli muntu mu ffe alibalirira omuwendo gwe yekka eri Katonda.  
(Abaruumi 14:12)

---

---

---

Kale mwatuiraganenga ebibi byammwe mwekka na mwekka, musabiraganenga, mulyoke muwone. Okusaba kw'omuntu omutuukirivu kuyinza nnyo mu kukola kwakwo. (Yakobo 5:16)

---

---

---

Ab'oluganda, omuntu bw'abanga alina ekibi ky'akoze, mmwe ab'omwoyo mumulungamyenga mu mwoyo gw'obuwombeefu; nga mwegendereza si kulwa nga nammwe mugwa mu kukemebwa. (Abaggalatiya 6:1)

---

---

---

Saba essaala eno wammanga etegekeddwa:

Mukama waffe Yesu, webale kufiira ku musalaba olw'ebibi byange byonna. Webale olw'okusuubiza Kwo okumaliriza omulimu gwe watandika mu bulamu bwange. Webale kumpa omukisa n'abaana bange. Kati ntegedde nti birabo okuva gy'oli. Nsonyiwa olw'obutabatwala baana bano ng'ebirabo n'ensobi ze nkoze mu kubakuza. Nnyamba okukulembeza mu bulamu bwange, olwo njagale era ntendeke abaana Bo okusinziira ku kwagala kwo n'amakubo go. Mu linnya Lyo nsaba. Amiina.

## **Edaala 2: Saaba Okusonyibwa**

Bw'oba otandika obugya, osooka kwatula n'onoonya okusonyiyibwa okuva eri Katonda, oluvannyuma n'osaba okusonyiyibwa okuva eri abalala abakoseddwa ebigambo byo, ebikolwa byo, obutakola kwo. (Kino kikwata ku ngeri gy'okuzaamu abaana.)

Katonda atuwadde ennono ez'eby'omwoyo okutufuga. Ka tube nga tuli Bakristaayo oba si Bakristaayo, kiririza oba gaana ennono za Katonda, ennono ez'omwoyo ze zifuga obulamu bwaffe. Emu gw'ezo ennono y'ey'okusonyiwa n'okutabagana. Katonda atulagira okugenda eri abo be twanyiiza, bwe kiba kisoboka, tutabagane naba nga tubasaba okusonyiyibwa n'obwetoowaze.



Eky'ennaku, abazadde tebatera kukkiriza kusobya kwabwe eri abaana baabwe. Ebigambo bino tebitera kwogera: "Nnali mukyamu okukola kino, era ndimwenyamivu. Nsaba onsonyiwe?" Naye bye bigambo ebisinga amaanyi okuleeta okuwona n'okutabagana wakati w'abazadde n'abaana.

Owolerezebwa singa omwana wo wa myezi kkumi na munaana ate nga tasoboola na kwogera? Nedda, bw'oba olemereddwa olw'okunyiiga oba okuboggola ng'oyanukula enneeyisa ey'obuto, olina okunnyonyola ensonga lwaki wali mukyamu n'okusaba okusonyiyibwa.

Yesu yannyonyola nti bw'oba oleeta ekirabo kyo ku kyoto (leero kino kyandibadde kitegeeza okujja eri Katonda okutendereza, okuweereza, oba okusaba omukisa gwe) era Omwoyo Omutukuvu n'aleeta ensonga oba omusango mu birowoozo byo ebikwata ku muntu omulala ssekinnoomu (mu mbeera eno, ab'omu maka go), ggwe olina kusooka kuzzaawo omukwano ogwo. Kino kiraga nti kikulu nnyo eri Katonda okutabagana ne bannaffe. Aba agamba nti okusiimibwa okulungi mu maaso ge kukwatagana butereevu n'enkolagana yaffe n'abalala.

Kino nga bw'okimanyi, wetaaga okugogola amangu emisango. Bw'onokikola bulijjo, ojja kukizuula nti obulamu buno buleeta emikisa n'emirembe.

<sup>23</sup>Kale, bw'obanga oleese ssaddaaka yo ku kyoto, bw'osinzira eyo n'omala ojjukira nga muganda wo akuliko ekigambo ky'akwemulugunyiza, <sup>24</sup>leka awo ssaddaaka yo mu maaso g'ekyoto, oddeyo, osooke omale okutagabana ne muganda wo, olyoke okomewo oweeyo ssaddaaka yo. (Matayo 5:23-24)

Ekigambo *genda* kigambo eky'ekiragiro ekirina okolebwa. Bwe tumanya nti twonoonye eri abaana baffe, tulina okugenda gye bali ne tusaba okusonyiyibwa. Weetegereze nti *okugenda* tekirina bukwakkulizo. Tewali kawaayiro aka "singa". Omulabe n'omubiri gwaffe bennyini bijja kutulwanyisa era bituwe ensonga nnyingi olw'obutagoberera nteekateeka ya Katonda.

Mu lunyiriri olwo waggulu, Katonda yalambika ebyetaago bina:

1. Okumusinja obulungi, olina okuba n'omutima omulongoofu eri balala. Assa nnyo essira ku nkolagana.
2. Obuvunaanyizibwa obw'okutabagana buli ku ggwe, so si oyo anyiize.
3. Katonda akusuubira okukola amangu ddala nga bwe kisoboka.
4. Sooka olongoose ensobi, olwo oddeyo omusinze.

Kino bw'okituukiriza, oba tokoma ku kuba muwulize eri Mukama, naye oba oleeta okuwona wakati wo n'omwana wo. Katonda akola mu mmwe mwembi nga okwatula kukoledwa n'okusonyibwa. Kiba kya bwa Katonda.

### **Enteekateeka y'okukola.**

Wandiika essaala ng'osaba Katonda amaanyi okuteeka munkola okusonyiwa buli lunaku.

---



---



---



---

## **Okukyuka Mutendera.**

Omutendera guno gujja kweyongera okuba omwangu nga oguteeka mu nkola era nga otandika okufuna omukisa gw'okutendeka omwana wo mu ngeri y'obwa Katonda. Bw'oyatula ekibi n'okwenenya, omuntu wo ow'omunda ajja kweyongera okuba omuwulize era n'obusobozi bwo obw'okutambulira mu butuukirivu bujja kweyongera. Okugoberera enteekateeka ya Katonda kijja kukuwa amaanyi, era enneeyisa yo ey'ekibi ejja kukendeera nga bw'ofuna okwefuga n'okuyiga okwanukula mu kwagala.

"sunguwala, naye toyonoona," toleka enjuba okugwa ku busungu bwo. (Abefeeso 4:26)

Obusungu bwa mu butonde naye tekitegeeza nti buleeta kibi. Era bwe buleeta ekibi, twetaaga okwegezaamu mu nkola y'okunoonya okusonyiyibwa buli lunaku. Genda bugenzi eri omuntu gwe wanyiiza, yogera omusango (emisango) mu ngeri enambulukufu, era osabe okusonyiyibwa. "Nsaba onsonyiwe olw'okuboggolera. Nsaba onsonyiwe okwogera ebigambo ebyo ebikambwe. Nsaba onsonyiwe olw'obutaba munyiikivu."

Okwogerera mu busungu obuyitiridde kitulugunya era emirundi mingi kiswaza. Olwo tukkiriza enneeyisa yaffe ey'ekibi n'obukaawu okweyongera kubanga tetwagala kuddamu kutunuulira kizibu ekyo. Katonda bw'agamba, "Toleka njuba kugwa," ategeeza nti tetulina wadde okuleka obusungu bwaffe okumala ebbanga erisukka olunaku olumu. Tulina okugogola obulumi n'akatyabaga ke tutondawo mu lunaku olwo lwe lumu. Bwe tukola kino, twesumulula nga kw'otadde n'omuntu anyiize.

Buli lw'oboggolera abaana bo, kiringa okubasala emitima n'akambe. Bw'otosaba kusonyiyibwa n'osiiga eddagala ly'okuwonya (nga kwe kusaba kusonyiyibwa), onulwadde bujja kuyingira, olwo okwetamwa, n'oluvannyuma okwesasuza. Oyinza okuba n'abaana ab'asunguwala edda, abaakaawu n'okulumwa olw'okuba wabasalasala enfunda n'enfunda era n'otosiigako ddagala ly'okusonyiyibwa.

Bw'osaba okusonyiyibwa, oba owa eddagala Katonda ly'agaba eri omutima gwabwe oguyuzidwa, era oba otandise omutendera gw'okuwona. Kino kikulu nnyo. Kino bwe tutakikola buli lunaku n'abaana baffe, kijja kulemesa okukula n'okukyuka kwaffe mu by'omwoyo. Bwe tusalawo obutakikola, olwo tusobola okufuuka ekimu ku bikozezebwa by'Omulabe ebisinga obunene okukakanyaza omutima gw'omwana waffe. Era ensigo z'obuyigirizwa n'okukangavvula tezija kuyingira mu mutima n'okusimba emirandira.

Tewali kya kwekwaasa olw'neeyisa yafe embi. Tulina okutwala obuvunanyizibwa obujjude.

## Essomo 13: Okugaba Okusonyiwa.

Nga bwe twayiga mu masomo abiri agayise, okutandika obuggya kutandika n'okwatula n'okusaba okusonyiyibwa. Omutendera ogw'okusatu era ogusembayo nga tonneyongerayo kwe kusonyiwa abalala.

### Edaala 3: Sonyiwa Abalala.

Tulina okusonyiwa era kino kizingiramu ddala n'abaana baffe. Oyinza okuba ng'olowooza, *Ate abaana bange bwe bankosa?* Oyinza okuba ng'okyanyigidde mutabani wo olw'okutwala emmotoka mu lugendo lw'essanyu olwamalawo doola 800. Oba ku muwala wo agamba nti omwonoona obulamu era akukyawa.

Bwe kituuka ku kusonyiwa, ekyuma ekipima kwe kuba nti Kristo yatusonyiwa (Abakkolosaayi 3:13). Tetusobola kupima bungi bwa kusonyiwa kwe yatusonyiwa ne kw'agenda mu maaso n'okutusonyiwa.

### OKUSIMA EBUZIBA.

Kiki Katonda kyayogera kukusonyiwa? Waliwo embeera yona ekwatagana n'okukosebwa munnewulira yo?

<sup>12</sup>Kale mwambalenga ng'abalonde ba Katonda, abatukuvu era abaagalwa, omwoyo ogw'ekisa, obulungi, okwewombeeka, obuteefu, okugumiikiriza; <sup>13</sup>nga muzibiikirizagananga, era nga musonyiwagananga mwekka na mwekka, omuntu yenna bw'abeeranga n'ensonga ku muntu munne; era nga Mukama waffe bwe yabasonyiwa mmwe, era nammwe musonyiwagananga. (Abakolisayi 3:12-13)

---

---

---

era mubeerenga n'obulungi mwekka na mwekka, abakwatibwa ekisa, nga musonyiwagananga, era nga Katonda bwe yabasonyiwa mu Kristo. (Abefeeso 4:32)

---

---

---

### Ssalawo Okusonyiwa.

Olimuwereza wa kristo eri abaana, era nga bwekiri bw'ekityo, olina okuba n'endowooza ey'okusonyiwa okutakoma. Kireke kigende leero, kyona kyekiri. Ezimu ku nsobi abaana baffe ze bakola ziyinza okuba ennene, era ziyinza okutwala ssente nnyingi. Naye olina okukireka kigende. Kuba kussalawo, ekikolwa ky'okugondera Katonda. Tolina kulinda kwewulira nti okyagala.

Abaana baffe balina obutonde obugudde era basobola okukola ekibi. Olw'okuba ffe ab'obuyinza Katonda be yabawa, obujeemu obw'obuto butera okututunuulira. Olw'okuba tubaagala era tuvunaanyizibwa ku bulungi bw'obulamu bwabwe, ekibi kyabwe kituluma. Naye buli lunaku tulina okussa mu nkola ennono y'okusonyiwa n'okutabagana eri abaana baffe.

Bwe tutwala okulemererwa kw'abaana baffe ng'ekikoledwa okutukosa, bwe tugaana okusonyiwa n'okwerabira ensobi zaabwe (ne bwe baba nga bakoze ensobi y'emu emirundi egiwera), tuba tuli basiru. Ng'abazadde b'abaana abaky'akula, tulina okukuuma endowooza entuufu n'okukwata ebibalemererwa mu ngeri y'emu nga bwe baali bayiga okutambula. Beetaaga okuwagirwa, okunyweza, n'okuzzibwamu amaanyi —so si kuggwaamu maanyi olw'okuyiga.

Nga bwe tuyize, obujeemu bw'omwana bulina okutereezebwa n'okutendekebwa: amateeka, ebivaamu ebitereeza, n'okubonereza (bwe kiba kyetaagisa). Naye era twolekagana n'okusoomoozebwa okw'okukulaakulanya enkolagana ey'omukwano wakati w'omuzadde n'omwana nga tubasonyiwa olw'empisa zaabwe ez'obusirusiru oba ez'obujeemu. Okuva bwekiri nti okwagala kwe kusinga okukubiriza omwana, kijja kuleetera omwana okwanukula obulungi eri obuyinza bwo.

Amaka waffe kifo kya kutendekebwa, era n'okukuza abaana buweereza. Tuweereza Katonda nga bwe tuweereza n'okutendeka abaana be. Okusonyiwa kyetaagisa ekitali kya kuteesa. Abaana abamu mu butonde basinga okubeera abawulize era bayinza okukusaba okusonyiyibwa, ate abalala bagenda mu maaso mu bulamu nga tebalabika nga bafaayo ku nneewulira z'abalala. Nga tofudde ku kikula ky'omwaana, ebikolwa byo n'okuyigirizibwa kwo bisobola okuviirako omwana ow'ekika kyonna okukula mu ngeri ey'okutya Katonda. Era nga bwe tutendeka abaana baffe, Katonda atutendeka. Enkyukakyuka oluusi mutendera oguluma. Singa tumwesiga, Katonda ajja kukozeza okuggwaamu essubi n'okusoomoozebwa kwe tufuna okuva mu kulemererwa n'ensobi z'abaana baffe okutufaananya n'ekifaananyi kye.

## **OKUSIMA EBUZIBA.**

Kiki enyiriri zino kyezogera ku kusonyiwa?

Awo bwe munaayimiranga nga musaba, musonyiwenga, bwe mubanga n'ekigambo ku muntu; ne Kitammwe ali mu ggulu abasonyiwe ebyonoono byammwe. 26Naye bwe mutasonyiwa, era ne Kitammwe ali mu ggulu talisonyiwa byonoono byammwe.”  
(Mark11:25-26)

---

---

---

Okusinga byonna nga mulina okwagalananga okungi ennyo mwekka na mwekka, kubanga okwagala kubikka ku bibi bingi. (1 Peteero 4:8)

---



---



---

## **Ebintu Bina Ebyetaagisa Mu Kusonyiwa**

### **Ennono 1: Okusonyiwa Tekukuuma Lukalala Lwa Bibi.**

Kasita osonyiwa abalala, omuli nabaana bo, tosobola kukuma lukalala lwa bikyamu byabwe by'ogumidde.

(okwagala) tekusiba kibi ku mwoyo; (Abakkoliso13:5)

Kino kitegeeza nti tosobola kuleeta kulemererwa kwa baana bo luberera. Abazadde abamu buli kiseera baleeta ebintu ebyaliwo emabega, ekintu ekizikiriza so si kusonyiwa kwa nnamaddala. Bw'oba olina omuze ogwo omubi, kikulu okuguggyawo. N'endowooza yo empya ey'okukuza abaana, ebikozesebwa, n'obukodyo, oyize okukangavvula mu kaseera ako so si kusikaya ebyayita.

### **Okwekebeera 1.**

Eno y'ebadde nkola yo? Bwekiba bw'ekityo, wandiika esaala ey'okwatuula. Osaabe katonda akyuuse omutima gwo era akulumirize bworeeta ebyayita.

---



---



---



---



---



---

## **Eteeka 2: Okusonyiwa Kugyawo Olugambo**

Tokola lugambo eri abalala ku kulemererwa kwa baana bo oba ebibi. Kilabirwawo nti kikirizibwa okwogera ku nsonga z'empisa wakati w'omwami n'omukyala, naye si mumaaso gabaana bamwe. Kyandi bade kilungi okwogera n'omusumba mu kyama oba nomuwi wamagezi akubayambako.

Singa omwana wo abade yeyiisa bubi okuyita mu lunaku, maama talina kulamusa taata kumulyango mubwangu namugambirawo, "togya kukiriza kibadewo olwa leero..." wabula, tekawo akaseera ka maama okugabana butya olunaku bwelugenze, naye si mumaaso gabaana.

Olunaku lumu, mukyala wange ne muwala wange baafuna olunaku olubi nga basomera wamu awaka. Bwe nnakomawo awaka ekiro ekyo, nnakiraba nti kyali kibadde kikalubu. Oluvannyuma lw'akawungeezi ako, mukyala wange yannyonyola ebikwata ku bintu byonna ebyali bibaddewo n'engeri gye yakwatamu ebizibu ebyo.

Ekiro ekyo nga tetunnagenda kwebaka, bwe nnali nsaba ne Katie, yagamba Katonda nti, "Nsaba nze ne Maama tubeere n'olunaku olulungi enkya."

Namunywegera ne mugamba, "eye, nawulide wabade n'olunaku oluzibu".

Yewunya, "okimanyi?"

"eye nkimanyi," bwe na mugamba.

Nali nkilaba nga alowooza. "maama munyivu?"

Namugamba bugambi, "nkakasa nti ogenda kubeera no lunaku olulungi enkya. Nkwagala, mukwano," nemunywegera, ne nfuluma.

Embeera yakwasaganyizibwa bulungi, ne Katie teyawulira ng'aswade okuwulira mama nga yayogera ebyo eby'abadewo.

## **Okwekebeera 2.**

Ogabana ensobi n'okulemererwa kw'abaana bo n'emikwano oba ab'omu maka abalala, ng'onoonya okwesaaasira oba okwanika ekibi kyabwe (olugambo)? Bwe kiba bwe kityo, wandiika essaala okusaba Katonda akusonyiwe. Oluvannyuma saba okusonyibwa abo be wayogedde nabo, era bannyonnyole nti kyali kikyamu ggwe okugabana ebintu ebyo.

---

---

---

## **OKUSIMA EBUZIBA**

Kiki enyiriri zino kyezogera ku bye twogera?

Ebigambo byonna eby'omu kamwa kange biri mu butuukirivu;  
Mu byo temuli kikyamu wadde ekikyukakyuka. (Engero 8:8)

---

---

---

Buli eyeegendereza mu by'ayogera,  
Yeewonya emitawaana. (Engero 21:23)

---

---

---

Okwogera eby'ekisa, kuleeta obulamu;  
Naye ebigambo eby'obukambwe, bikosa omutima. (Engero 15:4)

---



---

### **Eteeka 3: Okusonyiwa Tekusigala Ku Bubi**

Eky'enkomerero, ab'oluganda, oba nga waliwo eby'amazima byonna, ebisaanira ekitiibwa byonna, eby'obutuukirivu byonna, ebirongoofu byonna, ebyagalibwa byonna, ebisiimibwa byonna; oba nga waliwo obulungi, era oba nga waliwo ettendo, ebyo mubirowoozenga. (Abafiripi 4:8)

Omuntu omu bwakukola obubi, tokireka kwononeka kufuuka nnewulira ya kiluuyi gyebali. Kireke kigende, era bwoba nga tosobola, Katonda agamba genda gyebali mubwetowaze, ononye okuzawo enkolagana. Kino kikwata ne ku baana baffe. Tokkiriza nsobi zaabwe ezaayita kuleeta mbeerayo mbi eriwo kati. Okusonyiwa okwa nnamaddala kuleeta endowooza y'abazadde ey'okusuubira, okusaba, era n'okusuubira ebirungi okuva eri omwana, so si kulinda n'okweraliikirira ensobi eddako okubaawo.

Oba nga kiyinzika, ku luuyi lwammwe, mutabaganenga n'abantu bonna. (Abaruumi 12:18)

Abaana bo bayinza okukulaga oba okutereka obukawu n'obusungu gyoli. Oyinza okwetaaga okwolekagana n'omuvubuka asunguwadde. Wadde ng'olina ebigendererwa ebirungi, bayinza obutakolagana nawe ng'osaba okusonyiyibwa. Olina okutuukirira abaana bo, naye tosuubira nti bajja kubagamba nti, "Kale, webale," ne bakuwambaatira. Bagenda kukutunuulira bakugezese. Kino kya bulijjo. Noonya ekisa kya Katonda okubeera omugumiikiriza n'okwagala.

#### **Enteekateeka y'okukola.**

Bwoba olina omwana alina obukawu gyoli, wandiika esaala y'okwegayirira eri katonda, asobole okugonza emitima gyabwe asiibe ne mirimu gyomulabe.

---



---



---



---



---



---



---



---



---



---

Kino kiwengayo mu kusaba buli lunaku.

### **Eteeka 4: Okusonyiwa Kuweebwa Awatali Kkoma.**

Awo Peetero n'ajja awali Yesu, n'amubuuza nti, "Mukama wange, muganda wange bw'annyoonanga, nnaamusonyiwanga emirundi emeka? Okutuusa emirundi musanvu?" 22Yesu n'amuddamu nti, "Sikugamba nti Okutuusa emirundi musanvu, naye nti Okutuusa emirundi ensanvu (70) emirundi omusanvu (7)". (Matayo 18:21-22)

Ng'abaweereza, tetusobola kulekera awo kusonyiwa baana baffe. Tulina okuba n'endowooza nti tujja kubasonyiwa buli kiseera, ne bwe banaakola ki, ne bwe banaatulumya mu bugenderevu. Omulimu gwaffe kwe kubaagala n'okubatendeka. Yee, kizibu. Okuyimirira ku Kigambo kya Katonda n'okukoowoola amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu kyetaagisa nnyo—era engeri yokka gye tujja okutuuka ku buwanguzi.

Okukuza abaana kukaluba, sikwabatitizi.



## Essomo 14: Olukiiko lw'Amaka

Kati kye kiseera okutabagana, okunnyonnyola abaana bo bye muyize. Mu maka agalimu abazadde ababiri, omwami n'omukyala balina okusooka okusisinkana okusaba n'okukkaanya ku mateeka, ebiyinja okuvaamu okutereeza, ebibonerezo ebituufu, n'emirimu gy'awaka egya buli mwana —n'okubiwandiiika.

Kino tokikola lwa kwetamwa olw'enneeyisa n'endowooza z'abaana bo, oba olw'okuba Okoye akavuyo. Kino okikola kubanga Katonda by'ayagala. Abikkudde amazima ge n'okwagala kwe eri amaka go, n'olw'ekyo oba okola enkyukakyuka okusinzira ku by'oyize.

Singa omu ku baana bo aba n'ekizibu eky'amaanyi mu nkolagana n'omuzadde omu, abazadde bombi balina okusisinkana kinnoomu n'omwana oyo ng'olukiiko lw'amaka terunnabaawo. Bwe kitaba ekyo, singa osooka kusisinkana ekibinja kyonna n'otandika okunnyonnyola ky'ogenda okukola, endowooza y'omwana oyo yennyini eyinza okukendeeza ku kwanukula kw'abaana abalala.

Ggulawo olukiiko luno olw'omwaana kinnoomu n'okusaba, olwo n'okkiriza mu bwetoowaze ekizibu eky'emabega, era onoonye okutabagana n'omwana oyo ng'osaba basonyiwe ensobi z'okoze. Beera mulambulukufu. Taata alina okutandika. Maama y'addako. Oluvannyuma omwana wo muwe omukisa okuddamu. Kyokka, tonyiiga singa basirika.

### **Beera Mwetegefu.**

Kakasa nti olina amateeka go, ebivaamu eby'okutereeza, ebibonerezo ebituufu, n'enkalala z'emirimu egy'awaka egy'okola nga tonnaba kuteekawo lukiiko lw'amaka. Buli omu ku baana bo muwe kkopi, okuggyako abaana abatasoboola kusoma. Laga abaana bo abato balage bulazi enkalala.

Nfunye enkiiko nnyingi ez'okutabagana mu ofisi yange. Njagala nnyo okulaba amaziga n'obumu Katonda by'aleeta mu nkiiko ezo, engeri Omwoyo Omutukuvu gy'abawa omukisa. Naye si bulijjo nti bwekiri. Emirundi mingi omwana taddamu bulungi mangu ddala. Era ekyo si kibi.

Ekisooka, olukunjaana lutandike n'okusaba, ng'osaba Katonda akuwe obuyambi n'obulagirizi bwe mu maka go. Bataata mukulembere essaala, ne bwe muba nga temusabangako mu maaso g'abaana bammwe. Yee, osanga ojja kubakanga, naye kikole mu ngeri yonna. Bakakase nti osaba Katonda akuyambe okukola enkyukakyuka zino.

Ekyokubiri, wetondere abaana bammwe ng'ekibiina. Basabe bakusonyiwe ensobi zo, ebibi byo, n'obutategeera bulungi kukuza baana okutuusa kati. Ne bw'oba nga wamala okwetondera omu ku baana ssekinnoomu, ddamu okikole mu maaso g'abaana bo abalala basobole okukiraba. Okuddamu okusaba okusonyiyibwa, mu maaso g'abaana bonna, kiraga obwetoowaze. Era abaana abalala osanga baalaba ng'obalumya n'enneeyisa yo. Okukiriza kwo mu maaso g'abaana bonna kiggumiza obwesimbu bwo.

Kiyinza okuwulikika bwe kiti: "Ebintu ebimu bituuse eri okutegeera kwa Maama n'ange, ebintu bye tubadde tukola obubi ng'abazadde. Twatuude dda ne Josh ne tumusaba atusonyiwe olw'ebyo bye tubadde tumugamba n'okumukola. Naye kino twagala okukigamba mmwe abaana mwenna, olw'okubaboggolera n'obutanyiira, mu tusonyiwa."

Ekyokusatu, abaana bo bawe omukisa okwogera enneewulira zaabwe, naye tokifuula kya buwaza. Bwe baba bagabana ekintu kyonna, Ba Taata, mugende mu maaso n'okusaba okusonyiyibwa ku bibi byonna ebitongole Mukama by'abikkula ng'ayita mu bo. Ba maama, mubeere beetegefu era ng'oyagala okusaba okusonyiyibwa naawe. Jjukira, ba Taata, mmwe abakulemba okukubaganya ebiwoozo kuno n'okukuuma ebintu nga bya mirembe.

Ekisembayo, mwanjulire abaana bamwe enteekateeka empya ey'okukangavvula, ng'onnyonyola mu bujjuvu ensonga zo n'ebigendererwa byo eby'engeri eno empya ey'okukuza abaana. Nnyonnyola amateeka, ekigendererwa ky'eby'okutereza ebivaamu, n'engeri n'ensonga lwaki ekibonerezo kinaabaawo.

Weekenneenye olukalala lw'emirimu gy'awaka awamu n'ebiyinza okuvaamu nga tegyikoledwa. Kakasa nti muwuliziganya nti enkyukakyuka zino tezikolebwa lwakuba nti abaana babadde babi. Toli kutekaawo mateeka ga magye mu bwangu.

### **Amateeka g'okunnyonyola okukangavvula.**

Amateeka gano wammanga gajja kukuyamba okwetegekera olukunjaana lwo. Weekenneenye amasomo osobole okumanyiira ennono nga bw'osalawo ky'oteekateeka okwogera. Saba Katonda akuwe amagezi nga bwe weetegeka. Weekolere obuwandiike bwo nga bwe kyetaagisa.

Tekawo ebiwadikidwa ebibyo nga bwekyetagisa.

1. Nnyonnyola nti okukangavvula kwa Baibuli, era Katonda akuvunaana olw'engeri gy'otendekamu abaana bo.
2. Nnyonnyola enjawulo wakati w'ebivaamu ebiterreeza n'okubonereza n'ensonga ezivirako buli kimu. (Laba essomo 4.)
3. Nnyonnyola embaala y'omuntu omukulu akuze mu myaka. Oluvannyuma bannyonyole nti obuvunaanyizibwa Katonda bwe yakuwa kwe kubatendeka n'okwagala bafuuke abantu abakulu. (Laba essomo 2.)
4. Nnyonnyola nti amaka kibinja ky'awamu, era buli omu yeetaaga okukolera awamu olwo amaka gajja kuba kiddukiro era kifo kya mirembe eri ab'omu maka bonna.
5. Nnyonnyola obwetaavu n'okwagala kwo okuyiga Baibuli ey'amaka buli wiiki. Bategeeze olunaku n'essaawa lwe kinaabeerawo. (Laba omuzingo 3, essomo 10 ku "Mitendera Musanvu egy'Okuyiga Baibuli buli Wiiki.")

### **Enteekateeka y'Okukola**

Wandiika amakulu g'ebigambo bino wammanga mu bigambo byo. Bw'oba mufumbo, kino mukikolere wamu. Toyanguwa kuyita mu kino. Olina okunnyonyola obulungi enteekateeka ya Katonda ey'okukuza abaana eri abaana bo. Weekenneenye essomo 2 nga bwe kyetaagisa.

Empisa n'enonno

---

---

---

Okwefuuga

---

---

---

### **Okuyiga Baibuli Mu Maka**

Okukola okuyiga Baibuli buli wiiki kijja kuyamba ab'omu maka go okutandika obuggya. Bwe kiba kisoboka, beera n'okuyiga okw'abaana bo ab'emyaka etaano okutuuka ku kkumi ate n'okuyiga Baibuli eri abaana abakulu. Mu maka agamu, bamaama bakolagana n'abaana abato ate bataata bakola okuyiga Baibuli n'okusaba n'abakulu. Naye mwegendereze bataata. Kino tokikozesa ng'omukisa okuleekera mama ekintu kyonna ku Maama. Ggwe kabona w'ennyumba yo. Obuvunaanyizibwa obwo olina okubutwala nga bukulu nnyo. Okutuukiriza omulimu gwo ng'omukulembeze ow'omwoyo kye kimu ku byetaago bya mukyala wo eby'omukwano era kiragiyo gy'oli okuva eri Katonda (Abaefeso 6:4).

Mukyala wange yasomesa muwala waffe awaka, era okuyiga Baibuli kyali kimu ku bikolwa byabwe ebya buli lunaku. Twayitanga naye mu Bayibuli kumpi buli lunaku mu budde bwaffe obw'okusaba akawungeezi. Era nnayiga Bayibuli buli wiiki n'abaana bange okutuusa lwe baava mu maka gaffe.

### **Okuyita Mu Nkyukakyuka.**

Teeka olukalala lw'amateeka n'okukangavvula mu kitundu ekikulu mu maka go, ng'effumbiro, naye nga si mu kifo eky'olukale (nga firiigi). Mikwano gy'abaana bo bayinza okujja ne bababuuzza ku bbyo, ekiyinda okuleetera abaana bo obutabeera bulungi. Abaana abato tebafaayo wa gy'ogiteeka, naye bwe bakula, bayongera okufaayo ku bintu ng'ebyo.

Kiteeke munda mu kabineti y'omu ffumbiro, ddulowa oba mu kabada, era abaana bawe kkopi zaabwe. Oboolyawo abatiini bo tebajja kwagala kugiteeka mu kisenge kyabwe. Tokikaka. Bawe buwi kkopi. Oboolyawo bajja kugifiirwa oba okugisuula, y'ensonga lwaki otimba kkopi yo.

Labulwa nga bukyali nti bw'oba obadde n'ankola nnambulukufu mu maka go nga kino tekinnatuuka, abaana bo tebajja kubuuka olw'essanyu olw'enteekateeka yo empya. Beera wa kisa ku kussa mu nkola okukangavvula kwo okumala wiiki esooka oba ebanga bwe lityo. Bw'oba okkirizza okuyomba n'okukubaganya ebirowoozo mu biseera eby'emabega, balekeremu katonu ku kumaliriza emirimu gy'omu nnyumba. Kijja kutwala ekiseera okuva ku mize emibi. Bategeeze nti bafuna okujjukiza kumu buli lunaku okumala ennaku ttaano eziddako, naye olwo tewajja kubaawo kujjukiza kulala.

Bw'oba okkirizza okuyomba okugenda mu maaso okumala ebbanga, ojja kwetaaga okwongera okuwa obutendesi obulala. Kati nga bw'omaze okunyonnyola okuwa ekitiibwa n'okussa mu nkola ebivaamu ebituufu ebitereza, oyinza okuyimiriza okuwanyisagana ebigambo okuba

kufuuse okw'ebbugumu ng'ogamba mu bukkakkamu nti, "Lindako, mukwano. Nkimanyi kino kye twakolanga, naye jjukira kino kitundu ku butassamu kitiibwa. Nkulabula mu kiseera kino. Okwefuga." Olwo, bwe bagenda mu maaso, olina okussa mu nkola eky'okubawa ekivaamu ekitereeza eky'ategekebwa nga bukyali.

Kiriza ekiseera ky'ekisa. Naye oluvannyuma lw'ennaku ttaano, bajjukize nti tebajja kuddamu kufuna kulabula.

### **Ddamu Okwekenneenya Nga Bwe Kitambula Bwe Kyetaagisa.**

Enkola empya bw'emala akaseera ng'ekola, oyinza okukizuula nti agamu ku mateeka n'empisa zo si za bwenkanya oba nga nkambwe nnyo. Beera muwulize eri okulunngamizibwa kwa Katonda nga weetegereza engeri enkola gy'ekolamu.

Abazadde bantuukirira nnyo, nga bagezaako okusalawo ekisaanira n'ekitali kituufu. Taata w'omwana ow'emyaka kkumi n'omusanvu yabuuzza oba ssaawa 3:00 ez'ekiro kyali kiseera kya kwebaka ekitasaana. Namugamba nti obw'obudde buba bukyali ku myaka gye ne mbuuzza omwana nti ayagala okulwawo kwebaka kikeerezi ki. Omwana bwe yasaba essaawa nnya ez'ekiro, taata we n'alaba nti ekyo si kibi. Nabagamba nti kirungi okukyusa etteeka

Abaana bwe baba nga bawakanya nnyo, era ng'olowooza nti etteeka liyinja okuba ery'obukambwe ennyo, noonya Mukama ofune okuwabula. Bataata, mubeere betegefu okuwuliriza era mulowooze ku birowooza bya omukyala. Bw'oba osazeewo nti etteeka lino ddene nnyo, likyuse. Jjukira nti amaka go ttiimu.

### **Enkunjjaana z'Amaka Ezibeerawo Buli Luvannyuma Lwa Kiseera.**

Mubeere n'olukiiko lw'okw'ekennenya buli luvannyuma lwa myezi ebiri okumala emyezi mukaaga egijja. Kikulu okufuna endowooza zaabwe. Oyinza okwetaaga okunyweza ebitundu ebitandise okusereba okudda mu mize egy'edda. Mujje wamu ng'amaka muteese ku bintu bino. Kyokka kino tokifuula kiseera kya kuteesa. Ggwe okyali mu buyinza.

Era kikulu nnyo omwami n'omukyala okuwuliziganya buli kiseera ku ngeri ebintu gye bigenda mu maaso, nga mukyala wange bwe yantegeeza ku lunaku lwe olw'okusomesa awaka oluzibu ne Katie n'engeri gye yali alugonjodde. Naye jjukira maama, totomera Taata ng'ayingira mu mulyango n'ebintu ebibi byonna ebibaddewo ku lunaku olwo. Ennyumba eno eteekeddwa okuba ekiddukiro kya buli muntu. Teesa ne tata ddi lwe kisinga obulungi okwanjula amawulire ago.

### **Teera Okwekebera.**

Abazadde balina okwekenneenya buli kiseera enkulaakulana yaabwe. Ekisooka, Yesu akyali jjinja ly'oku nsonda ery'omusingi gwo omunywevu? Nga bw'omanyi, omusingi gwo ogw'omwoyo (obudde obw'okusinza buli lunaku) kye kintu ekisinga obukulu mu kutuukiriza omulimu gwo ng'omuweereza.

Ekyokubiri, sigala ng'omanyi omutindo gw'omukwano gwo ne buli mwana. Buli emu ya njawulo era yeetaaga okukakasa n'okukangavvulwa okusinziira ku byetaago byabwe ebya kinnomu. Togeraageranya mwana wo ku muntu mulala yenna.

Ekyokusatu, okwekenneenya enkulaakulana yo mu nsonga zino wammanga:

1. Oyanukula mu kwagala oba mu busungu?
2. Oyogera mukwano ng'owaayo obudde n'omukwano omutuufu?
3. Okangavvula n'obwesigwa?
4. Enkola yo ey'okukangavvula yeesigamiziddwa ku nkola ya Katonda
5. Mukola ng'ekibinja?
6. Osigala ng'onyiikiriraa n'enteekateeka y'okutendekebwa?

Bw'oba tolina bukakafu ku emu ku nnono zino, ddayo mu massomo oddemu okwejjukanya. Kikulu okwekenneenya kubanga n'emu bw'eva mu mbeera, enteekateeka esobola okutandika okusumulukuuka. Okusobola okwekenneenya obulungi engeri gy'okola, weetegereze Ekyongerezeddwako S: Okwekebera kw'abazadde.

### **Okukubiriza okusembayo.**

Kijjukire nti Katonda awa omukisa obuwalize. Bw'ossa mu nkola bulijjo ennono z'oyize, ojja kuleetera Katonda okuyingira mu nsonga z'amaka go. Ojja kutandika okutegeera amakubo ge era n'okutegeera ennyo Katonda by'ayagala ng'osobola okuwulira ng'ayogera naawe ku ngeri amaka go gye galina okukolamu, amateeka g'olina okuba nago, n'ebyetaago ebyakinnomu tongole ebya buli mwana.

Katonda ayagala muwangule mu kutendeka abaana bo mu kkubo lye balina okutambuliramu. Nsubira nnyo nti ennono n'ebikozesebwa by'oyize mu lunyiriri luno bijja kukuyamba okutuukiriza ekiruubirirwa ekyo. Jjukira okuva mu muzingo 1, Katonda takola mu kyamagero ekyo ky'akuyise okukola mu buwalize.

Nkusaba ogende ku mukutu gwaffe ogwa FDM.world, okumanya ebisingawo n'ebikozesebwa oba okututuukirira. Emizingo gino girimu ebitabo by'okujjuza n'obutambi okukuyamba okussa mu nkola ennono zino. Ekitabo ky'omukulembeze era wekiri eri ebibinja ebitono oba ebinene.

Kati genda oweereze abaana bo. Mazima ddala birabo Katonda by'akuwadde. Era tandika okusaba ku ku kufuula abalala abayigirizwa mu bintu by'oyize.

## **Ebyongerezeddwako Eby'okukozesa**

Eby'ongerezeddwako bino bigatidwako ng'ebikozesebwa ebirala. Bisangibwa mu miszingo ennya gyona, naye si buli muzingo nti gusangibwamu buli by'ongerezeddwako. Bw'oba oyagala okwekenneenya eky'ongerezeddwako ekituufu, funa we kiri mu lukalala luno wammanga.

Ekyongerezeddwako A: Ebbaluwa y'obweyamo bw'abazadde	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako B: Okuwaayo Obulamu Bwo eri Kristo	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako C: Okukulaakulanya Enkolagana ey'oku lusegere ne Katonda buli lunaku	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako D: Ebitabo Ebisembewwa	Omuzingo 1& 3
Ekyongerezeddwako E: Obwesige n'okusonyiwa	Omuzingo 2
Ekyongerezeddwako F: Okwekebeera Mu Bulungi Bw'okuwuliriza	Omuzingo 2 & 4
Ekyongerezeddwako G: Okulongoosa Empuliziganya Yo ey'Okwagala	Omuzingo 2 & 4
Ekyongerezeddwako H: Okulaga Omwana Wo Okwagala	Omuzingo 2
Ekyongerezeddwako I: Ebintu Ebikulu eri Abazadde abali Obw'omu	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako J: Okukuza Abaana Mu Maka ag'omugaate	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako K: Okukulembera Omwana Eri Kristo	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako L: Eby'amasanyu Ebitasaana	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako M: Okukangavvula Enneeyisa	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako N: Amateeka n'Ebivaamu	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako O: Okubiriza n'ebirabo	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako P: Olukalala lw'emirimu gy'awaka	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako Q: Ebibuuzo eri Abatiini	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako R: Ebibuuzo eri abavubuuka	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako S: Okwekebeera kw'abazadde	Omuzingo 1-4
Ekyongerezeddwako T: Enkuluze	

## **Ekyongerezeddwako F: Okwekebeera Mu Bulungi Bw'okuwuliriza.**

Maliriza okwekebera kuno okukuyamba okumanya engeri gy'owulirizaamu. Buli kibuuza kiddyemu mu bwesimbu.

Ebibuuza bitekedwa okumaririzibwa buli kaseera bwe wabawo empuliziganya etali yakwagala wakati wo mukyala n'omwami paka nga okutegeera kumaririzidwa ne muteeka munkola okusonyiwa ne okutabagaana nebifuuka kitundu kya bulijjo mu nkolagana.

### **Empiisa Z'empuliziganya Zibikulidwa.**

#	Okola bino wamanga?	Ebiseera ebisinga	Buli kaseera	Lumu na lumu	Kyenkana sikola
1	Tossayo mwoyo eri mwaana wo bwoba tokkiriziganya naye oba nga toyagala kuwuliriza?				
2	Ossaayo omwoyo ku ebyo by'oyogera ne bw'oba nga toyagala?				
3	Otebereza nti omanyi omwaana wo kyagenda okwogera n'olekerawo okuwuririza?				
4	Oddamu bigambo byo omwana wo by'ayogedde??				
5	Owuririza ensonga y'omwaana wo, newankubade nga eyawukana n'eyiyo?				
6.	Oli mwetegefu okubayigirako ekintu kimu okuva gye bali, ne bwe kiba nga kirabika ng'ekitali kikulu?				

#	Okola bino wamanga?	Ebiseera ebisinga	Buli kaseera	Lumu na lumu	Kyenkana sikola
7	Ozuula kiki ebigambo kye bitegeza nga bikozesedwa mungeri etali yabulijo?				
8	Obeera olowooza ekinawakanya mu mutwe gwo ng'omwana wo akyayogera?				
9	Olaga nti owuririza naye nga toli kuwuririza?				
10	Ebiroozo byo bigenda ku bintu ebirala ng'omwana wo ayogera?				
11	Owuliriza okuteegera ensonga enkulu, si mazima gokka?				
12	Okilaba nti ebigambo ebiseera byonna tebitegeeza kintu kye kimu eri abantu ab'enjawulo?				
13	Owuririza ebyo byokka by'oyagala okuwulira, n'olondamu mu bubaka bwo mwaana wo?				
14	Otunulira omwaana wo nga ayogera?				
15.	Ossaayo omwoyo ku ekyo omwana wo ky'ategeeza mu kifo ky'engeri gy'alabikamu?				



#	Okola bino wamanga?	Ebiseera ebisinga	Buli kaseera	Lumu lumu na	Kyenkana sikola
16.	Omanyi ebigambo byotekera okwanukula mu ngeeri ekwatidwako?				
17	Olowooza kw'ekyo kyoyagala okutuukiriza ne mpuliziganya yo?				
18.	Oteekateeka ekiseera ekisingayo obulungi okwogera ky'oyagala okwogera?				
19.	Olowooza ku ngeri omwana gy'ayinza okweyisaamu ng'oyogedde?				
20.	Olowooza ku ngeri esingayo obulungi ey'okuwuliziganyamu (mu buwandiike, mu kwogera, ne/oba obudde mw'okikolera)?				
21.	Bulijo ofaayo kunewulira y'omwana wo ng'oyogera naye (oba ayisidwa bubi, munakuwavu, mwerarikirivu, mukambwe, tayagala, omwanguya, musunguwavu n'ebirala)				
